# KISOBOKA *lwa* KISA BUSA

ENNYANJULA EY'EKIRABO KYA KATONDA EKIKYUSA OBULAMU

CHARLES C. BING

Ekitabo kino nkiweerezza mukyala wange
Karen, Oyo, olubeerera abadde kisa kya Katonda
gyendi

*Lwa Kisa busa*: *Ennyanjula y'ekirabo kya Katonda ekikyusa obulamu* (c) 2009 kyawandiikibwa Charles C. Bing
Kyafulumizibwa aba Kregel Publications, a division of Kregel, Inc., P.O BOX 2607, Grand Rapids, MI 49501.
Obuvunaanyizibwa byonna tubwesigalizza. Obuvunaanyizibwa n'olukusa lwonna tubyesigalizza nga tusinziira mu tteeka erifuga ebiyiiye n'ebiwandiiko e ly'ensi yonna (International Copyright Law). Ebiwandiikiddwa mu kitabo kino tebiyokebwengamu mu ngeri yonna okuggyako ng'oweereddwa olukusa mu buwandiike oluviira ddala ewanannyini kufulumya kitabo kino.Naye oli wa ddembe okubaako ebitundu ebimpimpi byojuliza okuva mu kitabo kino.
Ng'oggyeko awo wokka wekirambikiddwa, ebyawandiikibwa byonna ebikozeseddwa biggyiddwa mu nzivuunula ya Bayibuli ey'Oluganda eyitibwa Ekitabo Ekitukuvu – LBR (2017) ne mu (Bayibuli Entukuvu eyitibwa LCB-2014).

ISBN 978-0-8254-2303-1

Kyakubibwa mu United States of America.
0910111213/54321

Kyakusibwa ne kizzibwa mu Luganda aba:
Reclamation Ministries (Uganda)
Email: jiosalministries@gmail.com
Tel: +256782623222 OR
+256704125676(whatsapp)

## EBIRI MU KITABO


1. Ekirabo eky'Ekisa 4
2. Katonda ow'Ekisa Kyonna 9
3. Ekisa Ekyannewuunyisa 14
4. Twalokolebwa Lwa Kisa 22
5. Ekisa Ekyewuunyisa Ennyo 28
6. Tukuumibwa Kisa 35
7. Ekisa, Ky'ekituwa Obukakafu 46
8. Ekisa n'Ebikolwa Ebirungi 55
9. Okuwa Obupya Embalirira 67
10. Obulamu Obupya 75
11. Obuvunaanyizibwa Obupya 83
12. Eddembe Eppya 91
13. Okugabana Ekirabo 101

Obubaka Obutonotono 111

# OBUBAKA OBUKULEMBERA

Ekisa kya Katonda, kye kintu kyokka ky'ekyawula Obukristaayo ku ddiini endala zonna, era ekisa kisobola okukwata ku bitundu by'obulamu bw'omuntu byonna. Wabula newakubadde ng'ekisa kirungi era nga kikulu obwenkaniddaawo, emirundi mingi kitegeerwa bubi, ne kitakozesebwa mu bujjuvu bwakyo era emirundi mingi ne kitabulwamu n'ebitasaana. Ow'oluganda ono *Dokita* Bing ensobi ezo azeewalira ddala.

Ekitabo kino kikwatira ddala bulungi ensonga zino era ne kirambulula bulungi omulamwa ogw'ekisa kya Katonda, kale n'olwekyo, tukyetaaga nnyo era tukyaniriza nnyo. Kyangu kya kutegeera kubanga kyanjuluza bulungi enjuyi zonna nga kikutemeratemera ekisa. Nga tawuguse kuva ku mulamwa, omuwandiisi ono ayogera ku ndaba y'abantu abalala eri ekisa mu bwenkanya nga talina kyekubiira era ng'abakwatirwa ekisa.

Ensobi ezikolebwa olwaleero ng'abantu bongera ku kisa ebitaliiyo n'okukyogerako ebitali bituufu oziwulirira mu ndowooza, mu kuyigiriza ne mu kubuulira. Omuyivu ono Bing ensonga z'ekisa kya Katonda azikutte n'obwegendereza ng'agoberera Bayibuli kyeyigiriza ku kisa mu ssuula eziwerako. Obulokozi, okutukuzibwa, okuweebwa obutuukirivu, obukuumi, obukakafu abyetegerezza bulungi ddala. Ebitundu bya Bayibuli ebikola empagi enkulu binnyonnyoddwa bulungi era n'essuula ezo eziyitibwa enzibu okutegeera tezeewaliddwa era tezinyooleddwanyoleddwa zisobole okutukagana n'okuyigiriza kuno.

Obudde bw'onamala ng'osoma ekitabo kino tebugenda kukuwagala buwagazi kyokka, oba okugaziya entegeera yo ku kisa kyokka, wabula bugenda kunnyikiza omukwano gwo eri Katonda, olwo weeyongere okusiima ekisa kye n'okwebaza ennyo oyo Katonda ow'ekisa kyonna.

CHARLES C RYRIE, TH.D., PH.D.

# ENNYANJULA

Ekibuuzo ekyabuuzibwa emyaka mingi egiyise mu lukuŋŋaana lw'enzikiriza olw'ensi yonna olwali e Bungereza kyaleeta ebugumu mu kukubaganya ebirowoozo: Kyali kibuuza nti; "Ddala kiki ekifuula (Obukristaayo) okubeera obw'enjawulo okuva ku nzikiriza endala zonna?

Abamu baddamu nti, "Kye kya Katonda okwefuula omuntu, abalala nti, kwali kuzuukira kwa Yesu." Naye ne wabaawo ababaanukula nti n'enzikiriza endala ezimu ebyo zibirina. Kale C.S Lewis bwe yayingira mu kisenge omwali olukuŋŋaana ne wabaawo amubuuza ku kaleegabikya akaaliwo. Ye kwe kuddamu nti, "Eee bannange, ekyo kyangu nnyo, ekyawula Obulokozi (Obukristaayo) ku nzikiriza endala kiyitibwa "Ekisa."

Obulokozi bwawukana butya ku ddiini endala zonna? Bwawukana *Lwa kisa busa.*
Omuntu afuuka atya Omulokole (Omukristaayo) owa namaddala? *Lwa kisa busa*.
Omuntu asobola atya okulokolebwa olubeerera*? Lwa kisa busa*.
Omuntu amanya atya nti yalokoka olubeerera? *Lwa kisa busa* .
Omuntu atambulira atya mu bulamu bw'ekirokole? *Lwa kisa busa.*
Omulokole kiki ekimusikiriza okuweereza Katonda n'okuweereza abalala? *Lwa kisa busa.*
Bino biwulikika ng'ebitali bikulu gy'oli oba bikuyitiridddeko? Kyonna kye kiri; bisobola okuwulikika ng'ebitali bikulu okutuusa ng'otegedde ekisa kya Katonda kye kiri mu ngeri yakyo ennyangu ennyo. Bw'otegeera obwangu bw'ekisa kye olwo nno lwotandika okutegeera obugagga bwakyo obw'ebuziba.

*Lwa kisa busa*, kino kitegeeza nti eky'okuddamu ku kubuzaabuzibwa okungi ku nsonga ezikwata ku bulokozi n'obulamu obw'ekirokole (obw'ekikristaayo) kisangibwa mu ngeri ennyangu era etuukiridde gye tutegeeramu ekisa. Soogera bino kuzibuwaza kisa naye okukinunula mu miziziko gy'abo abatabulatabula amakulu gakyo, bwe batyo ne bakalubya obwangu bw'okukitegeera oba ne bayigiriza ebitakwatagana ku kisa kya Katonda.

*Ekisa*, kino ky'ekigambo ekikozesebwa ennyo mu balokole n'abatali balokole, naye emirundi mingi kitegeerebwa bubi oba kikozesebwa bubi. Abalokole mu butuufu bakkiririza mu kisa, era singa si bwe kiri tebandibadde balokole kubanga Bayibuli egamba nti olw'ekisa mwalokolebwa…(Abaefeeso 2:8). Abalokole n'abatali balokole

omuli n'ebiddiiniddiini ebyekuusa ku Bukristaayo bonna bakozesa nnyo ekigambo 'ekisa.' Kaakati ekigambo ekyo kitegeeza ki era kikola njawulo ki wakati waffe abaalokoka na bali abatali balokole?

Oyinza okulowooza nti wandibaddewo okukwatagana n'okukkaanya ku ntegeera y'ekisa okuva mu kusoma n'okwekenneenya Bayibuli (intensive bible study) omuntu kwafuna mu ttendekero lya Bayibuli oba mu Seminariyo. Naye nze oluvannyuma lw'okufuna diguli ssatu ne nsisinkana bannange abalala abaasomera ewalala era ne nsisinkana n'abantu abalala, nsobola okukugamba nti abantu bangi ekisa bakitegeera mu ngeri za njawulo. Ekkanisa zaawukana mu ntegeera y'ekisa, n'abasumba bangi baawukana, n'olwekyo abakkiriza bangi bamaliriza nga batabuddwatabuddwa kw'ebyo ebikwata ku kisa.

Mu kuyiga kwange n'okwekenneenya Bayibuli (*Bayibo sitade*) era ne mu kuyigiriza n'okubuulira kwenkoze okumala emyaka asatu (30), nkizudde nti entegeera y'omuntu ey'ekisa kya Katonda tekola nga kisumuluzo ekimufuula Omulokole kyokka, naye era ky'ekisumuluzo ekikakasa obulokozi bwe n'asobola okutambulira mu ddembe ng'awereeza Katonda n'abalala. Eyo y'ensonga lwaki nze mpaddeyo obulamu bwange okugabana obubaka bw'ekisa kya Katonda nga bwe nsobola n'abantu bonna yonna gye ntambulira.

Newakubadde nga kinsanyusa okusisinkana abalokole abangi abategeera obulungi ekisa, naye era nsisisnkanye n'abalokole bangi abatakitegeera. Ntera okusoma ebitabo by'abo abatategeera kisa era bambi nga bakivulugavuluga, bwe batyo ne balemesa n'abo abaagala okulokoka ate abalala ne baleetera abalokole okubuusabuusa obulokozi bwabwe – okusingira ddala ne bababuzaabuza ab'oluganda abeetaaga omusingi omunywevu ogw'obulamu bw'Ekikristaayo. Okuvulugavuluga ekisa kutabulatabula ekisa kya Katonda ekyangu ne kukifuula ekitali kya mugaso. Abakkiriza abategeera obulungi ekisa awamu n'abo abakikyamya, buli ludda lulina abantu bangi abakozesa olulimi olwogera ku kisa nga bayimba ennyimba ezikwata ku kisa naye nga tebateeka mazima gakyo mu nkola era nga tebakikozesa mu butuufu bwakyo. Bye bakkiririzaamu omuntu okufuna obulokozi n'engeri omuntu gy'atambulira mu bulamu bw'Ekirokole tebirabikiramu bulungi kisa kya Katonda.

Ekisa kya Katonda ky'ekitunyweza mu Bulokozi. Bw'obanga totegeera enkula y'ekisa kya Katonda, ogenda kufuna okukaluubirizibwa mu bitundu by'obulamu bwo ebimu, bw'otyo ofune okutabulwatabulwa. Obeera tonywezeddwa bulungi mu kisa kya Katonda bw'oba ng'ogwa mu by'okulabirako bino wammanga singa:

- Engeri y'okufunamu obulamu obutaggwaawo ekubuzaabuza.
- Teweekakasa nti obulamu obutaggwaawo wabufunira ddala.
- Teweekakasa nti obulamu obutaggwaawo obulina kaakano.
- Teweekakasa nti obulamu obutaggwaawo osobola okubukuuma.
- Okaluubirizibwa okukkiriza nti Katonda yakusembeza.
- Owulira ng'atannakola kimala okusobola okusanyusa Katonda.
- Owulira nga toli mulungi kimala okusobola okusanyusa Katonda.
- Okyatawaanyizibwa n'ekibi, okwesalira omusango n'okusonyiyibwa.
- Okaluubirizibwa okusonyiwa abalala.
- Osalira nnyo abalala omusango.
- Teweeyagala.
- Toyagala balala.

Olukalala lusobola okweyongerayo, naye omuntu bwanywezebwa mu kisa kya Katonda, kino kiggyawo ebizibu ebyo byonna bye tulabye waggulu n'ebirala. Abantu abanywezeddwa mu kisa basiima Katonda mu bujjuvu olw'ekyo kye yakola mu bulokozi bwabwe era banguyirwa okutambulira mu bulamu obw'okugulumiza Katonda. Banguyirwa mangu okukkiriza ekyo kye bali mu Katonda n'engeri gy'abatunuuliramu era n'engeri nabo gye balina okutunuuliramu abalala. Bano babeera bazudde amaaanyi amapya agawangula obunafu bwabwe era nga bategedde ekirabo ky'okusonyiyibwa kye baafuna.

Ekitabo kino y'emboozi ey'okukubaganya ebirowoozo etwanjulira ensonga enkulu ezikwata ku kisa kya Katonda, kino ne kituyamba okusimbibwa n'okunywezebwa obulungi mu kisa ekyo. Nkusabira, ekitabo kino kikuyambe okutegeera obulungi bw'ekisa kye ekituwa obulamu obutaggwaawo era obw'omuyiika, olwo nno olyoke obeere ow'eddembe, osobole okubeera ekyo Katonda kye yakutondera okubeera – kubanga byonna bisoboka lwa kisa busa!

## ESSUULA 1

## EKIRABO EKY'EKISA.

Kaakati ekijjulo kiteereddwa mu maaso gange. Kuno kuliko ekyennyanja ekiwotofu, ssaako emmere ey'Ekiyitale n'essowaani endala eriko emmere ey'Ekimekisiko. Ate oluvannyuma ne baleeta ebibala ebya buli kika n'ebigenderako ebisala ku mukutto. Emabega waffe waliyo bbandi ekuba omuziki ogw'ekimpoowooze ogulimu ennyimba ezisinga okunnyumira. Eno yali mbaga ya kikungu nnyo, nga tuli mu kafo akasanyukirwamu akalungi ennyo akaazimbibwa mu ssamba wakati eyo e Louisiana. Era nnali sirina muntu noomu gwe nnali mmanyi ku mukolo ogwo ng'oggyeeko omusumba eyampita okumuwerekerako. Ono yankakasa nti abateesiteesi b'omukolo nange baali baakunnyaniriza.

Omanyi nnali ήήenze mu kibuga ekyo okubuulira mu kannisa y'omusumba ono mukwano gwange, bw'atyo ye n'abekkanisa bonna baali bagenda kubeera ku mbaga eyo ku lw'omukaaga olwo ekiro, kale mu kifo ky'okusigala wennali nkyadde nzekka, nnasalawo okugenda nabo. Munnange bwe ntyo bwe nawoomerwa amasala ge nnali sisaanira. Ekyo kyakulabirako kirungi nga tunnyonnyola ekisa kye kitegeeza. Naye kanyongere okukunnyonnyola ebirala bye nnalaba ku mbaga eno.

Omanyi embaga eyo kitaawe w'omugole omukazi ye yali agitaddemu ssente kubanga yali amanyi nti agenda kufa kkansa. Kale batuteerako vidiyo ekwata ku bulamu bwe ng'eno bwe tunyumirwa ekirabo ky'embaga gye yakolera muwala we ne bba, omwali ab'omunnyumba n'abemikwano – kw'ossa n'omugwira omu! Bwe ntyo bwe nannyumirwa ekirabo kye nnali sisaanira, ekyasasulibwa omuntu gwe nnali simanyi. Ekyo nno, kye kisa!

Ekijjulo kirindiridde abo abayingira mu mazima g'ekisa. Bangi bakimanyi nti Bayibuli eyogera ku kisa era oboolyawo bakimanyi nti ekisa n'ekirabo bikwatagana. Naye emitawaana gy'ensi gibayenjebula ne balemererwa okutegeera obulungi bw'ekisa ne beesanga nga bali mu kutabulwatabulwa. Naye mu mazima tekyandibadde bwe kityo. Newakubadde ng'enjigiriza y'ekisa kya Katonda mazima makulu nnyo naye ate era nyangu ya kutegeera.

## AMAKULU G'EKIGAMBO *EKISA*

Kambeeko ebitonotono byenkuwa ebinaakuyamba okutegeera ekisa. Ekigambo *ekisa* kisangibwa mu Bayibuli y'Olungereza emirundi 148 okusinziira ku nzivuunula ya Bayibuli gy'okozesa.[1] Mu nzivuunula ya Bayibuli ey'Olungereza mu Ndagaano Enkadde, ekigambo 'ekisa' kikozesebwa emirundi nga 21 nga kiyitibwa amannya amalala agaakozesebwanga mu lulimi Olwebbulaniya. Mu Ndagaano Empya ekisa kikozesebwa emirundi 128 era okusingira ddala ng'amakulu bagajja mu Luyonaani.

Ng'Olungereza bwe luli, Endagaano Enkadde etulaga enkozesa y'ekigambo kino eya wamu. Mu Lungereza abantu bakozesa *ekisa* nga bamaliriza essaala nga tebannalya kyaggulo, oba bakikozesa okunnyonnyola ekintu ekirungi oba okuwangulira waggulu empaka ezitegekeddwa. Mu Endagaano Enkadde *ekisa* oluusi kikozesebwa okunnyonnyola obulungi oba ekintu ekisikiriza, naye ekigambo ky'Olwebbulaniya ekisinga okukozesebwa kinnyonnyola *ekisa* nga bategeeza "okufuna okuganja." Abamu balowooza nti ekigambo kino ekiva mu lw'Ebbulaniya kiva mu mbeera ey'omuntu ali waggulu okukakkanira oba okwetowaaliza oyo gw'asinga ng'ayagala okumuyamba. Nnyumirwa nnyo omusumba omu omututumufu kye yayogera bwe yagamba nti: "Okwagala okwambuka waggulu, okwo kuba kusinza. Okwagala okufuluma mu ffe, okwo kwe kufaayo. Okwagala okukutama okuyamba abalala, ekyo ky'ekisa."[2] Ekisa y'engeri Katonda gy'ayolesaamu okwagala ng'akola ku byetaago byaffe, ng'atussaako okuganja kwe tutasaanira.

Ebyafaayo mu Ndagaano Enkadde mu kitabo kya Luusi bituyamba okutegeera ekisa kyekitegeeza. Emirundi esatu mu ssuula ey'okubiri (2), Luusi akiikirira omuntu afunye okuganja, ye bwe yafuna okuganja mu maaso g'omusajja ayitibwa Bowaazi (mu lunyiriri 2,10, 13). Okutegeerera ddala obulungi kino kye kitegeeza tulina okukimanya nti Luusi yali munnamawanga eyali talina mmere ate nga namwandu Omumowaabu – kitegeeza nti mu maaso g'Abayudaaya yali yafiirwa emirundi ena. Kale bw'atyo bwe yajja ne nazaala we Nawomi mu Yisirayiri okumuyambako n'okunoonya eky'okulya. Luusi yagendanga mu nnimiro okukuŋŋaanyanga eŋŋaano esigalidde nga bamaze okukungula, ng'asuubira okufunayo eky'okulya oboolyawo n'okuganja eri omugagga Bowaazi eyali nannyini nnimiro. Bowaazi bwe yamulaba, n'amukkiriza okukuŋŋaanya ebiba bisigalidde mu nnimiro era n'amusuubiza okumuwa obukuumi, emmere era oluvannyuma n'amusuubiza n'okumuwasa. Kino kitegeeza nti Bowaazi omugagga yakakkanira Luusi omuntu eyali obubi ennyo okumuyamba mu kiseera kye yalimu ekizibu ennyo. Naye ekisa kya Bowaazi eri Luusi tekyalabikira mu bya kulya byokka wabula kyalabikira nnyo mu kumwagala ekiyitiridde.

Ekigambo 'ekisa' era kisobola okukozesebwa mu ngeri eya bulijjo mu Ndagaano Empya, eky'okulabirako; Mu ngeri ey'okulamusa oba okulangirira omukisa ku mulala.[3] Naye ekikulu ennyo ekigambo *ekisa* mu Ndagaano Empya kikozesebwa okunnyonnyola amazima amakulu agayigirizibwa ku bulokozi obutaggwaawo n'obulamu Obw'ekikristaayo (Obw'ekirokole).

Ekitabo ky'Endagaano Empya ekisinga okutuyamba okutegeera ekisa, kye kitabo ky'Abaruumi. Tekyewuunyisa nti ekitabo ekyo kikozesa ekigambo '*ekisa*' emirundi 28 –ng'emirundi gino mingi okusinga mu kitabo ekirala kyonna. Ekitabo ky'Abaruumi kinnyonnyola butya ekisa bwe kitusembeza eri Katonda era na butya bwe kituyamba okumusanyusa. Ekitabo ky'Abaruumi kituwa amukulu g'ekisa ag'omuggundu agawerako.

## EKIRABO EKY'OBWEREERE EKITALIIKO BUKWAKKULIZO

Ekigambo ekitera okukozesebwa mu Ndagaano Empya nga kiyitibwa "ekisa" kiva mu kigambo ky'Oluyonaani ekiyitibwa '*kalisi*' (*charis)*. Ekigambo kino kitegeeza butegeeza "ekirabo eky'obwereere." Bwe tugamba nti ekirabo kino kya bwereere kitegeeza nti tekitusaanira n'akamu; teriiyo kintu kyonna omuntu kyayinza okukola ng'ayita mu kwewaayo oba mu kufuba oba mu kusuubiza ekiyinza okumuweesa ekisa ng'asiimibwa. Kale n'olwekyo, ekisa ky'ekirabo ekituweebwa ewatali bukwakkulizo. Bwe tugamba nti *tekiriiko bukwakkulizo* tuba tutegeeza nti Katonda Omugabi w'ekisa talina bukwakkulizo bw'ateeka ku bantu okusobola okufuna ekirabo eky'ekisa kye. Omuntu yenna bwagezaako okukolerera ekirabo eky'ekisa, olwo ekyo kiba tekikyali kisa nate. Mu Baruumi 4:4 wagamba nti, "Omuntu bw'akola omulimu, asasulwa empeera. Empeera gyaweebwa tekibeera kirabo wabula gubeera musaala."

Kale n'olwekyo, ekisa ky'ekirabo ekituweebwa nga kya bwereere era nga tekiriiko bukwakkulizo. Singa tukikolerera, kiba tekikyali kisa wabula empeera esasulibwa olw'omulimu gwaffe. Bwe kituuka ku bulokozi obutaggwaawo, Katonda okubutuwa abeera tatusasula mpeera. Obulamu obutaggwaawo abutuwa buwi nga kirabo kya bwereere. Bwe bakusasula ceeke y'okukola ennyo ku nkomerero ya wiiki, tosobola kugamba Mukama wo nti, "Ssebo weebale nnyo olw'omukisa guno gw'ompadde – mu butuufu kino mbadde sikisaanira." Mu butuufu, emirundi egisinga kyangu n'okuwulira ng'osaanira okusasulwa ku musaala ogusinga ne kw'ogwo gw'owereddwa!

Ekitundu ky'Abaruumi 11:6 kitunnyonnyola nti ebikolwa ebirungi n'ekisa kya Katonda tetulina kubitabulatabula: "Naye bwe kiba nga lwa kisa, olwo kiba nti si lwa bikolwa; kuba olwo ekisa kiba tekikyali kisa nate." Endowooza y'okubaako kye tufuna nga kisinziira ku bikolwa byaffe tekwatagana na njigiriza ya Bayibuli eyogera ku kisa kya Katonda eky'obwereere ekitatusaanira era ekitaliiko bukwakkulizo. Enneeyisa

y'omuntu n'ekisa kya Katonda byawukanira ddala. Bino tebisobola kwegatta wamu, ng'amazzi bwe gateegatta na mafuta.

Katugeze nti muliraanwa wo ajja n'akwoleza emmotoka ng'ekikolwa eky'ekisa nga talina kyakusuubiramu kumusasula olw'okukuyambako. Ekyo nno kibeera kikolwa kya kisa. Newakubadde ng'oyinza okumusiima n'obaako ky'omuwa ng'ekirabo, era ekirabo ekyo ne bw'akitwala, tekijjaawo nti ekikolwa kye yakoze kyabadde kya kisa. Naye ate singa muliraanwa wo akusaba okumusasula alyoke akwoleze emmotoka, awo waba tewali kisa kubanga mu kifo ky'okukusembereza ekisa kaakati abeera akusaba kumusasula. Ekisa ekitaliiko bukwakkulizo tekisobola kuteekebwako bukwakkulizo obw'ekikolwa, obw'okukisasulira oba obw'okusuubiza.

## EKIRABO EKY'OMWOYO

Ekisa ng'ekirabo, emirundi egimu kinnyonnyolwa nga bakozesa ekigambo ky'Oluyonaani ekitegeeza *ekirabo eky'omwoyo* ekiyitibwa *kalizima,* (*charisma*) nga kiva mu kigambo ky'Oluyonaani ekiyitibwa *kalisi* (*charis*). Katonda agabira abantu ebirabo eby'omwoyo okubyeyambisa mu buweereza. Ebirabo bino tebiweebwa muntu nga Katonda asiima okufuba kw'omuntu oyo era tebikolererwa; obuyinza obw'okubikozesa butuweebwa Katonda oyo Omugabi w'ebirungi byonna. Ebigambo bino ebyogera ku kirabo n'ekisa bigattibwa wamu mu Peetero Ekisooka 4:10 ewagamba nti: "Buli muntu nga bwe yaweebwa ekirabo, mukikozesenga mwekka na mwekka bwe mutyo, ng'abawanika abalungi ab'ekisa [*kalisi]* kya Katonda ekitali kimu."

Nga bwe kiri nti tewali muntu noomu asobola kukolerera birabo bya mwoyo, oba agwanidde okubiweebwa, era bwe kityo tewali noomu asobola kukolerera oba agwanidde okuweebwa obulamu obutaggwaawo olw'okufuba kwe. Okukitegeera nti ekisa ky'ekirabo kya Katonda kyatuwa obuwi, lino ly'eddaala erisooka mu kunywezebwa mu kisa ekyo. Ekisa bwe tukiyita *ekirabo* tubeera tutegeeza nti kya bwereere, tekiriiko bukwakkulizo era tekituweebwa lwa kusaanira. Ennyinnyonnyola y'ekisa etalambika bulungi nsonga ezo ereetera abantu obuzibu mu ngeri gye balabamu obulokozi, n'ebalemesa n'okwekakasa obulokozi bwe baafuna era ne baatawaanya okutegeera obulamu bw'Ekikristaayo n'obuweereza. Ekikolwa kyonna omuntu kyagezaako okukola alyoke asaanire, agwanire, asiimibwe, asasulwe olw'obunyiikivu oba okubaako byakola atuuke ku ddaala ery'okusiimibwa, ebyo byonna bikontana n'ekisa, olwo n'ekirekeraawo okubeera ekisa.

Abantu abatannanywezebwa mu ntegeera ennambulukufu ey'ekisa kya Katonda eky'obwereere baambi tebabeera na mirembe era tebawummula kubanga tebatebenkera mu nkolagana yaabwe ne Katonda ne mu bantu bannaabwe. Ekyo kiwulikika ng'ekiruma, naye kirowoozeeko bw'oti: Singa ekisa kikolererwa oba kitugwanira bugwanizi, tuyinza obutamanya ddi lwe tukoze obulungi ekimala okusobola okukiweebwa. Bwe tukimanya nti ekisa kirabo kya bwereere ddala, kino kituyamba okunyumirwa enkolagana yaffe ne Katonda ne bantu bannaffe ate era kisanyusa ne Katonda eyatuwa ekirabo ekyo nga bwe tugenda okukiraba mu ssuula eddirira egamba nti, "Katonda, ye Katonda ow'ekisa kyonna."

## EBIBUUZO EBY'OKWEJJUKANYA

1. Ekisa Bayibuli ky'eyogerako kye kiki?
2. Nnyonnyola era ogaziye endowooza eri emabega w'ekigambo "okutali bukwakkulizo" ng'okikwataganya n'ekisa.
3. Nnyonnyola ekisa n'ebikolwa ebirungi nga bwe bikwatagana.
4. Lwaki kikulu nnyo okukitegeera nti ekisa kya bwereere ddala?

## ESSUULA 2

## KATONDA OW'EKISA KYONNA

Tetusobola kutegeera kisa okutuusa nga tutegedde gye kiva n'engeri gye kitulagibwamu mu kuteesa kwa Katonda kw'alina eri ensi. Ekisa gwe mubala gwe tulaba nga guvugira mu byafaayo bya Bayibuli buli kiseera. Ekisa kyetunyumirwa olwaleero ky'ekisa kyekimu Katonda ky'abadde awa ensi bulijjo. Naye okukitegeera obulungi tulina okutegeera ekisa gye kiva oba Oyo akigaba. Mu bufunze, ekisa kiva eri Katonda alina okwagala okutaggwaawo gye tuli.

Bayibuli ennyonnyola embala ya Katonda mu ngeri nnyingi. Ob'olyawo embala ya Katonda esinga obukulu Katonda gy'atulaga y'eyokwagala kwe. "Katonda kwagala," ng'ekyawandiikibwa mu Yokaana Ekisooka 4:8 bwe kyogera. Engeri esookera ddala Katonda gy'atulagamu okwagala kwe, kwe kuyita mu kisa kye ne kikola ku byetaago byaffe. Omutume Peetero ky'ava amuyita "Katonda ow'ekisa kyonna" (Peetero Ekisooka 5:10). Okwagala y'embala ya Katonda enkulu ennyo etulaga nti atwagala nnyo, ekitegeeza nti tatusasula ng'ebikolwa byaffe bwe biri, naye atuwa ebitatusaanira ku bwereere. Embala y'ekisa kya Katonda eragibwa mu ngeri gy'azze ayisaamu abantu okuyita mu byafaayo by'ensi.

## EBYAFAAYO BY'EKISA

Mu kusookera ddala, kyali kikolwa kya kisa Katonda okutonda abantu. Katonda yatutonda era n'atuteekateeka okufuga ensi (Olubereberye 1:26-28) nga bwe tunyumirwa obulamu, nga y'engeri endala etegeeza nti yatutonda okumunyumirwa kubanga ye yennyini bwe bulamu. Naye omuntu eyasooka Adamu bwe yawuliriza Setaani n'ajeemera Katonda bw'atyo n'aleeta okufa era n'abunyisa okufa ku ffe abasibuka mu ye. Olina okukimanya nti okufa okwogerwako wano si kwe kukoma okubeerawo ku nsi, naye kwe kwawukana ne Katonda. Adamu teyafiirawo mu mubiri nga yakamala okujeemera Katonda bwe yalya ekibala kye yagaanibwa. Yafa mu ngeri ya mwoyo kubanga yali amaze okwawukana ne Katonda.[1]

Ebyafaayo bya Bayibuli by'ebyafaayo bya Katonda ng'azzaawo omuntu mu kifo kye kye yali yafiirwa. Adamu ne Eva bwe baayonoona, baali bwereere nga bakwatibwa

ensonyi era ne beekweka Katonda. Katonda y'ayolesa ekisa kye bwe yabikka amaliba g'ensolo ku bwereere bwabwe. Oluvannyuma Katonda yabasuubiza nti yali agenda kubatumira omuntu, alizaalibwa omukazi, eyali ow'okusaanyawo Setaani n'amaanyi ge ag'okufa (Olubereberye 3:15). Ekisuubizo ky'okuleeta omununuzi tekyaliiko bukwakkulizo bwesigamye ku bisaanyizo bya muntu yenna. Wabula ekisuubizo kyaweebwa abo abaali batakisaanira mu ngeri yonna. Abantu kye baali beetaaga okukola kwe kukkiririza mu kisuubizo kya Katonda era ne bakirindirira okutuukirira.

Ekisa kya Katonda kyategeerekeka nnyo bwe yalonda omusajja ayitibwa Yibulayimu okutandika eggwanga ery'enjawulo eririmu abantu abaali bagenda okulabikiramu ekisa kye. Katonda yasuubiza Yibulayimu okumuwa ensi, okumuwa ezzadde n'okumufuula omukisa eri ensi. Naye lwaki yalonda Yibulayimu? Tewali nsonga etuweebwa, naye ekisuubizo bwe kyamala okukolebwa Yibulayimu yasigala mwesigwa era nga muwulize newakubadde nga yali tatuukiridde mu buli kimu. Naye era ekisuubizo kyasigala kikyakola ku ye ne ku mwana we Isaaka ne ku muzzukulu we Yakobo.[2] Ekisuubizo kya Katonda kyasigala kikyali kinywevu okumala emirembe esatu n'ebigambo ebigamba nti, "Nnaakuwanga….." Katonda teyagamba nti, "Nnaakuwanga *singa*….." abeera kukozesa kigambo '*singa'* kino kyalibadde kifuula ekisuubizo kye okubeera eky'okukolerera oba ekiweebwa oyo asaanira, atuukirizza ebisaanyizo. Wabula okutuukirizibwa kw'ekisuubizo kwesigama ku Katonda ne ku mbala ye ey'ekisa. Ekisuubizo kyali kirabo kya bwereere eri abo abaali batakisaanira. Isaaka ne Yakobo bombi baayolesa obutali butuukirivu bwabwe mu bikolwa eby'okulimba,[3] naye Katonda teyakangibwa olw'ebyo; kubanga ekisuubizo kye kyali kyesigamye ku *bwesigwa bwe* obuli mu kigambo kye, so si ku bwesigwa bw'abantu obuteesigika.

Kale okuyita mu Yibulayimu, Katonda yatandika eggwanga ery'ekisuubizo ery'abantu ab'enjawulo, abo nga be Bayudaaya. Naye nga lwaki Bayudaaya? Si lwakuba nti be baali basaanira omukisa gwa Katonda kubanga ebyafaayo byabwe bijjudde obujeemu. Tuyinza okukkiriziganya n'omuntu eyali abalaata ng'agamba nti, "Naye Katonda wa ngeri, mu bantu bonna n'alondayo Abayudaaya?" Tusobola okuwuumbawumba nga tugamba nti Katonda yalonda Abayudaaya ng'akozesa obuyinza obw'obwakatonda bwe.

Ekisa kya Katonda kizze kirabikira mu byafaayo bya Bayibuli emirundi gyonna. Ekisuubizo kya Katonda kyayongera okutegeerekeka eri Kabaka Dawudi bwe yamusuubiza nti aliva mu zzade lye y'alituula ku nnamulondo y'obwakabaka bwe emirembe gyonna. Ayogerwako y'oyo eyasuubizibwa mu Lubereberye ng'alibeera nga

kabaka Dawudi era ng'aliva mu Dawudi.[4] Naye lwaki Dawudi? Era katukiddemu nti si lwakuba nti Dawudi yali asaanira ekisa kya Katonda. Obulamu bwa Dawudi bw'alimu ebibi ebitayisikako maaso. Naye ekisa kya Katonda buli kiseera kiweebwa oyo atakigwanira, era n'olwekyo kyesigama ku bwesigwa bwa Katonda obukolera mu mbala ye n'ekigambo kye, so si ku nneeyisa y'abantu.

## YESU AJJUDDE EKISA

Okutuukirizibwa kw'ekisuubizo ky'obununuzi bwa Katonda kwayita mu Yesu Kristo, owomu zzadde lya Dawudi, nga ye yali agenda okufuuka Kabaka wa Bayudaaya. Yesu yali Katonda yennyini ng'ayambadde omubiri gw'omuntu, eyazaalibwa omukazi mu ngeri ey'ekyamagero. Katonda yava mu ggulu n'ajja mu bantu alyoke asobole okutuukiriza ekisuubizo kye. Yesu ayogerwako ng'eyali "ajjudde ekisa n'amazima" mu Yokaana 1:14, nga kino kitegeeza nti ye yali alabikiramu okwagala kwa Katonda okutaliiko bukwakkulizo gye tuli, era nga ye kwe kutuukirizibwa kw'ekisuubizo gye tuli. Yesu yajja ku nsi si lwa kuba kyali kitugwanira okumufuna. Ekyewuunyisa kiri nti yajja mu nsi ejjudde ekizikiza n'obubi, yajja mu nsi eyagaana okumusembeza. Ng'omwo mwe muli n'abantu be bennyini Abayudaaya abamusambajja oba abagaana okumusembeza.[5]

Yesu bwe y'ajja era n'atambulira ku nsi, abantu baalaba okutuukirizibwa kw'ekisa kya Katonda mu ye. Nga bw'alangirira amazima g'Obwakabaka bwa Katonda, era yayigirizanga ku kwagala n'okusaasira kwa Katonda. Ebikolwa bye byayolesanga okukola kw'ekisa n'amazima nga bw'anenya n'abo abaawakanyanga amazima ga Katonda era nga bw'awonya abantu n'okuyamba abo abaalina ebyetaago. Ebikolwa bya Yesu byalabikirangamu okwagala, obugumiikiriza, ekisa n'obwetowaze eri abalala. Ekisa n'amazima Yesu Kristo bye yalina by'atuuka ku ntikko bwe yawaayo obulamu bwe kyeyagalire ku musaalaba ate n'azuukira mu bafu okusobola okukola ku kyetaago kyaffe aboonoonyi. Bino byonna yabikola ng'atuukiriza ebyawandiikibwa.

Yesu Kristo yamanyisa ekisa ky'okwagala kwa Katonda eri ensi eyali obubi ey'aboonoonyi abatasaanira. Eyo y'ensonga lwaki Bayibuli emwogerako ng'egamba nti mu Yesu, "ekisa kya Katonda ekireeta obulokozi kirabise eri abantu bonna" (Tito 2:11). 'Katonda-Omuntu' eyayambala ekisa kya Katonda ye Mununuzi waffe atuggya mu kibi ne mu kufa era y'akomyawo enkolagana yaffe ne Katonda ne tutuukiriza

ekigendererwa kye kyatulinako. Yesu y'eyatuwa ffe aboonoonyi obulamu kubanga Ye bwe bulamu, obulamu bwa Katonda.

Lwaki obulamu bwe yabuwa aboonoonyi? Kino kikwatagana n'embala ya Katonda mu ngeri gy'azze ng'akolaganamu n'ensi, Yesu obulamu tabuwa babusaanira, ne ky'okusooka tebaliiyo! Wabula abuwa abo *abatabusaanira*, abo ababuyaayaanira.

## EKISA EKY'OLWALEERO

Bwe twogera ku ngeri Katonda gy'alokolamu abantu okuva mu kibi, tewali ngeri ndala gye tusobola kukinnyonnyolamu wabula okukimanya nti kino kisoboka *lwa kisa busa*. N'omuntu asingayo obulungi mu ffe naye tatuukiridde, kyokka ng'okutuukirira kwe kwandiwesezza omuntu obulamu bwa Katonda – ng'obulamu buno bwe bulamu obutaggwaawo – ekitegeeza okusonyiyibwa kw'ebibi byaffe. Katonda tatuguza bulokozi bwe nga yeesigamye ku bunyiikivu bwaffe n'ebisuubizo bye tukola kubanga akimanyi nti ne bwe tufuba tutya tumala ne tulemererwa. Obulokozi buteekwa kwesigama ku Katonda – ku mbala *ye*, ku bisuubizo *bye*, ku mulimu *gwe*, ku kwewaayo *kwe* gye tuli.

Ebyafaayo by'omuntu mu mboozi ya Bayibuli bitulaga Katonda alina okwagala era agabira abantu obulokozi ng'ekirabo eky'obwereere. Eyo y'ebadde enkola ye era egenda kusigala bw'etyo. N'okutuusa leero, ekirabo ekyo naawe Katonda akikuwa bw'atyo. Ky'amazima, kiwulikika ng'ekirungi ennyo ekitakkirizika kuba kituufu, naye okutuusa ng'okikkiririzaamu, tolinywezebwa mu kisa era tolinyumirwa bulamu bwa Katonda.

Kaakati oyinza okuba nga weebuuza nti, "Naye abaffe, Katonda si ye mulamuzi omwenkanya? Obwenkanya bwe tebumwetaagisa kubonereza bwonoonyi bwaffe?" Eky'okuddamu ku nsonga eyo kisangibwa mw'ekyo Yesu Kristo kye yakola bwe yeewaayo okuggyawo ekiruyi kya Katonda kye yatulinako.

EBIBUUZO EBY'OKWEJJUKANYA

1. Okwataganya otya okwagala kwa Katonda n'ekisa kye? Obwenkanya bwe n'ekisa kye?

2. Nnyonnyola ebyafaayo by'Abayudaaya nga bwe bijulira ekisa kya Katonda.

3. Lwaki Yesu ayogerwako ng'eyali "ajjudde ekisa n'amazima"?

4. Biki by'olaba ebitambulira awamu n'ekisa kya Katonda okuyita mu byafaayo bya Bayibuli ng'obigeraageranya n'obulokozi bwo obutaggwaawo.

# ESSUULA 3

# EKISA EKYANNEEWUUNYISA

Ekisa kya Katonda kizibuwalira nnyo abantu okukikkiriza n'okukitegeera kubanga ky'ekintu kye babeera batasuubira kuweebwa.

Tubeera *tuteebereza* obwenkanya bwa Katonda – nga tukimanyi nti kitugwanira okubonerezebwa olw'ekibi kye tukola. Tubeera *tusuubira* okusaasira kwa Katonda – nga tusaba aleme kutusasula ng'ebikolwa byaffe bwe biri.

Katonda *atwewuunyisa* n'ekisa kye – bw'atuwa emikisa gye tutasaanira!

Gye buvuddeko eyo twagenda ne mukwano gwange mu *lesitoranti* (ekirabo ky'emmere) okulya ekyemisana, oluvannyuma bwe twamala okulya nze kwe kugenda okwetewuluzaako mu kabuyonjo. Bwe nava mu kabuyonjo nneerabira okuddayo okusasula ssente z'emmere, bw'entyo ne ŋŋenda mu mmotoka yange ne nsimbula ne ne nneeyongerayo. Naye nga mmaze okuvugako nga kitundu kya mailo kwe kujjukira nti saasasudde ssente za mmere era nawulira bubi bw'entyo ne nzirayo ku *lesitoranti*. Bwe naddayo ku *lesitoranti* nnali mbasuubira okumbonereza – nga ndowooza nti baayise dda n'abaserikale oba nga banyiivu nnyo ku kyenkoze. Naye ate era nga mbasuubira okunsaasira – nti oboolyawo baggya kukkiriza okwetonda kwange banzikirize okusasula ebbanja. Naye ekisa kyanneewuunyisa – bwe baŋŋamba nti mukwano gwange yali yasasudde dda nga tambuulidde nga sinnava na ku *lesitoranti*!

Abamenyi b'amateeka babiri baawanikibwa ku misaalaba wamu ne Yesu Kristo. Eyasooka teyalaga kunakuwalira nsobi ze. Naye owokubiri, ye yalaga nti yali *ateebereza* okubonerezebwa olw'ebikolwa bye bwe yagamba nti, "Ffe tusaanira okubonerezebwa olw'ebikolwa byaffe." Naye era yali *asuubira* okusaasirwa nti oboolyawo Yesu Kristo anaamuddiramu bwe yagamba nti, "Mukama bw'otuuka mu bwakabaka bwo nange nzijukira." Naye ekisa *kyamwewuunyisa* Yesu Kristo bwe yamuddamu nti, "Olwaleero onoobeera nange mu lusuku lwa Katonda."[1]

Twakuzibwa nga tuteebereza okusasulwa ng'ebikolwa byaffe bwe biri mu nsi yaffe etalina kisa, nga tukimanyi nti abamenyi b'amateeka babonerezebwa. Nga tukimanyi nti bw'osoma obulungi era osasulwa bulungi. Twakuzibwa nga tuteebereza okusasulwa ekyo ekitugwanira. Bwe tufuna ekintu ekirungi ekisinga kw'ekyo kye tubadde tusaanira, ekyo tukitunuulira ng'ekirungi ennyo ekitakkirizika kuba kituufu. Naye bwe tukakasa nti ekitubaddeko kya ddala, ekyo kitwewuunyisa nnyo!

## LWAKI TWETAAGA EKISA KYA KATONDA

Twetaaga ekisa kya Katonda kubanga ffena twayonoona era nga kitugwanira okusalirwa omusango gwa Katonda ng'obwenkanya bwe bulagira – era ekyalivudde mw'ekyo kwalibadde kwawukana na Katonda olubeerera. Bayibuli yakitangaaliza ddala bulungi era ekyo tekiriiko akiwakanya kubanga ekyawandiikibwa kigamba nti: "Kubanga bonna baayonoona ne batatuuka mu kitiibwa kya Katonda" (Abaruumi 3:23).

Buli muntu yenna yagwa n'atatuuka ku mutindo gwa Katonda. Ffena twali twetaaga okuddirwamu ne tulyoka tuweebwa obulamu obutaggwaawo. Naye ekibi kyaffe kyali ky'amaanyi nnyo nga tetusobola kukiggyawo olw'okukola ebirungi oba olw'okweyisa obulungi. "Kubanga tewali n'omu aliweebwa obutuukirivu mu maaso ga Katonda olw'ebikolwa by'amateeka. Mu mateeka mwe tutegeerera ddala ekibi" (Abaruumi 3:20). Mu bigambo ebirala kino kitegeeza nti okutuukiriza amateeka g'Endagaano Enkadde oba okukwata amateeka amalala nakyo tekisobola kutukkirizisa mu maaso ga Katonda.

Okuweebwa obutuukirivu kitegeeza okukkirizibwa Katonda mu ngeri eya kkooti ez'amateeka, kuno kwe kulangirirwa nti oli mutuukirivu mu maaso ga Katonda. Katonda ng'omulamuzi owokuntikko alina obuyinza mu kkooti ye okulangirira obutuukirivu ku muntu yenna okusinziira ku ndaba ye. Bayibuli bw'eyogera nti Katonda awa omuntu obutuukirivu, kino tekitegeeza nti embala n'enneeyisa y'omuntu oyo birongookerawo mbagirawo. Naye ye omuntu bw'aweebwa obutuukirivu abeera akkiriziddwa mbagirawo eri Katonda mu ngeri ey'amateeka aga kkooti. Mu bigambo ebirala, Katonda ng'omulamuzi ow'ekisa, asazaamu ekibonerezo ekireetebwa ekibi – nga kuno kwe kufa – bw'atyo n'alangirira nti omwonoonyi akkiriziddwa mu maaso ge kubanga omuntu oyo kaakano abeera afunye "okukkirizibwa" kwa Yesu Kristo, kale bwe kityo obutuukirivu bwa Yesu Kristo ne bumubalirwako. Omuntu eyali yafiira mu

kibi bw'atyo n'afuna obulamu obutaggwaawo era n'atandika enkolagana empya ne Katonda.

Wabula twetaaga ekisa kubanga omutindo gwa Katonda guli waggulu nnyo, kale nga n'okufuba kwaffe ennyo tekulina gye kusobola kututuusa. Omutindo gwa Katonda bwe butuukirivu bwe obutuukiridde. Obutuukirivu bwe obutuukiridde bwalabikirako mu mateeka g'Endagaano Enkadde, ng'ekinyusi ekyo kirabikira mu Mateeka Ekkumi agagamba nti:

- Tobeeranga na bakatonda balala okujjako Katonda ow'amazima.
- Teweekolerangayo bifaananyi bya Katonda.
- Tolayiriranga bwereere linnya lya Katonda.
- Otukuzanga olunaku lwa Ssabbiiti.
- Ossangamu bazadde bo ekitiibwa
- Tottanga.
- Toyendanga.
- Tobbanga.
- Tolimbanga.
- Towaayirizanga

Nsuubira nga buli muntu yali amenyeeko waakiri erimu ku Mateeka ago Ekkumi, (ani atalimbangako?), naye ate bwe tugataputa nga Yesu Kristo bwe yakikolanga, twesanga ng'omusango gutusinga n'okusinga bwe tulowooza. Eky'okulabirako; tuyinza okuba nga tetutemulangako muntu mu buliwo, naye Yesu yagamba nti, "Mwawulira bwe kyayogerwa ab'edda nti, 'temutemulanga, era buli atemula munne abeera mu kabi ak'okusalirwa omusango.' Naye nze mbagamba nti buli muntu asunguwalira muganda we ewatali nsonga abeera azizza omusango gw'obutemu" (Matayo 5:21-22).

Bw'ogoberera olupimo luno okiraba nti omuntu atatemulangako asingisibwa omusango gw'obutemu obuli mu ndowooza ye – nga kino kwe kusunguwalira omulala. Mu ngeri yeemu tuyinza okuba nga tetukolangako bwenzi bulabika, naye

Yesu yanyonnyola obwenzi mu ngeri esingako kw'eyo bwe yagamba nti, "Mwawulira ab'edda bwe baagamba nti, 'Toyendaanga.' Naye nze mbagamba nti buli atunuulira omukazi n'amwakirako abeera amaze okwenda naye mu mutima" (Matayo 5:27-28). Kale era tukiraba nti okusinziira ku Yesu abo abatalina musango gwa kukola bwenzi obulabika, ogw'okubeera n'ebirowoozo by'obwenzi nabo gubasinga.

Bwe twetegereza olupimo lw'obutuukirivu bwa Katonda tukiraba nti lusukka ku kikolwa ekirabika ne lutwaliramu ebirowoozo n'ebigendererwa, era ffena tusobola okukkiriza nti amateeka ekkumi gonna twagamenya! Omutindo gw'okutuukirira kwa Katonda guli waggulu nnyo era tewali asobola kugukolerera n'agutuukako.

Bwe tukitegeera nti omutindo gwa Katonda ogw'okutuukirira guli waggulu nnyo, olwo tukitegeera nti ne bwe tufuba tutya tetusobola kugutuukiriza mu busobozi bwaffe. Ekisooka, ebbanja lyaffe ddene nnyo: "Kubanga ffena twayonoona." Ekibi ky'ekintu kyonna ekitatuuka ku mutindo gwa Katonda oba ekintu ekimenya amateeka ge. Omusango ogwo guba gusaanira ekibonerezo. Ekibonerezo ekiweebwa akoze ekibi kwe kufa, ekitegeeza okwawukana ne Katonda. Naye omusango ogwo tegusobola kuggyibwawo lwa kukola bikolwa birungi. Okulowooza nti ebikolwa byaffe ebirungi bisobola okuggyawo omusango, ekyo kinyomoola obutukuvu bwa Katonda obutuukiridde (obumufuula ow'enjawulo ennyo ku bintu ebirala byonna) nga gy'obeera omutindo gw'obutuukirivu bwe gusobola okutuukirizibwa okufuba kwaffe okutalina lugendo. Ate oba n'okubeera obubeezi n'endowooza eyo kyongera bwongezi musango, kubanga kinyomoola embala ya Katonda.

Mu butuufu n'ebikolwa byaffe bye tuyita ebirungi nabyo biriko enziro. Eyo y'ensonga lwaki tusoma mu Baruumi 3:12 ewagamba nti; "Tewali akola bulungi, tewali noomu." Bw'okitunuulira mu kusooka, ekigambo kino olaba ng'ekitali kituufu kubanga tulaba abantu, nga mwe muli n'abatali balokole ng'abakola ebikolwa ebirungi – omuli okuyamba baliraanwa baabwe, okuddukirira abateesobola, okuzimba amalwaliro, nga bakola n'obwannakyewa obw'okujjanjaba ebisolo n'ebirala bingi. Naye amazima gali nti ekikolwa ekirungi ky'okolera mu bujeemu tekiba kirungi mu maaso ga Katonda. Mu bigambo ebirala kitegeeza nti singa omuntu agaana ekirabo Katonda ky'atuwa nga ye Mwana we, ebirala byonna omuntu by'akola okufuna okuganja kwa Katonda tebibaamu kantu wabula obunyoomi. Katuteebereze; singa maama w'omwana alagira mutabani we omuto okusigala mu kisenge kye ng'akirongoosa okutuusa nga kitukudde. Naye omwana naatakirongoosa wabula n'ayita mu ddirisa nagenda naayoza emmotoka ya nnyina. Ekyo ky'aba akoze tekiba kikolwa kirungi? Nedda, tekiba

kirungi, kubanga abeera yakikoledde mu bujeemu ne mu kwewaggula. Kale nno, okufuba kwaffe ennyo nakwo tekumala kubanga ne bye tuyita ebirungi tebibeera birungi kimala. Tutera okukozesa ekigabo *kirungi* nga tugeraageranya ebitwetoloodde.

Omukazi oba omusajja abeera mulungi kubanga abeera asinga abantu abasinga obungi be tumanyi. Naye omuntu oyo abeera tatuukiridde era wabeerayo abamusingako obulungi mu kitundu ekirala. Naye bwe twogera ku bulungi bwa Katonda tubeera twogera ku bulungi obussukkulumye era obusingayo okubeera obwa waggulu. Bayibuli eyogera ku muvubuka eyali alowooza nti ye mulungi era y'eyayita Yesu "omuyigirizwa omulungi." Ennyanukula ya Yesu gy'ali ya magezi nnyo bwe yamugamba nti: "Lwaki ompita omulungi? Tewali mulungi, omulungi ali omu, ye Katonda" (Matayo 19:17).

Newakubadde ng'omuvubuka ono yali ategeera obulungi bye yali ayogerako mu ngeri eya bulijjo – ng'ate era yali asinga bangi obulungi – naye Yesu yali ayogera ku bulungi mu ngeri ensukkulumu, ng'era Katonda lwe lupimo lw'obulungi obwo. Kale nno Yesu yali atulaga entegeera y'obulungi obw'emirundi ebiri etakwatagana era etafaanagana. Eyo y'ensonga lwaki mu Baruumi 3:12 wagamba nti tewali noomu mutuukirivu. Tusobola okweyisa obulungi n'okukola ebirabika ng'eby'obutuukirivu, naye tetusobola kuba balungi nga Katonda oba okuba abatuukirivu nga ye nga tuyita mu kufuba kwaffe. Okuwuumbawuumba ku bwonoonyi bwaffe kuwandikiddwa mu Baruumi 3:19-20, ewagamba nti:

"Tumanyi nga buli kyawandiikibwa mu mateeka, kyawandiikibwa ku lw'abo abafugibwa amateeka. Amateeka malambulukufu ku nsonga ezo, omuntu yenna aleme okwekwasa ensonga yonna, ate era ne Katonda okwongera okulaga ng'ensi yonna bwe yasobya. Kubanga tewali n'omu aliweebwa obutuukirivu mu maaso ga Katonda olw'ebikolwa by'amateeka. Mu mateeka mwe tutegeerera ddala ekibi.

Kale n'olwekyo ffena omusango gutusinga era tetusobola kwasamya kamwa kwewoozaako mu ngeri etegeerekeka. Amateeka g'Endagaano Enkadde n'enneeyisa Katonda gye yateeka ku buli mutima gwa muntu byali tebigenderera kutuyamba kufuna butuukirivu bwa Katonda. Amateeka gaatuweebwa kutulaga kibi kyaffe. Kino tusobola okukigeraageranya ku kyuma kya *ekisire* (x-ray). Bwe tugenda mu *ekisire* (x-ray) tuba tugenzeeyo okumanya ekituluma ekiri munda mu ffe, naye tetusuubira *ekisire* (x-ray) kutuwonya bulwadde. Naye bwe tutegeera ekizibu we kiva, olwo tusobola okufuna obujjanjabi obutuufu.

Okutegeera ekitabo ky'Abaruumi ensonga gye kizimba, kwe kukitegeera nti bwe tujja mu Baruumi 3:20 tubeera tuli bonoonyi ab'ebbaluwa era nga twasingisibwa dda omusango mu maaso ga Katonda. Omutume Pawulo atusiigira ekifaanayi ky'embeera yaffe gye twalimu eyali embi ennyo, ng'atulaga nti twalina ekizibu ate nga tetusobola kwerokola mu busungu bwa Katonda era nga tetusobola kwewonya kuva mu bubi nga tukola obulungi. Olwokuba twali tetusobola kweyamba, obuyambi twalina ku buggya walala!

## EKY'OKUDDAMU KYA KATONDA ERI EKIZIBU KYAFFE

Kikukakatako okusiima ebigambo ebiddirira mu Baruumi 3:21 ebigamba nti – *Naye kaakano*… ng'akozesa ebigambo ebikola entabiro, Omutume Pawulo alangirira amagezi Katonda geyasalira ekizibu kyaffe. Katonda tatulese mu nzikiza oba mu kusoberwa; Katonda tatulese kusasulira bibi byaffe nga twawukana naye olubeerera.

*Naye kaakano*…

Ebigambo bino nga birimu amakulu mangi! Katonda tatulese mu kusingisibwa musango. Ekizibu kyaffe Katonda akisalidde amagezi, naye kino tekiyise mu Ndagaano Nkadde oba mu kufuba oba mu kubeera bantu balungi. "Naye kaakano awatali mateeka obutuukirivu bwa Katonda, obutegeezebwa amateeka ne bannabbi, bulabisibwa; bwe butuukirivu bwa Katonda olw'okukkiriza Yesu Kristo Kristo eri bonna abakkiriza" (Abaruumi 3:21-22).

Tusobola okufuna obutuukirivu bwa Katonda, wabula nga butubalirwako bubalirwa olw'okussa okukkiriza kwaffe mu Yesu Kristo Kristo ng'omuntu eyatuukiriza ebyo Katonda bye yali yeetaaga ku lwaffe. Enkirangiriro kya kkooti ekituufula abatuukirivu mu maaso ga Katonda kiyitibwa okuweebwa obutuukirivu.

## AGULIRA OMULALA EKIRABO KIRINA KYE KIMUTWALIRA

Kaakati Katonda asonyiwa atya omuntu asingisiddwa omusango era amangwago n'amusembeza ng'ate akyakuumye embala ye ey'obwenkanya ku kibi? Kisoboka kitya okuweebwa obutuukirivu ku bwereere ng'ate Katonda ayagala ekibi kibonerezebwe na kufa? Olw'okuba nga twali tetusobola kulangirirwako butuukirivu olw'ebikolwa byaffe ebirungi, Katonda yali alina okukola kye tutayinza kwekolera. Tunuulira olunyiriri luno olukulu ennyo oluddirira, olugamba nti ffena twayonoona "…naye baweebwa obutuukirivu bwa buwa lwa kisa kye olw'okununulibwa okuli mu Yesu Kristo" (Abaruumi 3:24).

Olunnyiriri luno lutubuulira engeri aboonoonyi gye basobola okuweebwamu obutuukirivu. Nga bwe nannyonnyodde emabegako, okuweebwa obutuukirivu kitegeeza okulangirirwako obutuukirivu oba okukkirizibwa Katonda. Mu maaso g'amateeka ga Musa tetukyabalibwa ng'abamenyi baago. Mu mazima Katonda atulaba mu ngeri yeemu gy'alabamu Omwana we kennyini - atulaba nga tuli batuukirivu abatuukiridde bwe tuyimirira mu maaso ge.

Buli kigambo mu lunyiriri olwa 24 kikulu nnyo. Twaweebwa obutuukirivu "lwa buwa olw'ekisa kye." Bw'oba nga weetegereza bulungi, oyinza okwebuuza, nti lwaki ekigambo *lwa buwa (ku bwereere)* kikozesebwa? Kikozesebwa kubanga era ekigambo 'ekisa' kitegeeza ekirabo eky'obwereeere. Naye okwo si kuddiŋŋana mu bigambo? Ekyo kituufu. Naye okuddiŋŋana ebigambo mu Bayibuli emirundi egisinga kiba kitegeeza okukkaatiriza obukulu bw'ensonga eyo ebeera eyogerwako. Kale na wano Katonda akkaatiriza obukulu bw'okuba nti ekisa kye kya *bwereere ddala.* Tetusobola kukolerera kisa olw'okubeera abalungi ekimala oba olw'okukola ebintu ebirungi ebimala oba olw'obutakola bintu bibi.

Naye okuweebwa kwaffe obutuukirivu – obwo nga bwe bulokozi bwaffe obw'olubeerera – butuweebwa butya nga bwa bwereere ddala? Olunyiriri lwe lumu lutubuulira nti ekirabo ekyo kituweebwa ku bwereere kubanga waliwo eyakisasulira – ng'oyo ye Yesu Kristo. Ekigambo *okununulibwa* kyogera ku muwendo ogusasulibwa okusobola okusumulula omulala okuva mu busibe. Omuwendo ogwo si ffe twagusasula; gwasasulwa Yesu Kristo, Omwana wa Katonda. Obulamu bwe obutaalimu kibi bwe bwokka obwalina omuwendo ogukkirizibwa okusasulira ebibi bya buli muntu, olwo ne tusobola okusumululwa okuva mu musango gw'ekibi.

Yesu Kristo teyasikira kibi kyaffe kubanga ye yayingira mu lubuto ku lwa Mwoyo Mutukuvu era n'azaalibwa omukazi embeerera. Yatambulira mu bulamu obutuukiridde obutaliimu kibi. Bwe yafiira ku musaalaba y'eyali ssaddaaka etuukiridde eyali esobola okusasulira buli kibi, kakibe nga kyali kinene kitya. Yesu Kristo teyali bubeezi ssaddaaka etuukiridde kyokka, naye olw'okuba yali Katonda ayambadde omubiri, n'olwekyo yali ssaaddaaka ey'olubeerera esobola okukola ku buli muntu, wonna waali, ekiseera kyonna. Bwe yazuukira okuva mu bafu, teyakoma kweraga ng'Omugabi w'obulamu obutaggwaawo kyokka wabula era yeeraga nga ye kennyini bwe Bulamu.

Buli muntu agulira omulala ekirabo alina kyasasula, so si oli gwe bakiwa. Ekirabo ky'ekisa kirina gwe kyatwalira omuwendo. Ekirabo kino Katonda kyamutwalira Omwana we omu yekka. Eyo y'engeri ffe gye twakifunamu nga kya bwereere. Twalokolebwa obulamu bw'omuntu bwe twali tetusobola kutambuliramu era ne tulokolebwa okufa kwe ffe kwe tutaafa. Yesu Kristo yasasula ebbanja lye twali tutasobola kusasula. Yee, obulokozi bwaffe obutaggwaawo kirabo kya bwereere gye tuli kubanga Katonda yabusasulira ng'awaayo Omwana we omu yekka ku musaalaba.

Ekisa kitwewuunyisa – kitusaamaliriza – kubanga kya bwereere ddala era nga tekitusaanira wadde n'akamu. Ekisa si kyekintu kye tubeera tuteebereza okutubaako era si kwe kusaasira kw'obwakatonda okutateegerekeka kwe tuba tusuubira. Ekisa kwe kusonyiyibwa okujjuvu okw'omusango gw'ebibi byaffe era y'enkolagana empya Katonda gy'atuteerawo okukolagana naye. Enkolagana eno etwewuunyisa nnyo kubanga si ya bwenkanya gye tuli ffe abaali basaanira okufa okw'olubeerera ate okulokolebwa Oyo eyali tasaanira kufa n'akatono.

Ekisa kikwewuunyisizza? Kikusamaalirizza? Ensonga ogitegedde bulungi? Bwe kiba bwe kityo, kaakano ekyo kitegeeza nti ebintu obitegedde bulungi era otuuse okukkiriza ekintu ekirabika nga kirungi nnyo nga tekikkirizika kubeera kituufu – obwo bwe bulokozi bwaffe obutaggwaawo obutuweebwa olw'ekisa obusa.

## EBIBUUZO EBY'OKWEJJUKANYA

1. Onnyonnyola otya n'olaga enjawulo eri wakati w'obulamuzi bwa Katonda, okusaasira kwe n'ekisa kye?

2. Geraageranya entegeera yaffe eya bulijjo ku bulungi bw'omuntu n'omutindo gwa Katonda ogw'obulungi bwe.

3. Lwaki tetusobola kubeera balungi kimala okutuuka okusaanira obutuukirivu bwa Katonda?

4. Okuweebwa obutuukirivu kitegeeza ki era omuntu aweebwa atya obutuukirivu?

# ESSUULA 4

## TWALOKOLEBWA LWA KISA

Bayibuli terina ngeri gy'esobola ku kitangaaza kusinga wano nti – twalokolebwa lwa kisa. Tewali ngeri ndala gye tulokokamu. Kale kijja kitya abantu abalungi obutakkiriziganya ku makulu g'ekyawandiikibwa ekyo? Obutakkiriziganya bubaawo lwa kuba abantu eb'enjawulo balina endowooza ez'enjawulo ku kiki ekisa kye kitegeeza. Kale ekisa ekyangu bwe kitabulwatabulwa n'ebikolwa oba okusaanira kwaffe kirekeraawo okubeera ekisa. Waliwo abantu abayigiriza mu nsobi nga bagamba nti okulokolebwa olw'ekisa kitegeeza bino wammanga:

- Tuteekwa okukkiririza mu Yesu nga ye Mulokozi waffe era ne twewaayo gy'ali nga Mukama waffe.
- Tuteekwa okukkiririza mu Yesu ng'Omulokozi waffe era ne tusuubiza okumuweereza.
- Tuteekwa okukkiririza mu Yesu ng'Omulokozi waffe era ne tuva mu bibi byaffe byonna.
- Tuteekwa okukkiririza mu Yesu ng'Omulokozi waffe era ne twolesa obulamu obukyusiddwa.
- Tuteekwa okukkiririza mu Yesu ng'Omulokozi waffe era ne tugondera n'ebiragiro bye.
- Tuteekwa okukkiririza mu Yesu ng'Omulokozi waffe era ne tubatizibwa mu mazzi.

Bino byonna byogera nti "tuteekwa okukkiririza mu Yesu ng'Omulokozi waffe," naye olw'okuba nga byonna birimu ky'olina okusooka okukola oba okutuukiriza, ebyo bimaliriza biwakanya ekisa kya Katonda okubeera eky'obwereere. Tewali noomu asobola kulokoka bw'aba ng'agezaako okukolerera ekisa kya Katonda okufuna Obulokozi. Obulokozi bwe tufuna olw'ekisa kitegeeza nti ekintu kyokka kye tulina okukola okubufuna kwe

kutwala ekyo ekituweereddwa nga tetukitaddeeko bukwakkulizo bwonna. Awo okukkiriza wekujjiramu. Okukkiriza ky'ekikozesebwa kye tweyambisa okufuna ekirabo kya Katonda eky'Obulokozi obw'olubereera.

## KISA, SO SI BIKOLWA

Katutandike n'ekigambo kino ekyogera ku kisa n'obulokozi – Mu Abaefeeso 2:8-9: wagamba nti "kubanga mwalokoka lwa kisa, lwa kukkiriza; so tekwava gye muli, kye kirabo kya Katonda, tekwava mu bikolwa, omuntu yenna aleme okwenyumirizanga."

Waliwo eby'okwetegereza ebiri wano wammanga:

1. Ekisa kya Katonda ky'ekitulokola;
2. Okukkiriza kwe tukozesa okufuna ekisa ekyo;
3. Ekisa ekyo tekisubuka mu ffe;
4. Obulokozi bwe tufuna okuyita mu kukkiriza kiba kirabo okuva eri Katonda;
5. Obulokozi bwe tufuna olw'ekisa okuyita mu kukkiriza tebutuweebwa lwa bikolwa byaffe ebirungi;
6. Omuntu singa asobola okukolerera obulokozi, ekyo kyandimuleetedde okwewaana oba okwenyumiriza, nga kino kitegeeza omuntu okubba ekitiibwa kya Katonda.

Mu mboozi eno egamba nti, "so tekwava gye muli, ky'ekirabo kya Katonda," ekigambo *tekwava* ne *kye* bitusiigira ekifaananyi ekijjuvu nti "obulokozi bufunibwa lwa kisa kya Katonda eky'obwereere okuyita mu kukkiriza." Ebigambo ebyo tebyogera ku *kisa* kyokka oba *okukkiriza* kwokka, kubanga bw'oba olowooza bw'otyo obeera olina okukyusa engeri gye kyawandiikibwamu mu lulimi olwasooka.[1] Obulokozi buno tebusibuka mu ffe, kubanga mu ffe temuli kintu kisaanira kuweebwa kisa kya Katonda. Singa twali tusobola okubaako kye tukola okusaanira ekisa ekyo, gamba ng'okukola ebikolwa ebirungi, twandyenyumirizza (twandyewaanye) ng'olunyiriri bwe lugamba. Naye ekyo kirowoozeeko – nga twewaanira ku Katonda atuwadde Omwana we omu yekka. Mu ngeri endala twalibadde tugamba nti Omwana wa Katonda yali tamala kutuweesa bulokozi, nga tugamba nti omuwendo ogwasasulwa gwali mutono okusinga kw'ogwo ffe gwe twalyesasulidde. Okwo kwalibadde kutyoboola Katonda! Teebereza okutyoboolebwa kwe wandiwulidde singa watunda ebintu byo byonna

okujjayo mukwano gwo mu kkomera, kyokka oluvannyuma n'omuwulira nga yeewaana nti baamutadde lwa kukola nnyo n'okweyisa obulungi mu kkomera. Ekirabo kyo gy'ali abeera akinyoomye, nga n'ekisa kyo gy'ali takirabyemu kaabuntu. Naye kaakano teebereza bwe wandiwulidde singa omuwendo gwe wamusasasulira okuvaayo kwali kuwaayo mwana wo mu yekka!

Olunyiriri luno lutukakasiza ddala nti ekisa kya Katonda ky'ekirabo kye ky'atuwa nga tekitugwanira n'akamu. Singa ekisa kye twali bakukikolerera, oba okukiramuza oba okubaako obunyiikivu bwe tukola oba obuwulize okukifuna, kyalibadde tekikyali kisa. Ekyo kituleka n'ekyokukola kimu kyokka – tuteekwa kukkiriza Katonda okufuna ekirabo kye. Ekyo, okukkiriza kwe kikola – okukkiriza kutwala butwazi ekirabo eky'obulamu obutaggwaawo obwo Katonda bw'atuwa okuyita mu mulimu Omwana we Yesu gwe yakola.

Kaakati okiraba nti okufuna ekisa kikwetaagisa okujja eri Katonda ng'oli ngalo nsa oba nga tolina ky'okutte. Tetulina kye tuleeta, tetulina kye tuwa Katonda okutuwa ekirabo era n'ekirabo kye tetusobola kukisasulira. Omukono omwereere ogugoloddwa ky'ekifaananyi ekirungi eky'okukkiriza. Omukono omwereere teguba na kya kuwaayo; wabula gusobola kufuna bufunyi ekyo kye baguwa. Kale, obwo bwe bulokozi. Tufuna obulamu bwa Katonda obutaggwaawo nga tukkiriza bukkiriza nti ekisuubizo kye gye tuli ky'amazima bwe tukikkiriza – nti buli akkiririza mu Yesu Kristo afuna obulamu obutaggwaawo. Ekisa si ky'ekintu kye tukolerera, wabula ky'ekintu kye tuweebwa obuweebwa.

## OKUKKIRIZA KYE KUTEGEEZA

Okukkiriza ly'erinnya eriva mu kigambo ky'Oluyonaani ekitegeeza "okukkiririza mu kintu." N'olwekyo okukkiririza mu kintu kyekimu n'okubeera n'okukkiriza mu kintu. Katwongere okutangaaza ekigambo kino 'okukkiririza mu kintu' kye kitegeeza. Okukkiririza mu kintu kitegeeza nti tubeera tunnyonnyose era nga tumatidde nti ekyo kye tuliko ky'amazima. Tetusobla kukkiririza mu buli kintu, ekintu ekimu tukikkiririzaamu oba ne tugaana okukikkiririzaamu.

Katuwe eky'okulabirako; singa omuntu akubuuza nti, "Okkiriza nti ttaano bw'ogattako kkumi na ttaano zenkanankana abiri?" Ekisooka, oyinza okuddamu nti, "Yee, wewaawo nkikkiriza." Ekyokubiri, oyinza okuddamu nti, "Nedda, ekyo

sikikkiriza." Ekyokusatu; oyinza okugamba nti, "sikikakasa." Singa obeera tokikakasa, olwo ekyo kitegeeza nti tonnakikkiririzaamu kubeera ky'amazima.

Eky'okulabirako ekirala kiikino: Essente z'obupangisa ezikubanjibwa bazeetaaga obutasssuka kiro kya leero oba si ekyo enju bagikugobemu, wabula akawunti yo nkalu. Bwe nkusisinkana ne nkugamba nti ku akawunti yo nkuteereddeko ssente ezikumala okusasula ebbanja ly'enju era oli wa ddembe okuwandiikira nannyini nju (*landiroodi*) ceeke n'omusasula. Bino by'ogenda okukola: Ekisooka; ogenda kunzikiririzaamu era owandiikire *landiroodi* ceeke. Ekyokubiri; togenda kunzikiririzaamu era togenda kuwandiikira *landiloodi* ceeke. Ekyokusatu; byenjogera tokakasa nti by'amazima. Singa obeera obuusabuusa bye nkugambye, obeera musirusiru okuwandiikira nannyini nju ceeke, kubanga bwe mba nga byenjogera si by'amazima ceeke eggya kubuuka amacco era enju bagenda kugikugobamu. Enjawulo eri mu butya bwe weesiga ebigambo byange. Bw'oba ng'ontegeera bulungi ekimala nti ndi muntu mwesimbu, oggya kukkiriza ebigambo byange. Naye bw'obeera tontwala kuba mwesimbu, tojja kukkiriza bigambo byange. Bw'oba nga tontegeera bulungi, okuwandiika ceeke oggya kuba ng'azzannya zaala, era bw'oba n'olukisakisa eyinza obutabuuka macco bw'otyo ebbanja n'oliwona.

Bwe kituuka ku bulokozi, tuteekwa okukkiriza ekisuubizo kya Katonda nti ky'amazima, era nti bwe tukkiririza obukkiririza mu Mwana we n'ekyo kye yatukolera (bwe yafiirira ebibi byaffe era n'azuukira mu bafu), bw'atyo n'atuwa obulamu obutaggwaawo. Katonda yeesigika nnyo nnyini ddala era mwesigwa eri ebisuubizo bye gye tuli.

## KKIRIZA BUKKIRIZA, EKYO KYOKKA KY'OBA OKOLA

Emyaka ng'enkumi bbiri (2000) egiyise omukuumi w'ekkomera eyali atidde yabuuza ekibuuzo ng'ayagala kuddibwamu mu bwangu: "Ba ssebo, nkole ki okulokolebwa?" Omutume Pawulo yamuddamu buzzi nti, "Kkiriza Mukama waffe Yesu, onaalokoka" (Ebikolwa 16:30-31). Okuva kw'olwo Abakristaayo bazze nga bakubagana empawa kw'ekyo Pawulo ky'eyaddamu omukuumi w'ekkomera ono.

Ewatali kubuusabuusa, Pawulo yali agamba omukuumi nti, "Kkiririza mu Yesu kubanga oyo y'alokola – Yesu, ye Mulokozi." Ayogera ku Yesu Kristo ng'amuyita *Mukama,* kino kitulaga obwakatonda bwa Yesu, naye era *Mukama* linnya eriraga ekitiiibwa kye. Omukuumi w'ekkomera yakozesa ekigambo ky'Oluyonaani kyekimu ekiyitibwa "Ba ssebo" ng'abuuza Pawulo ne Siira mu ngeri ey'okubassaamu ekitiibwa.[2]

Omukuumi w'ekkomera *yali yeetaaga* bwetaazi okukkiriza nti Yesu ye yali atudde mu bwakatonda ayinza okumulokola. Newakubadde byonna ebyaliwo kw'olwo tebimanyiddwa, naye kiraga nti Pawulo ne Siira babuulira omukuumi w'ekkomera ku ngeri Yesu gy'awaamu abantu Obulokozi okuyita mu kufa kwe n'okuzuukira kwe, obwo nga bwe bwali obubaka Abakuristaayo (Abalokole) bwe babuuliranga.[3] Okulokoka, omukuumi w'ekkomera yali alina okukkiriza ekisuubizo kya Yesu nti ky'amazima olw'ekyo Yesu ky'ali ne kye yakola.

Naye era omukuumi yali yeetaaga kukkiriza *kwokka*. Ekyo kitegeeza nti; yali teyeetaaga kukolayo kintu kirala kyonna – si kukola bikolwa birungi, si kukwata mateeka, si kwetereeza okubaako by'ofuna, si kubaako by'asuubiza. Omukuumi yali teyeetaaga kubaako ky'agatta ku kukkiriza kwe okufuna ekisuubizo kya Katonda n'obugabirizi bwe. Okukkiriza kwe okwangu kw'ali kumumula okuweebwa ekirabo kya Katonda eky'Obulokozi.

Wano abantu bangi we babulira mu ntegeera yaabwe ku kisa. Bo bagamba nti ekisa kiteekwa okukolererwa okusobola okukifuna, nti era n'olwekyo okukkiriza kuteekwa okubaamu ebikolwa oba okukakasibwa n'ebikolwa. Oba ne bagamba nti okukkiriza kukwetaagisa okweweerayo ddala eri Yesu okuba nga ye Mukama w'obulamu bwo, oba nti okukkiriza, kwe kwewaayo kwetukola eri Katonda. (Endaba y'ekisa eno enkyamu tugenda kugyogerako mu ssuula eddirira.) Endowooza ezo tuziraba nga nkyamu bwe tumala ne tutegeera amakulu g'ekisa. Tulokolebwa lwa kisa kyokka okuyita mu kukkiriza kwokka mu Kristo Yesu yekka.

Okulokolebwa olw'ekisa kitegeeza nti tukkiriza ekisuubizo kya Katonda eky'obulamu obutaggwaawo okusinga okugezaako okubukolerera oba okubaako engeri gye tuyiiyamu okubufuna. Obulokozi bwetufuna olw'okukkiriza kitegeeza nti tetulina kye tuleeta eri Katonda okujjako ekibi kubanga tubeera tukkiriza ebisuubizo bya Katonda nti by'amazima. Ekisa tekirina kkubo ddala lyonna mwe kiyita wabula ery'okukkiriza. Okulokolebwa olw'ekisa obusa kitegeeza nti tuweebwa ekisuubizo kya Katonda nga tuyita buyisi mu kukkiriza.

EBIBUUZO EBY'OKWEJJUKANYA

1. Nnyonnyola embala y'ekirabo kino eky'ekisa. Ekintu ddi lwe kikoma okubeera ekirabo eky'obwereere?

2. Lwaki obulokozi butuweebwa kuyita mu kukkiriza kwokka?

3. Bizibu ki ebiva mu kwesigama ku bikolwa byaffe okufuna obulokozi?

4. Okubuulira kw'enjiri okw'ennaku zino okumu kubuzaabuza kutya oba kutabulatabula kutya enjigiriza ya bayibuli ey'obulokozi obutuweebwa olw'ekisa okuyita mu kukkiriza?

# ESSUULA 5

## EKISA EKIWUNIIKIRIZA

Kiba kyangu okukitegeera nti obulamu obutaggwaawo omuntu bumuweebwa ku bwereere ddala bw'akkiriza ekisuubizo kya Katonda. Naye era na kino waliwo abatakkaanya nakyo. Enjigiriza egamba nti obulokozi kiba kirabo kya bwereere ewakanyizibwa abantu abatategeera bulungi kisa kya Katonda. Abalokole abamu n'abantu abalala ab'eddiini ez'enjawulo boogera ku kisa, naye ne boonoona amakulu gakyo. Kale nno kikulu nnyo okwegendereza nga twogera ku kisa kino ekyewuunyisa ennyo ekibuzaabuza abamu. Tugenda kulaba wano wammanga ebintu ebitali bituufu ebyogerwa ku kisa n'engeri gye bikosaamu entegeera yaffe ku bulokozi obw'olubeerera obutaggwaawo. Oboolyawo wali osisinkanyeeko abamu ku bano nga boogera ku kisa era nga bagamba nti:

### EKISA KYA BBEEYI NNYO

Abantu abamu boogera ku kisa ekitulokola okubeera eky'ebbeeyi ennyo. Ky'amazima nti obulokozi bwaffe bwa bbeeyi…eri Katonda – kubanga kyamwetaagisa okuwaayo Omwana we omu yekka okutulokola. Naye abamu balowooza nti olw'okuba ng'obulokozi bulungi nnyo ng'ate ne Katonda yabusasulira kinene nnyo nti kale n'olwekyo naffe tuteekwa okusasula omuwendo okusobola okweyagalira mu miganyulo gy'obulamu obutaggwaawo. Kino kireetawo endowooza egamba nti Katonda tagenda kutulokola okujjako nga tumwewadde, ne tusuubiza okumuweereza n'okuweerayo ddala obulamu bwaffe eri ye oba okubaako omuwendo gwe tusasula. Mu ngeri endala balowooza nti obulokozi bwabwe *bwabatwalira* omuwendo mungi okubufuna. Oluusi kyogerebwa nti tulina okufuula Yesu Kristo okubeera Mukama w'obulamu bwaffe oba okumuteeka ku "nnamulondo" y'obulamu bwaffe okusobola okulokoka. Newakubadde ng'ebintu ebyo bisuubirwa okukolebwa omukkiriza,

okubisaba atali mukkiriza okubikola alyoke aweebe obulokozi tekikwatagana na kisa Bayibuli kyeyigiriza. Singa Katonda ekisa akituwa nga tumaze kubaako bukkwakkulizo bwe tutuukirizza, olwo ekyo kiba tekikyali kisa. Nga bwe twakirabye edda, Bayibuli etunnyonnyola bulungi n'emalayo embala y'ekisa kya Katonda ng'etulaga nti ekisa kye tekiriiko bukkwakkulizo. Ekisa tetukisasulira muwendo; kituweebwa buweebwa ku bwereere!

## EKISA EKYA LAISI

Ekigambo *ekisa ekya laisi* oba *ekyejjejeero* olw'olumu kikozesebwa mu ngeri ey'okunafuya enjigiriza egamba nti ekisa kya bwereere. Okufaananako n'abayigiriza nti *ekisa kya bbeeyi nnyo*, bwe batyo n'abayigiriza nti *ekisa kya laisi* nabo Bayibuli tebawagira. Gye tuli ekisa si kya bbeeyi era si kya laisi; wabula kituweebwa ku bwereere. Abo abayigiriza nti ekisa kya bwereere beebo abayigiririza ddala ekyo Bayibuli kyesomesa. Bayibuli eyogera kw'abo abagaya n'abakozesa obubi ekisa kya Katonda, era mu ngeri eyo basobola "okunafuya" omuwendo ekisa gwe kirina mu bulamu bwabwe. Naye abo ababuulira nti obulokozi obutaggwaawo bwa bwereere baba tebanafuya kisa kya Katonda n'akamu n'akatono. Ekisa okubeera eky'obwereere ddala ekyo tekinafuya Katonda oba obulokozi bwe. Wabula ate kimugulumiza olw'okwagala kwe okutannyonnyolekeka era kino n'ekituleetera okusinza okw'amazima n'okubeera mu bulamu bw'obwakatonda obwa nnamaddala. Ekisa si kya bbeeyi okufuna era si kya laisi okutuweebwa oba si kizibu; ekisa kyangu okutegeera era kya bwereere.

## OKUKKIRIZA – OKWANGUNGU

Ekigambo *okukkiriza-okwangungu* nakyo kikozesebwa mu ngeri ya lujeregerero okuvumirira abo abayigiriza nti obulokozi ky'ekirabo kya Katonda ky'agabira obwereere. Abawakanya kino bagamba nti bwe tuyigiriza nti obulokozi tubufuna lwa kisa kyokka okuyita mu kukkiriza kwokka mu Kristo yekka ewatali bisaanyizo oba ebikolwa byaffe, nti kino kituleetera okweyisa obubi ne tuvumaganya ekisa kya Katonda. Erinnya lye batuuma okuyigiriza kuno si ttuufu n'akamu kubanga *okukkiririza* si kyangu nnyo.

- Si kyangu nnyo okukkiriza nti ndi mwonoonyi asaanira okwawukana ne Katonda olubeerera.
- Si kyangu nnyo okukkiriza nti sirina kye nsobola kukola okwerokola okuwona omusango ogw'olubeerera.

- Si kyangu nnyo okukkiriza nti Katonda yafuuka omuntu, n'abeera mu bulamu obutuukiridde, n'attibwa ate n'azuukira okuva mu bafu.
- Si kyangu nnyo okukkiriza nti obulamu obwaweebwayo emyaka 2000 egiyise busobola okusasulira ebibi byange eby'olwaleero.
- Si kyangu nnyo okukkiriza nti Katonda anjagala nnyo ate nga mugabi nnyo era ng'asobola n'okumpa obulamu obutaggwaawo ng'ekirabo eky'obwereeere.

Si *kyangu* okukkiriza! Naye nga *kisoboka* okukkiriza, kubanga waliwo akakkwakkulizo kamu kokka – kwe kukkiririza mu kisa ky'obugabirizi bwa Katonda n'ekisuubizo kye gye tuli.

EKISA EKIYAMBIBWAKO

Eddiini ezimu zoogera nnyo ku kisa, naye nga bategeeza obuyambi bwa Katonda bw'ayongera ku kufuba kwaffe. Bano ekisa bakitwala okuba nga bwe buyambi obw'omwoyo Katonda bw'ayongera ku bikolwa byaffe ebirungi oba ku kwewaayo kwaffe. Eky'okulabirako; Obukatoliki bw'e Rooma buyigiriza nti Katonda awa ekisa abo abatuukiriza amasakalamentu omusanvu, omuli – Batismu, Wukaristiya, Penitensia, Konfirimansiyo, Matrimunyo, Orodiini ne Kusiigibwa kw'Abalwadde. Bano beeyongera okuyigiriza nti eky'okuteeka okukkiriza kwokka mu kisuubizo kya Katonda tekisobola kulokola muntu noomu. Kale mu mbeera eno, olw'okuba ng'okutuukiriza amasakramentu kwe kwetaagisa omuntu okufuna obulokozi, ekyo kiba kitegeeza nti ekisa kya Katonda kiba tekimala kutulokola. Bano bayigiriza nti tuteekwa okukolagana ne Katonda nga tukola ebikolwa ebirungi, olwo n'alyoka "atuwa" ekisa ekyetaagisa okulokoka. Osobola okukiraba nti kye bayigiriza tekibeera kisa n'akamu, kubanga ekyo tubeera tukikoleredde okuyita mu bikolwa byaffe.

EKISA EKITAMALA

Eddiini ezimu zoogera bulungi ku kisa naye nga kye bategeeza kiri kimu kyokka nti kwe kuganja kwaffe eri Katonda oba ekisa kye gye tuli. Eno y'engeri Abagoberezi ba Yakuwa (*Jehovah's Witnesses*) gye bategeeramu ekisa era bwe batyo bwe bakinnyonnyola. Bayigiriza nti Katonda wa kisa era atusaasira nti era agenda kutusasula obulokozi olw'ebikolwa byaffe ebirungi n'obuwulize bwaffe bwe twayolesa nga tuli ku nsi wano. Katukiddemu; ekisa kiba tekikyali kisa bwe kiba nga kifunibwa lwa kufuba kwaffe. Ab'enzikiriza eya ba 'Mmomoni'

(Church of Jesus Christ Of Latter Day Saints) bo bagamba nti ekisa kiringa eddaala lye baweereza mu kinnya ne likka wansi okuyamba abantu okulinnyirako baveeyo nga bakozesa amaanyi gaabwe. Mu ndaba yaabwe, ekisa gwe mwagaanya oba bwe busobozi obutuyambako okwerokola. Newakubadde ng'ekisa kwe kusaasira kwa Katonda gye tuli, naye kisingawo nnyo kw'ekyo. Ekisa y'engeri *enzijuvu* Katonda gy'atuyambamu, wabula si kutuyambako buyambi. Ekisa kya Katonda kimala okutuukiriza buli kyetaago kyaffe kye tulina, nga kitandikira ku bulokozi.

EKISA EKITUWA EBBEETU

Abantu abalina endowooza eno ku kisa bayigiriza nga bagamba nti, "Olw'okuba ng'ekisa kya bwereere, kale nti bwe tumala okulokoka tusobola okukola buli kye twagala – ekisa nga ky'ekituwa olukusa oba ebbeetu okwonoona." Kuno kuba kukyamya ekyo Bayibuli ky'eyigiriza ku kisa eky'obwereere. Wewaawo, kituufu nti ekisa kya bwereere era kituufu nti tetulina kye tusobola kukola ekiyinza okutuggyisaako obutuukirivu bwe twaweebwa mu maaso ga Katonda olw'ekisa. Bwe kiba nga bye tukola si by'ebitulokola era bwe kityo tetusobola kubula (kugwa) olw'ekyo kye tukola (oba kye tutakola). Naye Bayibuli eyigiriza nti ekisa kitufuula abantu ab'obuvunaanyizibwa era kituyigiriza okutambulira mu buwulize. Bwe tuteeyisa ng'abobuvunaanyizibwa oba abawulize tufuna ebizibu mu bulamu buno ne mu buli obuddako (soma essuula 9). Newakubadde ng'Abakkiriza tebakyafugibwa mateeka ga Ndagaano Nkadde, naye mu Ndagaano Empya tulina "etteeka lya Kristo" n'ebiragiro ebirala bingi ebyogera ku bulamu obuweesa Katonda ekitiibwa.

Abantu abategeera obulungi ekisa era nga basiima omulimu gwe kyakola okubalokola tebaagala kukivumaganya, wabula banyumirwa okutambulira mu bulamu obuweesa Katonda ekitiibwa. Ekisa y'ennono ey'omutindo ogwa waggulu ennyo gye tukozesa mu bulamu, era ekisa bwe kitegeerekeka obulungi ne tukissa mu nkola, kituyamba okutambulira mu bulamu obuweesa Katonda ekitiibwa. Bayibuli etukubiriza obutakozesa ddembe lyaffe kwonoona, naye okulikozesa okuweereza Katonda n'okuyamba abalala.[1] Olw'okuba nga tukubirizibwa okukozesa obulungi ekisa, kino kitegeeza nti okukozesa obubi ekisa kya Katonda gye kuli eyo mu bantu abamu era nga n'abantu abalala bonna bwe bayinza okukemebwa okukikozesa obubi.

EKISA N'OKWENENYA

Ekigambo *okwenenya* emirundi mingi kikozesebwa bubi abantu bwe babeera bannyonnyola ku mbeera y'obulokozi. Ekigambo ky'Oluyonaani omuva ekigambo *okwenenya* kikolebwa nga kiva mu bigambo bibiri ebitegeeza "ekirowoozo ekikujjira oluvannyuma lw'okwefumiitiriza" oba "okukyusa endowooza." Kino kiraga okukyuka okw'omunda, okukyusa endowooza oba omutima, ekivaamu enneeyisa y'omuntu erabwako okukyuka. Bwe twogera ku kwenenya okutambulira awamu n'obulokozi, eyo y'enjogera eya bulijjo ennyonnyola endowooza ekyusiddwa omuntu bw'akkiriza enjiri. Omusajja oba omukazi atali mulokole atandikira mu kulaba bwetaavu bwa kulokoka oba mu kukitegeera nti obuyambi bwa Katonda n'ekisuubizo ky'obulamu obutaggwaawo abyetaaga, ekyo bw'akitegeera, olwo nno n'alyoka akikkiriza. Mu mbeera eno amakulu g'okwenenya gatambulira wamu n'okukkiriza ng'akakkwakkulizo k'obulokozi. Bwe tweyambisa okwenenya mu ngeri bw'etyo, olwo tewabaawo kukubagana mpawa ku kisa kya Katonda okuba nga kyabwereere. Naye abantu bangi mu bukyamu bakkiriza nti obulokozi buweebwa omuntu ng'amaze okulekayo ebibi bye byonna, newakubadde nga tewali kyawandiikibwa kinnyonnyola nti okwenenya kutandikira ku nneeyisa omuntu gy'ayolesa mu mpisa ze. Ekyo si bwe kiri, okwenenya kwe kukyusibwa kw'omuntu okw'omunda mu mutima gwe okwogerwako emirundi emingi mu Ndagaano Empya. Eky'okulabirako; Yokaana omubatiza agamba Abafalisaayo nti, "Mubale bibala ebisaanira okwenenya."[2] Wano tulaba enjawulo eri wakati w'okwenenya okw'omunda n'enneeyisa y'okungulu erabibwako gye kuleeta. Singa okwenenya tukutegeera ng'okulongoosa kw'enneeyisa oba okulekeraawo okwonoona omuntu *n'alyoka* alokoka, ekyo kiggyawo ekisa kya Katonda ekituweesa obulokozi okubeera nga kya bwereere.

EKISA N'OKUBATIZIBWA

Waliwo abayigiriza nti okulokoka omala kusooka kubatizibwa. Singa kino kyali ky'amazima, olwo obulokozi bwandibadde bufunibwa lwa kakkwakulizo ak'okusooka okutuukiriza ekikolwa ekirabika. Okubatizibwa kikulu, kubanga kiraga abalala nti oli mulokole, ekitegeeza omuntu eyalokolwa olw'ekisa. Okubatizibwa kabonero kakulu akoku ngulu akalabika akakyikirira amazima ag'ebyomwoyo. Naye wadde nga kikulu, okubatizibwa mu mazzi kwalagirwa

kukolebwa kw'abo abamaze okulokoka, era nga si kakkwakkulizo ka kufuna bulokozi. Singa okubatizibwa ke kaali akakkwakkulizo omuntu katuukiriza okufuna obulokozi, kino kyalibadde kiwakanya ekisa okubeera eky'obwereeere.

EBIKOLWA N'EKISA

Waliwo abantu abagwa mu ttuluba ery'abalowooza nti ekisa ekirokola kyesigamye ku bikolwa by'omuntu by'akola. Bano bagamba nti ekisa kiweebwa abo bokka abagondera Katonda oba abamusuubiza okumugondera. Kale ffe abakkiririza mu kisa okuba eky'obwereeere kino tukiyita "okutikka obuzito mu maaso g'enjiri." Abalala bagamba nti ekisa kiweebwa abo bokka abeekakasa obulokozi bwabwe nga bakola n'ebikolwa ebirungi; kino tukiyita "okutikka obuzito emabega w'enjiri." Abamu bagamba nti ebikolwa ebirungi ebyogerwako si by'ebikolwa ebiruήήamizibwa ekikula kyaffe eky'ekibi [ffe okufuna obulokozi], naye olw'Omwoyo akolera mu ffe. Wabula Bayibuli bwegaana ebikolwa ebirungi okubeera akakkwakulizo k'obulokozi teyawula mu bikolwa bino. Ebikolwa ebirungi byonna ng'obigasse wamu Katonda yabigaana okubeera ekisaanyizo ekituweesa obulokozi. Omugaso gw'ebikolwa ebirungi mu bulamu bw'omukkiriza amaze okulokoka gugenda kwogerwako mu ssuula ey'omunaana (8).

Abantu bangi baddidde ennono y'ekisa ennyangu ne bagizibuwaza, olwo ebintu ne babitabulatabula nga babikyamya okuva kw'ekyo Bayibuli ky'eyigiriza. Twagala okunywerera kw'ekyo Bayibuli ky'eyigiriza nti ekisa kya bwereeere. Obulokozi tubufuna lwa kisa busa okuyita mu kukkiriza. Ekyo kitegeeza nti obulokozi kirabo kya bwereeere omuntu ky'alina okukkiriza obukkiriza n'akitwala. Enjigiriza ey'ekisa okuba nga kyabwereeere si nzibu kutegeera, era olw'okubeera ennyangu ennyo abantu bangi balemererwa okugitegeera. Wabula ng'ate kikulu nnyo okukimanya nti Katonda yekka y'asobola okutuwa obulokozi. Obulokozi okutuweebwa olw'ekisa kiddiza Katonda ekitiibwa so si ffe. Mu magezi gaffe ag'obuntu tugezaako okwewala ekisa eky'obwereeere nga tufuba okubaako bye tukola tulyoke tuwulire nga tusaanira okuweebwa obulokozi. Naye eky'amazima Katonda obulokozi abutuwa ng'ekirabo eky'obwereeere, olwo nno n'alyoka yeesigaliza ekitiibwa ekimusaanira.

EBIBUUZO EBY'OKWEJJUKANYA

1. Oyinza otya okuwakanya endowooza ezigamba nti; *ekisa kya bbeeyi*, *kya laisi* oba *okukkiriza – okwangungu?*

2. Obulokozi obutuweebwa olw'ekisa bwetaaga obuyambi bwaffe oba ffe okubaako kye tukolawo okubufuna? Kinnyonnyole.

3. Nnyonnyola engeri obutategeera kwenenya kye kutegeeza bwe kiyinza okuwakanya obulokozi obutuweebwa olw'ekisa.

4. Omugaso gw'okubatizibwa gwe guliwa bwe kituuka ku bulokozi?

# ESSUULA 6

# TUKUUMIBWA KISA

Bw'oba nga tokkiririza mu kya bulokozi bwo okuba nga bukuumibwa gguluggulu (bunywevu ddala), kitegeeza nti tonnaba kukula mu kisa kya Katonda. Nyinza ntya okwasanguza ekigambo ekyenkanaawo? Kubanga enkolagana yo ne Katonda bw'eba nga terina bukuumi oba nga teyesigika, nga tenywezebwa mu kisuubizo kye ekitaliiko bukwakkulizo, olwo ekiba kisigaddeyo kwe kufuba kwo okutatuukiridde okusobola okusigaza obulokozi, ng'ate okufuba kwo tekusobola kukuwa bukakafu nti obulokozi bwo buli gguluggulu.

Okuba n'obukuumi kitegeeza nti obulokozi bwaffe obw'olubeereera tetusobola kubufiirwa oba tebusobola kusazibwamu olw'ebyo bye tukola oba bye tutakola. *Tebusobola kusazibwamu*. Bwe kiba nga tetulokolebwa olw'ebyo bye tutuukiriza oba bye tutatuukiriza, kitegeeza nti tetusobola kufiirwa bulokozi bwaffe olw'ebyo bye tukola oba bye tutakola.

Eri abo abategeera obulungi ekisa n'ebibala byakyo balina obuvumu nti obulokozi bwabwe buli gguluggulu tewali kibuggyawo. Olw'okuba nti obulokozi bwaffe bwesigamye ku kisuubizo kya Katonda, so si ku bikolwa byaffe, era olw'okuba ng'obulokozi kirabo ekituweebwa ku bwereere nga tekitusaanira era nga si kyekintu kye tukolerera, ekyo kitegeeza nti tulina obukuumi obw'olubeerera. Ekisuubizo kya Katonda kinywerera era tasobola kulimba. Mu Baruumi 3:4 wagamba nti; "Katonda abeera w'amazima, buli muntu ne bw'aba omulimba." Mu Timoseewo Ekyokubiri 2:13 wagamba nti, "Bwe tutabeera beesigwa, ye abeera mwesigwa, kubanga tayinza kwegaana ekyo ky'ali." Mu njogera endala oyinza okugamba nti ne bwe twandyegaanye enkolagana yaffe ne Yesu Kristo (ng'omutume Peetero bwe yakola), Katonda asigala akyali mwesigwa eri ekisuubizo kye eky'okutuwa obulokozi bwe.

## EKIZIBU EKISAASANIDDE ENSI YONNA

Tulina abantu abalungi okwetoloola ensi yonna, oboolyawo nga balokole balungi, naye nga tebakkiririza mu kyakubeera balokole olubeerera. Bano babeera bakkiriza nti basobola okufiirwa obulokozi bwabwe essaawa yonna, wabula endowooza eno

ebakosa mu ngeri eziwerako. Newakubadde ng'Abakkiriza abamu endowooza yo tebamalaako mirembe wabula abalala babeera mu kutya nga tebamanyi kinababeerako nga bavudde mu bulamu bw'esi eno. Eky'okuba nga balowooza nti Katonda ayinza okusazaamu enkolagana yaabwe nabo kibatawaanya nnyo mu birowoozo era ne kibaleetera okweyisa obulungi, okuweereza mu kkanisa, era ne bakola byonna ebyetaagisa okwekakasa n'okukakasa abalala nti ddala baalokoka. Wabula era ebirowoozo by'okubuusabuusa obukuumi bw'obulokozi bwabwe bisigalawo kubanga era ebikolwa byabwe ebirungi byonna bibeera tebituukiridde buli kiseera.

Abakkiriza abalowooza nti omuntu ayinza okufiirwa obulokozi bwe bawakanya nnyo okuyigiriza okugamba nti omuntu tasobola kufiirwa bulokozi bwe. Ndabye okukubagana empawa kungi buli lwe tuba twogera ku nsonga eno. Abawakanya nti omuntu talina bukuumi bwa bulokozi obw'olubeerera batera okubijweteka nga bagamba nti: "Singa oyigiriza abantu nti tetusobola kufiirwa bulokozi, olwo abakkiriza bagenda kukola buli kimu kye baagala. Bajja kuba balina ebbeetu ery'okwonoona." Nkizudde nti abantu abalowooza bwe batyo bambi babeera bantu balungi era ng'ekyo bakyogera olw'ekigendererwa ekirungi nga baagala abalokole batambulire mu bulamu obuweesa Katonda ekitiibwa.

Endaba y'ebintu eno egamba nti abakkiriza tebasobola kufiirwa bulokozi bwabwe oluusi bagiyita "Bw'omala n'olokoka, osigala oli mulokole lubeerera." Newakubadde ng'enyinnyonnyola eyo ntuufu naye abantu bangi nnyo bagikozesa mu ngeri ey'olujeregerero n'ekireetera abantu okuwulira obulungi oba obubi mu kifo ky'okukubaganya ebirowoozo ku nsonga eno okumanya amazima. Katukirowoozeeko nga tuvudde mu kukuba obukubi empaka. Eky'okulabirako, singa obulokozi bwaffe obw'olubeerera tusobola okubufiirwa, ebibuuzo ebikulu birina okubuuzibwa:

- Bibi ki ebireetera omuntu okufiirwa obulokozi bwe? Olukalala olubinnyonnyola mu Bayibuli lusangibwa wa?
- Omukazi amanya atya ng'afiiriddwa obulokozi bwe?
- Omuntu addamu atya okulokoka nate? Akkiriza bukkiriza? Akkiriza ki, kubanga abeera yamala dda okukkiririza mu Kristo bw'aba nga ddala yalokoka. Ateekwa kusooka kulekayo bibi? Olwo obulokozi buba bufunibwa kuyita mu kintu kirala okutali kukkiriza kwokka mu Kristo yekka.
- Omukazi atakkiririza mu bukuumi bwa bulokozi bwe asobola atya okubuulira enjiri n'obuvumu? Enjiri ye eba egamba nti, "Yesu alikulokola olubeerera…ob'olyawo."
- Omusajja ayinza atya okufuna obuvumu mu nkolagana ye ne Katonda nga tasoose kwekakasa nti enkolagana ye ne Katonda nnywevu gguluggulu?

Ndowooza nti olaba ebizibu ebireetebwa endowooza egamba nti omuntu asobola okufiirwa obulokozi bwe. Endowooza eyo mu butuufu ereeta ebizibu bingi okusinga ebizibu ebigambibwa okureetebwa eky'obulokozi okubeera nga tebutuggyibwako. Okusoomozebwa okusinga okuba okunene eri omuntu akkiririza mu bulokozi okubeera nga bwa lubeerera era nga tebutuggyibwako kwe kunyonnyola ennyiriri za Bayibuli ezirabika ng'eziyigiriza nti Omulokole ayinza okufiirwa obulokozi bwe. Tetugenda kunnyonnyola buli lunyiriri ku nsonga eyo naye tusobola okuzimba omusingi ogugenda okutusobozesa okuzitaputa obulungi okusobola okumanya ekituufu.

EKISA BINO KYABISALIRA AMAGEZI

Enjiri ey'ekisa ebibuuzo ebiri mu nnyiriri ezo ebyanukula mu ngeri ennyangu: obulokozi obutaggwaawo bwa bwereere era tebuliiko bukwakkulizo, n'olwekyo tebusobola kuggwaawo. Singa busobola okuggwaawo olwo buba tebukyayitibwa *obulamu obutaggwaawo*. Ekituleetera okwekakasa obukuumi bwaffe si kwe kutebeereza oba amalala, naye bwe bwesigwa bwe tulina mu bisuubizo bya Katonda eby'ekisa kye. Twamaze dda okulaba engeri ekitabo ky'Abaruumi gye kikinyweza nti obulokozi tubufuna lwa kisa kyokka okuyita mu kukkiriza kwokka mu Yesu Kristo. Ekisa ekitaliiko bukwakkulizo era ekitatusaanira ekyo kye kitegeeza. Kiyinza okuba ekizibu okukikkiriza, naye kimanye nti Katonda mulungi *obwenkaniddaawo*!

Okukumatiza nti ekisa kiweebwa abo abatakisaanira nti era kifunibwa kuyita mu kukkiriza kwokka, ebyawandiikibwa byombi Abaruumi 4:3 ne Abaggalatiya 3:6, bijuliza olubereberye 15:6 ewagamaba nti: “Ibulayimu yakkiriza Katonda, era ekyo ne kimubalirwa okuba obutuukirivu.” Ebyawandiikibwa ebijuliza bituzzaayo ku Ibulayimu n'ekisuubizo kya Katonda kye yamuwa nga y'ensigo eyali ey'okumuvaamu eryoke ewe ensi yonna omukisa era nga y'oyo Yesu Kristo gwe tumanyi. Mu mbeera zino zombi Pawulo atulaga nti obulokozi buteekwa kufunibwa lwa kisa okuyita mu kukkiririza mu Mulokozi nga bwe kyali ku Ibulayimu. Kale bwe kiba ng'obulokozi bufunibwa lwa kukkiriza so si bikolwa, olwo nno ekisuubizo kyesigika kubanga kiba kyesigamye ku bwesigwa bwa Katonda, so si bwaffe. Eno y'ensonga Baruumi 4:16 gy'ayogerako nti; “Noolwekyo ekisuubizo kijja lwa kukkiriza, kiryoke kiweebwe lwa kisa, so si eri ezzadde erigondera amateeka lyokka naye n'eri ezzadde erya Ibulayimu olw'okukkiriza; era oyo ye jjajjaffe ffenna.”[1]

Singa ekisuubizo kyali kyesigamye ku bikolwa bya Ibulayimu, tewalibaddewo ggwanga liyitibwa Yisirayiri wadde Masiya, era tewalibaddewo kutuukirizibwa kwa mukisa gwa Katonda gwe yasuubiza okubawa kubanga ebyafaayo bya Yisirayiri bijjudde obujeemu n'ekibi. Kyokka Katonda yasuubiza nti, “Yisirayiri ejja kulokolebwa” mu biseera ebijja kubanga Katonda yali wa kukuuma obwesigwa bwe[2] – *kubanga Katonda tasobola kwewakanya!* Kale bw'atyo Katonda yasuubiza obulamu obutaggwaawo eri abantu

bonna abakkiriza nga Ibulayimu bwe yakkiriza. Ekisuubizo ky'obulokozi tekyesigama ku bwesigwa bwaffe naye kyesigama ku bwesigwa bwa Yesu Kristo. Yesu yakola buli ekyali kyetaagisa era n'atuukiriza omulimu gwonna ogwali gwetaagisa.

## ENTIKKO Y'EKISA

Obutakkaanya ku nsonga ey'okuba ng'obulokozi bwaffe buli ggulugulu etuuka ku ntikko mu ssuula y'Abaruumi 8 ng'omutume Pawulo annyonnyola ebiva mu kuweebwa obutuukirivu n'okutukuzibwa olw'ekisa okuyita mu kukkiriza. Okunnyonnyola essuula eyo yonna tekyetaagisa bw'oba olina ebikulu by'oyagala okuyiga. Tunuulira engeri obulokozi obutaggwaawo gye butumanyisibwamu okuyita mu mazima agawandiikiddwa mu nnyiriri zino enkulu:

- Abaruumi 8:15-16: Tuzaalibwa mu nnyumba ya Katonda, Katonda n'abeera Kitaffe.
- Abaruumi 8:17: Tuli basika ba Katonda – abagabanira awamu ekisuubizo kye.
- Abaruumi 8:23: Tulina Omwoyo Omutukuvu, ng'Omwoyo oyo ky'ekibala kyaffe ekibereberye, era nga ye gwe musingo gw'okununulibwa kw'emibiri gyaffe mu biseera ebijja.
- Abaruumi 8:28: Byonna bye tuyitamu tebigenda kuziyiza kuteesa kwa Katonda kwatulinako okutuukirira, naye bijja kukola ku lw'obulungi okutuukiriza okuteesa kwe gye tuli.
- Abaruumi 8:29: Ekigendererwa kya Katonda ekitakyuka kiri nti abo bonna be yamalirira okulonda bajja kutambulira mu kifaananyi ky'Omwana we.
- Abaruumi 8:30: Abo bonna Katonda be yayawula bajja kugulumizibwa ewatali kubasosolamu.
- Abaruumi 8:31: Katonda bw'abeera ku ludda lwaffe, tewali kisobola kuziyiza kigendererwa kye eky'okutugulumiza.
- Abaruumi 8:32: Nga Katonda bwe yatuwa ekirabo ekisinga byonna eky'Omwana we, era ajja kutuwa ebintu ebirala byonna ebinaatuweesa okugulumizibwa okutuukiridde.
- Abaruumi 8:33: Olw'okuba nga Katonda yatulonda era n'atulangirira okuba abatuukirivu, n'olwekyo tewali n'omu asobola kukyusa ekyo ng'atuvunaana omusango.

- Abaruumi 8:34: Olw'okuba nga Katonda yakkiriza ssaddaaka y'Omwana we gye yatuweerayo, ate era nga Yesu atwegayirira, tewali ayinza kutusingisa musango nate.
- Abaruumi 8:35 – 39: Tewaliiwo kintu oba omuntu yenna alitwawukanya n'okwagala kwa Katonda okutaliiko bukwakkulizo.

Obukakafu obw'obulokozi bwaffe okubeera obw'olubeerera bwonna bwesigamye kw'ekyo Katonda ky'akola so si ku bikolwa byaffe.

## OKUNYWEZEBWA OKW'EMIRUNDI EBIRI

Tusobola okusomako mu njiri ya Yokaana etukakasa nti obulokozi bwaffe bunywevu gguluggulu era tebuggwaawo. Buli kisuubizo ky'obulokozi bwaffe okuba obw'olubeerera mu Yokaana kyogera nti obulamu obutuweebwa ……*tebuggwaawo!* Katonda bw'akola ekisuubizo nga kino ekya Yokaana 3:16 ekigamba nti, "era buli amukkiriza (Yesu) tazikirira wabula abeera n'obulamu obutaggwaawo." Ekisuubizo ekyo abeera agenda kukituukiriza. Ekisuubizo ekyo takissaako bukwakkulizo okujjako ffe okukkikiriza nti ky'amazima gye tuli. Mu Yokaana 3:37 Yesu agamba, "Buli Kitange gw'ampa, alijja gye ndi; ajja gyendi sirimugobera bweru n'akatono." Ekigambo *buli* tekisosola muntu yenna. Kale bwe kiba nti Yesu talina gw'aligobera bweru, olwo tewali kintu kyonna omukkiriza ky'ayinza okukola ekireetera Yesu okumugobera ebweru.

Ekitundu ekimu mu Yokaana 10:27- 30, kitukakasiza ddala bwe kigamba nti:

"Endiga zange ziwulira eddoboozi lyange, nange nzitegeera, era zingoberera; nange nziwa obulamu obutaggwaawo; teziribula emirembe n'emirembe, so tewali alizisikula mu mukono gwange. Kitange eyazimpa ye mukulu okusinga bonna, so tewali ayinza okuzisikula mu mukono gwa Kitange. Nze ne Kitange tuli omu."

Mu kitundu kino tutegeezebwa nti omukkiriza **anywezebwa mu mukono gwa Kristo** ng'ate ne **Kristo anywezeddwa mu mukono gwa Kitaawe**. Okunywezebwa kuno okw'emirundi ebiri kutulaga okukuumibwa kwaffe okw'olubeerera okutaggwaawo. Kankiddemu nti, si ffe tumunywezezza, naye ye y'atunywezezza era ekyo kye kitukuumira mu bulokozi nga tutudde ntende.

Olunaku lumu omusajja n'omwana we baali basala ekkubo eririko ebidduka ebingi. Taata n'akwata omukono gwa mutabani we omuto n'amugamba naye akwate ogugwe agunyweze. Bwe baamala okusala ekkubo omulenzi n'agamba kitaawe nti, "Nakunywezezza nnyo, si bwe kiri taata?" Kitaawe n'amuddamu nti kituufu, naye nze nasoose okukunyweza!" Singa obulokozi bwali bwesigama ku bunywevu bwaffe eri

Katonda ebintu byandimaze ne bitulema. Katonda yekka y'asobola okutuwa obukakafu bw'okubeera naye olubeerera ne mu biseera ebijja.

N'OBUJULIZI OBULALA

Waliwo n'obujulizi obulala obukakasa ensonga ey'okubeera nga tulina obukuumi eri obulokozi bwaffe obutaggwaawo. Tunuulira amazima gano okuva mu byawandiikibwa bino wammanga:

- Olw'okuba nga twazaalibwa omulundi ogwokubiri mu mwoyo (ekitegeeza nti, *twazaalibwa kuva waggulu*), tetusobola kuzaalukukwa (Yokaana 1:12-13, Yokaana 3:3-6).
- Olw'okuba nga twasibwaako envumbo ey'Omwoyo Omutukuvu, kitegeeza nti Omwoyo gwe musingo gw'ebiseera byaffe ebyomu maaso eby'olubeerera (2 Abakkolinso 1:22; Abaefeeso 1:13-14, Abaefeeso 4:30), envumbo eyo tesobola kukutulwa okutuusa ng'ekigendererwa kimave okutuukirizibwa.
- Olw'okuba nga twabatizibwa mu Kristo era ne twegatta wamu naye, tetusobola kubatizibululwa, tetusobola kusalibwa ku Yesu (Baruumi 6:3-5; 1 Abakkolinso 12:13).
- Olw'okuba nga Katonda ye Kitaffe owomu ggulu omulungi, tasobola kutugoba mu maka ge, newakubadde ng'asobola okutugunjula ng'abaana be (Abebbulaniya 12:5-7).
- Olw'okuba ng'ebibi byaffe byonna – ebyayita, eby'olwaleero n'ebyomu maaso – byatusonyiyibwa Yesu Kristo olwa ssaddaaka ye ematiza ey'olubeerera gye yatuweerayo, n'olwekyo tewali kibi kiyinza kujjawo nkolagana yaffe naye (Abakolosaayi 2:13-14; Abaebbulaniya 10:12-14).
- Olw'okuba nga Yesu Kristo atwegayirira mu ssaala era nga ye muwolereza waffe bwe twonoona, tulina obukakafu nti obulokozi bwaffe bujja kutuukirizibwa olubereera (Yokaana 17:9-12 ne 24; Abaebbulaniya 7:25; 1Yokaana 2:1).
- Olw'okuba nga Bayibuli eyogera ku bulokozi bwaffe ng'ekintu ekyatubaako edda ng'egamba nti (twalokolebwa), ekitegeeza nti omutandisi w'ensonga eno ye Katonda, obulokozi bwaffe bwesigamye ku kikolwa kye, so si ku bikolwa byaffe (Abaefeeso 2:5 ne 8, 2 Abassessalonika 2:10; 1Timoseewo 2:4).
- Olw'okuba nga Bayibuli ekozesa nnyo eby'okulabirako ng'eyogera ku nneeyisa z'abantu ab'enjawulo (Ibulayimu, Dawudi, Yisirayiri) okutulaga nti Katonda asigala mwesigwa eri ekisuubizo kye eky'olubeerera ffe ne bwe tutabeera beesigwa mu buwulize, ebisuubizo bye bijja kutuukirizibwa nga tatunuulidde nneeyisa yaffe (Zabbuli 89:30-37; Abaruumi 3:3-4; 4:16; 2 Timoseewo 2:13).

## OYOGERA KI KU NNYIRIRI ZINO ENDALA?

Abakkiriza abatakkiririza mu ky'omuntu okubeera omulokole olubeerera, bajuliza ennyiriri eziwerako ng'obujulizi obulaga nti omulokole asobola okufiirwa obulokozi bwe oba okugwa n'ava mu bulokozi. Ennyiriri zino nnyingi tetusobola kuzoogerako wano, wabula bwe zibeera nga zitaputiddwa bulungi n'obwegendereza, zisobola okutegeerwa mu ngeri ekwatagana n'eky'obulokozi bwaffe okubeera nga tebutuvaako. Bino wammanga by'ebikuyamba okunnyonnyola oba okutaputa obulungi ennyiriri zino:

- Okusookera ddala, ennyiriri zino zirina okunnyonnyolwa nga tugoberera omulamwa ogutunuulira embeera y'omwoyo ey'omusomi n'ekigendererwa ky'omuwandiisi.[3]
- Ekyokubiri, ennyiriri ziteekwa okuba nga zikwatagana n'enteekateeka ya Katonda enkulu ey'okutuwa omukisa ogutaggwaawo ng'ayita mu kisa kye (Abaruumi 4:16; Abaefeeso 1:3 -14).
- Ekyokusatu, ennyiriri zirina okuba nga zikkaanya era nga zikwatagana n'okuyigiriza okw'okuweebwa obutuukirivu olw'ekisa nga tuyita mu kukkiriza kwokka so si mu bikolwa byaffe oba okufuba okulala kwonna.[4]
- Ekyokuna, ennyiriri zino ezimu zoogera ku kya kufiirwa mpeera oba ekirabo, so si kufiirwa bulamu butaggwaawo (eky'okulabirako; 1 Abakkolinso 3:11-15; 1 Abakkolinso 9:24-27).
- Ekyokutaano, ennyiriri zino ezimu zoogera ku kya Katonda okugunjula abakkiriza mu bulamu buno. Eky'okulabirako; (Zabbuli 32:3-4; 51:7-13; 1 Abakkolinso 11:30).
- Eky'omukaaga, ennyiriri ezimu ku zino zoogera ku mbeera y'obuyigirizwa bw'omukkiriza so si bulokozi bwe obumuziyiza okugenda mu ggeyeena (eky'okulabirako; Lukka 9:23-26; 14:26; Yokaana 15:6).

Emirundi mingi abakkiriza basoma ennyiriri zino eziriko ebibuuzo nga bazitegeerera mu mbeera ey'okubeera omulokole/ oba obutabeera /okugenda mu ggulu/ oba geyeena. Osobola okukiraba nti waliwo engeri ezisobola okukuwa entaputa oba enyinnyonnyola esingako okubeera ennungi n'ekuwa n'amakulu g'ennyiriri ezo amatuufu.

## LUNO LUKUSA LWA KWONOONA?

Nga bwe twakyogeddeko eddako, kirowoozebwa nnyo nti enjigiriza ey'obulokozi obutatuggyibwaako (obutaliimu kugwa) mbu ereetera abantu bangi okugikozesa ng'ekyekwaso ky'okutambulira mu kwonoona mbu nga bagamba nti, "N'ekyokusooka

kya byonna, bwe kiba ng'omuntu yaweebwa obulokozi obutamuggyibwaako ndi wa ddembe okukola buli kye njagala nga sirina kye ntya." Naye endowooza eno teriimu muzinzi olw'ensonga eziwerako wammanga:

- Ekisooka, endowooza esibuka ku biteberezebwa oba ku bijwetekebwa ebiteetegerezeddwa tesobola kusalawo ku butuufu bw'enzikiriza.
- Ekyokubiri, newakubadde ng'abakkiririza mu ky'obulokozi obutatuggyibwaako basobola okwonoona nga bakyekwasa, naye era n'abatakkiririzaamu nabo basobola okwonoona.
- Ekyokusatu, embala y'obulokozi bwe tufuna olw'ekisa eyigiriza omukkiriza okuleka ebikolwa eby'obutatya Katonda n'okubeerawo nga tumuweesa ekitiibwa (Tito 2:11-12).
- Ekyokuna, okuzaalibwa okuggya kuwa omuntu obusobozi obuggya mu bintu eby'omwoyo, ne kumuwa enkolagana empya ne Katonda, ne kumusobozesa okutambulira mu ddembe nga tayonoona, ne kumuwa obulamu obuggya era ne kumuwa endaba y'ebintu empya n'entegeera empya (Abaruumi 6; Abaefeeso 2:1; 1Abakkolinso 5:17).
- Ekyokutaano, Bayibuli eyigiriza nti waliwo ebizibu eby'amaanyi era n'okufiirwa empeera eri abakkiriza abatambulira mu kwonoona, so ng'empeera kintu kirungi era kyagazisa omuntu okutambulira mu bulamu obuweesa Katonda ekitiibwa (1 Abakkolinso 3:12-15; 5:5; 9:27; 2 Abakkolinso 5:10).

  Ddala kituufu nti waliwo abantu abakozesa eky'obulokozi bwaffe okubeera nti tebutuggyibwako nga bwa lubeerera ne beeyisa nga bwe baagala era ne batambulira mu kwonoona? Nkikakasa nti gye bali. Yuda yawandiika ku "bantu abatatya Katonda, abajerega ekisa kya Katonda waffe, ne bakiyisaamu amaaso, ne beegaana Yesu Kristo Mukama waffe, omu yekka" (Yuda 1:4). Pawulo naye yasisinkana abantu abaali balowooza nti ekisa kibawa olukusa okwonoona era n'abawakanya (Abaruumi 6:1-2, 15). Newakubadde nga mpulira nti abakkiriza bwe batyo gye bali, naye nze ng'omuntu sisisinkanangako muntu akozesa eky'obulokozi obutatuggyibwako ng'ekyekwaso ky'okwonoona. Wabula ate nsisinkanye abakkiriza bangi abatendereza ennyo ekisa eky'abalokola era ekibakuumira mu bulokozi, bwe batyo ne bawaayo obulamu bwabwe mu kuweereza Katonda. Okutambulira mu bulamu obuweesa Katonda ekitiibwa y'engeri yokka gye tusiimamu ekisa kya Katonda kye kyatukolera.

EKIZIBU EKY'EDDA KYE KIMU

Obutakkaanya ku nsonga y'obulokozi obutuweebwa okuba nga bwa lubeerera era nga tebutuggyibwako si kipya. Kino ky'ekizibu kye kimu Pawulo kye yasisinkana era n'awandiikira Abaggalatiya ebbaluwa. Mu bufunze, Pawulo yabuulira enjiri ey'ekisa eri Abaggalatiya era ne balokoka, naye ate oluvannyuma baali batandise okuva ku njiri eyo ne bagoberera ebirala (Abaggalatiya 1:6-7). Amangu ddala nga Pawulo avuddeyo, abasomesa abalala bajja ne bayigiriza Abaggalatiya nti okukkiririza obukkiririza mu Yesu ng'Omulokozi kyali tekimala. Bano baali bayigiriza abakkiriza Abaggalatiya nti baali beetaaga okuddayo okukwata Amateeka g'Ekiyudaaya okusobola okutuukiriza obulokozi bwabwe nti oba si ekyo baali tebalokose. Kale mu bufunze baali babayigiriza nti okusigaza obulokozi kyali kibeetaagisa okubaako ebikolwa bye bakola oba okugondera Amateeka ga Musa (Abaggalatiya 5:1-12).

Mu bbaluwa ye gye yawandiikira Abaggalatiya, Pawulo yabalaga nti enjiri y'ekisa tekwatagana na bino Abayudaaya bye baali bayigiriza ng'abalabula nti:

- Ekyo tekikwatagana na njiri ey'ekisa gye yali abayigirizza (Abaggalatiya 1:6-10).
- Ekyo tekikwatagana na bujulizi bwa Pawulo. Kubanga yakyusibwa okuva mu njigiriza y'ekiyudaaya era n'afuna enjiri ey'ekisa olw'okubikkulirwa (Abaggalatiya 1:1-24); bw'atyo n'agaana okukomola Tito (Abaggalatiya 2:1-5); yayitibwa okubuulira ekisa eri abamawanga (Abaggalatiya 2:6-10); era yawakanya Peetero olw'okuwaliriza abamawanga okugoberera amateeka g'Abayudaaya (Abaggalatiya 2:11-21).
- Kino era kyali tekikwatagana n'engeri Abaggalatiya gye baafunamu Omwoyo Omutukuvu nga balokose, Oyo gwe baafuna olw'okukkiriza (Abaggalatiya 3:1-5).
- Kino era tekikwatagana n'engeri Ibulayimu gye yalokolwamu ng'ayita mu kukkiriza kwokka era naafuna ebisuubizo bya Katonda okuyita mu kukkiriza kwokka (Abaggalatiya 3:6-9).
- Kino tekikwatagana na kigendererwa ky'Amateeka ga Musa, agataweebwa bantu kubalokola wabula okubaleeta eri Kristo abawe obulokozi (Abaggalatiya 3:10-25).
- Tekikwatagana na kifo ky'Abaggalatiya ekiggya eky'okubeera ab'eddembe so si abaddu (Abaggalatiya 3:2; 4:7; 4:21-31).
- Tekikwatagana na ngeri gye baasooka okwanirizaamu Pawulo n'obubaka bwe (Abaggalatiya 4:8-20).
- Tekikwatagana na ddembe eryabasumulula okuva mu kufugibwa Amateeka ga Musa (Abaggalatiya 5:1-15).

- Tekikwatagana na kya kutambulira mu Mwoyo n'obulamu obuluήήamizibwa Omwoyo (Abaggalatiya 5:16-26).

Omutume Pawulo mu bigambo bye agamba nti omuntu okuddayo okwesigama ku bikolwa bye okumulokola mu kifo ky'okwesiga omulimu gwa Kristo ogwaggwa, okwo kwe kuva ku Kristo (Abaggalatiya 1:6), era okwo "kwe kulekawo oba okusambajja ekisa kya Katonda" (Abaggalatiya 2:21a), era okwo kwe kuddira okufa kwa Kristo okuba okw'obwereere (Abaggalatiya 2:21b), era ekyo bwe butagondera mazima (3:1; 5:7), era kwe kuddayo mu busibe (4:9; 5:1), olwo n'oba ng'olina okutuukiriza amateeka gonna (5:3), era okwo kwe kwawulibwa ku Kristo (5:4), okwo kwe kugwa okuva mu kisa, so ng'ekisa ky'ekituwa obukakafu bwonna obw'okukkirizibwa Katonda (5:4), kale bw'otyo n'osikirizibwa okwaka kw'omubiri (Abaggalatiya 5:16-26). Obuzibu Abaggalatiya bwe baasisinkana mu biseera ebyo bwe bumu n'obwabo abeesigama ku bikolwa byabwe okubabeezaawo mu bulokozi bwe basisinkana. Naye nga kino bakikola okweyisa obulungi balyoke basanyuse Katonda asobole okubasembeza. Ebigambo bya Pawulo mu bbaluwa y'Abaggalatiya bituyigiriza lwaki ekyo tekisoboka era nga tekyetaagisa kubanga tusembezebwa Katonda nga yeesigamye ku kisa kye okuyita mu Kristo olw'okukkiriza.

Olwaleero abantu abatakkiririza mu kya mukkiriza okubeera n'obulokozi obutaggwaawo emirundi mingi tebatera kuyigiriza nti abakkiriza balina okukwata amateeka g'Endagaano Enkadde. Naye bwe bayigiriza nti ebibi ebimu oba enneeyisa ezimu embi zisobola okuggyisaako omuntu obulokozi; olwo ekizibu kye kimu Pawulo kye yasisinkana mu kkanisa y'Abaggalatiya kibeera kikyomyewo – okwo kubeera kuddayo mu ndowooza egamba nti; obulokozi bw'omuntu bwesigama ku nneeyisa ye so si ku kisuubizo kya Katonda.

Eky'okubeera n'obulokozi obutaggwaawo si kyekwaso kya kwonoona. Wabula kitulaga omukwano gwa Katonda ogw'ekitalo ogutagooka gye tuli, era nga ky'ekisa kyekimu ekyatulokola mu kusooka. Kibeera tekikwatagana omuntu bw'akkiriza nti twalokolebwa ku bwereere naye eky'okusigala nga tuli balokole kibaawo lwa kufuba kwaffe. Omukisa gw'ekisa kya Katonda ekitali kya bulijjo, ekitasuubirwa era ekitatusaanira guli nti, ekisa bulijjo kisukkuluma ekibi: "Kyokka ekibi bwe kyeyongera, ekisa kya Katonda ne kyeyongera nnyo okusingawo" (Abaruumi 5:20). Mu butuufu kino kisa busa ekyewuunyisa ennyo!

## EBIBUUZO EBY'OKWEJJUKANYA

1. Bizibu ki eby'omwoyo ebisobola okubaawo eri omuntu atakkiriza nti obulokozi bwaffe bukuumibwa gguluggulu olubeerera?

2. Ebyafaayo bya Ibulayimu ne Yisirayiri biwagira bitya enjigiriza y'obulokozi bw'omukkiriza okuba nga bukuumibwa gguluggulu era nga tebuggwaawo?

3. Ebyawandiikibwa abantu bye bakozesa okuwakanya eky'obulokozi bwaffe okuba nga bukuumibwa gguluggulu era nga bwa lubeerera obikwata otya?

4. Oyanukula otya abantu abalowooza nti eky'obulokozi obutaggwaawo kiwa abantu olukusa oba ebbeetu okwonoona?

# ESSUULA 7

## EKISA, KY'EKITUWA OBUKAKAFU

Tumaze okukiraba nti eky'okuba n'obulokozi obutaggwaawo ge mazima agagenderera okutulaga enkolagana yaffe ne Katonda nti ya lubeerera. Okubeera nga twekakasa obulokozi bwaffe ky'ekintu ekikulu ennyo ekiri mu mazima gano. Obukakafu bw'obulokozi bwaffe tebusobola kukyuka, newakubadde ng'obukakafu bwaffe ku nsonga eyo busobola okukyuka.

AKATYABAGA K'OKUBUUSABUUSA

Ekizibu ky'abantu obuteekakasa bulokozi bwabwe kisaasanidde ensi yonna, era nzikiriza nga kino kikyali kizibu kinene ddala mu kkanisa. Kale bwe kiba ng'ekyobulokozi bwaffe okubeera nga tebuggwaawo kikyali kizibu kinene eri abakkiriza, osobola okukiraba nti n'eky'okuba n'obukakafu nakyo kikyali kizibu. Nkimanyidde ddala nti kumpi mu buli kkanisa mulimu abantu abatakakasa nti balokole ddala, kyokka nga bangi ku bo Bakristaayo abakkiriza Yesu. Abakkiriza bangi oba abasinga obungi baali babaddeko mu mbeera nga batawaana n'ekyokukakasiza ddala nti baalokokera ddala. Kino nange kyali kimbaddeko, era nange ng'omusumba nsisinkana abantu bangi abatawaana n'ensonga eyo. Nsisinkanyeeko n'abayizi abayigirizibwa mu ttendekero lya Bayibuli (*Bayibo kolegi*) ababuusabuusa obulokozi bwabwe. Teebereza abantu okubeera nga batendekebwa mu *Bayibo kolegi* basobole okuleetera abantu amawulire amalungi n'essuubi, kyokka nga nabo bennyini tebamanyidde ddala oba nga baalokoka!

Mbuuzizzaako abantu bangi ekibuuzo kino: "Singa ofa n'oyimira mu maaso ga Katonda era naye naakubuuza nti, 'Lwaki nnina okukukkiriza okuyingira mu ggulu lyange?' Omuddamu otya?" Abantu abasinga banziramu bwe bati; "Nze okutwalira awamu ndi muntu mulungi," abalala nti, "Ngezezzaako okubeera omuntu omulungi," abalala nti, "Nze mbadde ngezaako okutuukiriza ebiragiro bya Bayibuli," ate abalala nti, "Nze ngezezzaako okukola eby'ensonga nga bwe nsobola." Olwo ne mbabuuza ekibuuzo kyange ekiddako nti; "Okimanya otya nti oli mulungi ekimala oba okimanya otya nti okoze bulungi ekimala?" Bwe tutuuka awo banguyirwa okukiraba nti tebasola kuba na bukakafu ku by'okugenda mu ggulu nga beesigamye ku bulungi bwabwe oba ku nneeyisa yaabwe. Kubanga buli kiseera waberaawo akusingako obulungi wabula omutindo Katonda gw'ayagala okuyingira eggulu gwa kubeera ng'otuukiriridde ddala nga tolina kikubulako.

Bw'otunuulira embuulira y'enjiri ey'enjawulo ebuulirwa, tekyewuunyisa nti abakkiriza bangi bali mu kubuzaabuzibwa era babuusabuusa n'obulokozi bwabwe. Naye era waliwo n'ensonga endala ezireetera abantu okubuusabuusa obulokozi bwabwe.

## OKUBUUSABUUSA KU KUBUUSABUUSA

Abakkiriza abamu bawolereza eky'omuntu okubeera n'okubuusabuusa ku bulokozi bwe nga bagamba nti kino kintu kirungi. Bano bagamba nti okubuusabuusa kutuyamba okukebera obulamu bwaffe oba nga bwa nnamaddala. Naye ekyo kya butaliimu kubanga tewali noomu atuukiridde mu bintu byonna era tewali muntu noomu ng'okusalawo kwe kwonna ku buli kintu tekuliimu nsobi yonna.

Ekyawandikiibwa kye bakozesa okugamba nti okubuusabuusa kulungi kisangibwa mu Bakkolinso Ekyokubiri 13:5, ekigamba nti, "Mwekebere mwekka mulabe oba nga muli mu kukkiriza; mwekeme mwekka. Oba temutegeera mwekka nga Yesu Kristo ali mu mmwe? Mpozzi ng'ekigezo ekyo kibalemye!" Naye kino tekyogera ku balokole kubuusabuusa bulokozi bwabwe. Bw'ogoberera omulamwa okuva waggulu mu ssuula okiraba ng'omutume Pawulo yali awolereza obutume bwe eri abatume ab'obulimba abaali bamuwakanya.[1] Yali abagamba nti, "temukebera butuufu bwa butume bwange naye mukebere *obwammwe!*" Obumu ku bukakafu obukulu obukakasa nti Pawulo yali mutume ow'amazima era abuulira enjiri ey'amazima be bakkolinso bennyini. Bwe kiba ng'Abakkolinso baali baalokolebwa era nga Kristo ali mu bo, olwo Pawulo yali mutume mutuufu kubanga y'eyababuulira Kristo. Pawulo yali alowooza nti abamuwakanya bakimanyidde ddala nti Kristo ali mu Bakkolinso.

Ebiseera ebimu okubuusabuusa kuno kuzimbibwa mu nnono z'ekkanisa n'obuwangwa bwayo. Ababuulizi boogerera mu ddoboozi ery'omwanguka eri abantu abajja mu kkanisa mu butuufu ne babaleetera okubuusabuusa oba nga ddala baalokoka. Nga bababuuza nti, "Muwaayo ekimala, mubuulira enjiri ekimala, mugenda mu kkanisa ekimala, musaba ekimala?" n'ebirala bingi. Bongera okubakalaatira nga babagamba nti, "Abalokole aba ddala bandibadde bawaayo nnyo, nga babuulira nnyo enjiri, nga bagenda nnyo mu kkanisa era nga basabira ddala ekiseera ekiwerako." Mu bufunze abeera abagamba nti beetaaga okubeera nga baalokokera *ddala*. Mu nkola z'ekkanisa ezimu enkuŋŋaana ez'okudda "obuggya n'okubuulira enjiri" zituusa n'okuwuliza abantu abaalokoka edda okuwulira ng'abatakyali balokole abeetaaga okuddamu okulokokera *ddala* nate.

Tewaliiyo nkolagana nnungi ezimbibibwa ku kubuusabuusa n'obuteekakasa. Ekyo nga bwe kiri ekituufu mu nkolagana yaffe ne bantu bannaffe, era bwe kiri ne ku nkolagana yaffe ne Katonda. Okubuusabuusa kujjawo obuvumu, omukwano era ne kikulemesa n'okukula. Kubamu akafaananyi ng'abazadde babiri balina muwala waabwe omuto.

Omwana waabwe bw'akola ekyo kye bamugambye, olwo nga bamugamba ebimukakasa nti, "Wamma ono ye muwala waffe ddala!" Naye bw'abajeemera nga bamugamba nti, "Ono tetulowooza nga ye muwala waffe yennyini, kubanga alemereddwa okukola ekyo kye tumugamba okukola." Enkolagana eyo olaba nga nnungi era ng'esobola okukuza omuntu? Okiraba nti omwana oyo abeera tazimbiddwa mu kwagala n'okukkirizibwa okutaliiko bukwakkulizo ekintu ekimulemesa okukula obulungi n'okusanyusa bazadde be. Oluvannyuma lwa byonna ayinza okukoowa eby'okumwagala okuliko obukwakkulizo, bw'atyo eby'okugezaako okusanyusa bazadde be n'abiviirako ddala. Ekintu kyekimu kituuka ku bantu bangi ababeera n'okubuusabuusa ku bulokozi bwabwe kubanga babeera mu nkola ya kinnaddiini eddira ekisa kya Katonda n'obulokozi ne babiteekako obukwakkulizo.

Nkikakasiza ddala nti abantu ababuusabuusa obulokozi bwabwe tebabeera na musingi mugumu ogwandibayambye okukula mu bulamu bwabwe obw'ekikristaayo kubanga babeera tebanywezeddwa mu kisa. Olugendo lwabwe olw'okweyongera mu maaso n'okukula buli kiseera lutaataganyizibwa eky'okuddamu okutunula emabega nate balabe oba nga ddala bakyali balokole. Tewali muntu asobola kugenda mu maaso nga Katonda bw'ayagala bw'aba ng'atunudde mabega. Oba katugambe nti, tewali muntu asobola kukula ng'omwana wa Katonda bw'aba nga buli kiseera abeera mukwebuuza oba nga ddala akyali mwana we.

## LWAKI ABANTU BABUUSABUUSA

Abantu bayinza okubuusabuusa obulokozi bwabwe obw'olubeerera olw'ensonga eziwerako:

Ensonga esookerwako ye y'okuba nga mu kulokoka kwabwe tebakkiriza njiri ya kisa kya Katonda. Abantu bangi bakkiririza mu njiri ey'obulimba oba mu njiri erimu ensobi, oba oluusi basobola okwatula obulokozi olw'okusendebwasendebwa nga bagenze mu kkanisa, oba oluusi ne bamala gaatula bulokozi nga baagala Katonda abeeko ky'ayogera nabo. Abalala bayinza okulowooza nti okwegatta ku kkanisa kitegeeza nti balokose naye ne basigala ng'ebirowoozo byabwe bikubagana empawa oba nga ddala baalokose. Abantu bano babeera tebategeereranga ddala bubaka bwa njiri – obugamba nti; tuli boonoonyi abeetaaga okulokolebwa era Yesu ye mwana wa Katonda eyafa okusasulira ekibi kyaffe era n'azuukira okuva mu bafu bw'atyo n'atusuubiza obulamu obutaggwaawo singa tumukkiririzaamu olw'ekyo kye yakola.

Abantu era bayinza okujjuzibwa ebirowoozo by'okubuusabuusa obulokozi bwabwe singa babeera nga bakkiriza enjiri, naye ate oluvannyuma ne bagwa mu kuyigirizibwa okw'obulimba. Bayinza okuwubisibwa ne bakkiriza nti baafiirwa obulokozi bwabwe olw'ekibi kye baakola, olwo ne bawulira ng'abatakyali balokole, oba olw'obutakyagenda mu kkanisa, n'olw'ensonga endala.

Abakkiriza abamu basobola okubuusabuusa obulokozi kubanga bwe bagwa mu kibi endowooza yaabwe ebeera etabuddwatabuddwa oba ng'ebasalira omusango. Batabulatabula eky'okulumirizibwa ekibi n'ebiva mu kwesalira omusango ne bakiyita okufiirwa obulokozi.

Abakkiriza abalala bwe bayita mu biseera eby'okugezesebwa okungi, kino kiyinza okubaleetera okwebuuza oba nga ddala Katonda aky'abaagala era ng'akyali nabo. Eno y'ensonga lwaki Bayibuli etugumya nti tewali kintu kibi kiritwawukanya na kwagala kwa Katonda.2

Abantu abafumiitiriza ennyo ku birowoozo byabwe n'engeri gye beewuliramu batawaanyizibwa nnyo n'ekyokukaksa nti baalokokera ddala. Bano babeera baamanyiira eky'okwesigama ennyo ku ngeri gye beewuliramu, kale buli kiseera babeera beebuuza ebibuuzo.

Abakkiriza abaalimbibwako oba abaalibwamu olukwe bannaabwe nabo bayinza okwanguyirwa okuba n'ekizibu ky'okwekakasa obulokozi bwabwe. Balina ebizibu by'okwesiga abalala nga ne Katonda mwe bamutwalidde, newakubadde ng'obwesigwa bwe tebujjulukuka. Eri abantu bano, kizibu nnyo okwesiga omuntu yenna, nga ne Katonda mwe bamutwalidde.

Engeri omuntu gye yeewuliramu bw'ebeera nga yesiddwaako essira, abalokole abamu bayinza n'obutewuliramu kubeerawo kwa Mwoyo Mutukuvu mu bo. Abooluganda kattukiriziganye – waliwo ennaku embi mu bulamu nga buli kintu tekitambula bulungi. Obulwadde, obukoowu, obukenke, okunenyezebwa n'ebirala. Olaba n'ekyennyanja ekiduze kisobola okucankalanya embeera z'omubiri gwaffe, endowooza yaffe n'embeera yaffe ey'omwoyo.

Abakkiriza abamu basabira mu kkanisa oba basisinkana mu *guluupu* (group) ezissa ennyo essira ku njigiriza eya Katonda nga bwe yasalawo edda okubaako abantu baalonda, bwe batyo ne batuuka n'okwebuuza oba nga be bamu kw'abo Katonda be yalonda. Kino kibaawo bwe bayigirizibwa nti abalokole obulokozi bwabwe basobola kubukakasa nga bamaze kufa nti kubanga bateekwa okunyiikira okutuuka ku nkomerero yaabwe nga bali mu kukkiriza n'ebikolwa ebirungi. *Guluupu* zino ziyigiriza nti tewali amanyi oba ng'aliba akyali mwesigwa waalifiira, bwe batyo ne bagamba nti tewali amanyi oba nga ddala alirokoka.

Mu butuufu mpulira ennaku eri abantu abo abagudde mu nsobi bwe ziti! Katonda tasingawo nnyo okuwulira ennaku eri abantu abo ababuusabuusa omukwano gwe ogutaliiko bukwakkulizo. Kale okubuusabuusa kwabwe kumalibwawo kutya? Kale bano bayinza batya okweyagalira mu ddembe nga tebamanyi kiddako? Bayinza

kukakasibwa batya nti bafuuka bantu ba Katonda olubeerera? Kino kisoboka singa bamala ne bakitegeera nti ebintu byonna bisoboka lwa kisa busa.

NAYE TUSOBOLA OKUBEERERA DDALA N'OBUKAKAFU?

Newakubadde nga waliwo okuyigiriza okugamba nti tetusobola kubeera na bukakafu nti twalokolebwa oba nti okubuusabuusa kulungi, nti era kusaanira eri omulokole; naye tulina okutunuulira bwiino wa Bayibuli kyayogera ku nsonga eyo. Tewali kubuusabuusa kwa ngeri yonna nti abawandiisi b'Endagaano Empya baali bakimanyi nti baalokolebwa. Soma busomi ennyanjula y'ezimu ku bbaluwa olyoke olabe engeri gye beeyogerangako. Eky'okulabirako; Mu Baruumi 1:1 wagamba nti; "Pawulo, omuddu wa Yesu Kristo, eyayitibwa okuba omutume, ne njawulibwa okubunyisa Enjiri ya Katonda." Awo tetulabawo kubuusabuusa kwonna mu Pawulo! Pawulo yali akimanyi nti singa afa yandigenze butereevu mu kubeerawo kwa Mukama bwe yagamba nti, "N'olwekyo tuli bagumu era tuli basanyufu, waakiri okuva mu mubiri guno ne tubeera ewaffe mu ggulu ne Mukama waffe" (2 Abakkolinso 5:8). Awo nawo tewali kubuusabuusa n'akamu! Tulaba okwekakasa kwe kumu okuva ewa Yakobo (Yakobo 1:1), okuva e wa Peetero (1 Peetero 1:1; 2 Peetero 1:1), okuva ewa Yuda (Yuda 1), n'ewa Yokaana. Okusinga katwogere nnyo ku Yokaana. Omutume Yokaana yawandiika ebigambo bino mu bbaluwa ye esooka 5:11-13:

"Era buno bwe bujulirwa nti: Katonda yatuwa obulamu obutaggwaawo, era obulamu buno buli mu mwana we. Buli alina Omwana alina obulamu, naye oyo atalina Mwana wa Katonda talina bulamu. Ebyo mbiwandiikidde mmwe abakkiriza erinnya ly'Omwana wa Katonda, mulyoke mumanye nti mulina obulamu obutaggwaawo, mulyoke mweyongere okukkiririza mu linnya ly'Omwana wa Katonda."

Yokaana abuulira abasomi be nti bwe baba nga balina Yesu Kristo, olwo babeera balina obulamu obutaggwaawo. Olw'okuba nga bakkiririza mu Yesu balina *okukimanya* nti balina obulamu obutaggwaawo. Ago ge mazima agategeerekeka amangu. Abantu bonna abaazaalibwa mu maka ga Katonda nga bayita mu kukkiriza Yesu Kristo okubeera Omulokozi waabwe balina okukimanya nti baafuna obulamu obutaggwaawo.

Yokaana n'abawandiisi abalala ab'Endagaano Empya baali bakimanyi nti abasomi baabwe baalokolebwa, nga kikakasibwa ebigambo bye baakozesanga nga babawaandiikira, omuli: *ab'oluganda, ab'oluganda abatukuvu, abaagalwa ba Katonda, abaana abato mu Kristo, abatukuvu, abasika ba Katonda, ekkanisa ya Katonda, abalonde,* n'ebigambo ebirala. Ebiseera ebimu baalamusanga abasomi baabwe mu linnya lya "Katonda Kitaffe" (1 Abassesolonika 1:1; 2 Abassesolonika 1:1), "Katonda omulokozi waffe" (1Timoseewo 1:1), "Yesu Kristo Mukama waffe" oba "Mukama waffe Yesu Kristo" (1 Abakkolinso 1:2; 2 Abakkolinso 1:2; 1Peetero 1:3). Ebiseera ebimu abawandiisi

beebazanga abasomi baabwe olw'okukkiriza kwabwe n'obuwulize bwabwe (Abaruumi 6:17; Abakolosaayi 1:4; 1 Abassesolonika 1:3). Ekikulu kye kino: bwe tuba nga tusobola okusisinkanayo embeera *emu* ng'abasomi bayitibwa balokole oba nga beeyita abaalokolebwa, olwo kisoboka okukitegeera nti baali baalokoka. Bwe kiba nga kino si kituufu, ebbaluwa ezo zandibadde ng'amasasi agamala gakubibwa, nga galuubirira okubaako wegakuba – ng'abo be balokole. Amaanyi gonna n'obuvunaanyizibwa bw'abawandiisi b'ebbaluwa zino bwali mu kubuulirira abo abaali bakimanyi nti baalokolebwa.

Nzize mpulira abantu abamu nga bagamba nti omuntu okulowooza nti mulokole kibeera kya kuteebereza buteebereza. Bano bagamba nti Katonda yekka y'amanyi abaalokoka. Naye ekyawandiikibwa ekiri mu bbaluwa ya Yokaana Esooka 5:1-13 endowooza eyo kigiwakanyiza ddala. Bwe kiba nga Katonda ayagala tukimanye nti tuli balokole, olwo tekiba kituufu ffe *obutayagala* kukimanya. Katonda bw'aba yatuwa ekisuubizo kye eky'obulamu obutaggwaawo, naffe tulina okukkiriza, era olwo tekiba kituufu ffe obuteesiga kigambo kye! Ffe baani okugamba nti ekisuubizo kye si ky'amazima gye tuli? Ekigambo kya Katonda ky'amazima ddala. Katonda ayagala tumanye kye tuli era naffe twetaaga okumanya kye tuli!

OKUMALAWO OKUBUUSABUUSA

Enjiri ya Yokaana nayo nkulu mu nsonga ey'okwekakasa obulokozi bwaffe kubanga Yokaana yagiwandiika olw'ekigendererwa ekikulu, nga kye kino: "Yesu yakola eby'amagero ebirala bingi ng'abayigirizwa be balaba, ebitaawandiikibwa mu kitabo kino. Naye bino byawandiikibwa mulyoke mukkirize nti Yesu ye Kristo Omwana wa Katonda era olw'okumukkiriza mulyoke mube n'obulamu mu linnya lye" (Yokaana 20:30-31).

Yokaana yawandiikira abasomi be basobole okukkiririza mu Yesu era bafune obulamu obutaggwaawo. Singa tewaaliwo yeekakasa bulokozi bwe, Yokaana yalitegedde atya ekigendererwa kye? Okutuukiriza ekigendererwa kye yawandiikanga ng'adiήήana ebisuubizo bya Katonda. Ekisinga okumanyibwa kiri mu Yokaana 3:16 ekigamba nti: "Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo."

Ekisuubizo kya Katonda eky'ekirabo eky'obulamu obutaggwaawo tetulina bwe tukifuula kyangu kusingako wano, kigamba nti; kkiririza mu mwana we Yesu olwo ofune obulamu obutaggwaawo. Kino kikkirize oba okigaane.[3]

Ekyawandiikibwa ekirala ekirungi ekiraga ekigendererwa kya Yokaana kiri mu Yokaana 5:24, kigamba nti: "Ddala ddala mbagamba nti awulira ekigambo kyange,

n'akkiriza oyo eyantuma, alina obulamu obutaggwaawo, era talisingisibwa musango, kubanga aliba avudde mu kuzikirira ng'atuuse mu bulamu."

Kankiddemu, ekisuubizo kya Katonda kyangu okutegeera era kyesigika. Bw'oba ng'okkiririza mu Kristo, tolisingisibwa mu musango (olw'ebibi byo, nga mwe muli n'obutakkiriza), naye oliba ovudde mu kufa n'ojja mu bulamu, ng'ovudde mu kwawukana ne Katonda ne weegatta ku maka ga Katonda. Wano tewaliiwo kireetera muntu kubuusabuusa.

Ekyawandiika ekirala okuva mu Yokaana 6:47 kigamba nti: "Ddala ddala mbagamba nti akkiriza aba n'obulamu obutaggwaawo." Tewaliiwo kipya wano, wabula kuno kudiŋŋana kisuubizo kya Katonda ekigamba nti, bw'okkiriza, ng'ofuna obulamu obutaggwaawo.

*GGWE* WEEKAKASA?

Kaakati tukirabye nti ekizibu ky'obuteekakasa bulokozi bwaffe tekiri ku kigambo kya Katonda, era si ky'ekigendererwa kya Bayibuli. Katonda ayagala nnyo ekigambo kye okutegeerekeka gye tuli ate mu ngeri ennyangu. Ekizibu kiri ku ffe abawulira Ekigambo kye. Ekigambo tukkikiriza oba ne tukigaana? Oba mu njogera endala katwebuuze nti, tumukkiririzaamu oba nedda? Okusinziira ku Kigambo kya Katonda tukimanyi nti bwe tukkiririza mu Yesu Kristo okuba omulokozi waffe, olwo tuba tukimanyi nti tumaze okufuna obulamu obutaggwaawo. Ekyo kimalawo empaka zonna ku nsonga eyo kubanga tewali buyinza buli waggulu wa Kigambo kya Katonda.

Newakubadde nga nawuliranga ebisuubizo bino emirundi mingi mu buto bwange ng'omwana, sijjukirayo muntu yenna eyansomooza okubikkiriza nti byali by'amazima gyendi nga nze omuntu. Nalowoozanga nti byali bikwata ku nsi yonna okutwalira awamu. Naye oluvannyuma nga nvubuka natandika okulumwa enjala ey'amazima g'Ekigambo kya Katonda era ne nfuna omuntu eyansomooza okuddamu okubisoma, bwe ntyo kwe kutandika okukkiririza mu bisuubizo bino nga nze omuntu ssekinnoomu. Naye nasoma n'ebitabo ebirala era ne mpuliriza n'abantu abalala abaalina endowooza endala ku ngeri omuntu gy'afunamu obulamu obutaggwaawo. Naye ekiseera ekyaddirira natandika okubuzaabuzibwa nga nneebuuza nti; "Naye ddala nze nanakuwalira ebibi byange ekimala? Mu mazima ddala nalekayo ebibi byonna bye nakolanga? Ddala Kristo namufuula Mukama w'obulamu bwange? Namusuubiza okumwagala, okumugondera n'okumuweerezanga? Olukalala lw'ebintu bye nnalina okutuukiriza nga buli kiseera lweyongerako ebirala. Mu butuufu amangu ddala nga naakamala okulokoka neesanga mu kusoberwa, nga nneebuuza nti; *"Obukkwakulizo buno obulala bwetaagisa omuntu okufuna obulamu obutaggwaawo? Bwekiba bwe kityo, nze ddala nalokolebwa?*

Nzijukira ekiseera lwe kyatuuka ne nnejjiramu ddala ebirowoozo byonna eby'okubuusabuusa obulokozi bwange. Naye bwe nnali sinnakikola, abantu bwe bambuuzanga oba nga ndi mulokole, nga baddamu nti, "Simanyi." Kyalabikanga ng'ekyokuteebereza n'okwepanka nze okubanga nti, "Yee, ndi muloke." Nayogeranga bwe ntyo olw'okuba nnali si nakola bintu byonna abantu bye baŋŋambanga okukola ng'omulokole. Naye lumu akawungeezi bwe nafuluma mu kivvulu ky'ennyimba z'abalokole, nagenda ne mbuulira *guluupu* y'abayimbi emu abaali bayimbye ng'ennyimba zaabwe bwe zaali zinyumidde ennyo. Mu *gulupu* eno mwalimu omuvubuka eyansika omukono nantunula mu maaso n'ambuuza nti, "Charlie, oli mulokole?" Mu kutemya kikowe ne muddamu nti ekyo kituufu. Natandika okujjukira ekintu ky'okubuusabuusa ekisuubizo kya Katonda eky'obulamu obutaggwaawo nga bwe kiri ekikolwa eky'okumuyisaamu amaaso. Omuvubuka ono yali akimanyi nti ye mulokole era nga nange ansuubira okumanya ekyo kyendi – ne *Katonda* naye yali asuubira okuba nga mmanyi ekyo kyendi! Era okuva kw'olwo siddangamu kwemotyamotya omuntu yenna bw'ambuuza ku ky'obulokole bwange.

Engeri gye ntegeeramu Bayibuli endaga nti, omuntu yenna nga Mukristaayo yennyini yandimutuusizza ku ddaala ery'okukkiriza nti yaweebwa ekisuubizo eky'obulamu obutaggwaawo, kubanga ekyo kye kitegeeza okuba nga wafuuka Mulokole, ng'oli *mukkiriza*. Abantu abamu bwe baamala okulokoka, baambi bo tebaatawaanyizibwa na kya kubuusabuusa bulokozi bwabwe. Bwe baamala okukkiriza ekisuubizo kya Katonda olwo byonna ne biba nga biwedde. Ate abalala nabo bakkiriza ekisuubizo naye oluvannyuma ne babuzaabuzibwa. Abamu bamala ne basomoka olufu lw'okubuzabuzibwa okwo, baambi ate abalala ne basigalirayo ddala – mu bulamu obw'okunakuwala nga tebakakasa kiddirira.

Naye amazima ge tutateekwa kusubwa ge gano: Katonda ayagala tukimanye nti twalokolebwa era kimusanyusa bwe tukkiririza mu kisuubizo kye kubanga kino kigulumiza omukwano gwe gye tuli era n'ekigulumiza ekisa kye n'obwesigwa bwe gye tuli. Katonda mulungi ekyenkaniddaawo, atwagala ekissuse, atugabira ekiyitiridde era ekyo ayagala okukitulaga. Naye tasobola kukitulaga nga tubuusabuusa ekisuubizo kye. Singa obulamu obutaggwaawo bwali bwesigama ku bikolwa byaffe, obunyiikivu bwaffe n'obwesigwa bwaffe, twalibadde mu kwebuuza oba nga ddala tukoze ekimala, oba nga tubadde banyiikivu ekimala oba nga tubadde beesigwa ekimala. Okubuusabuusa tekwewalika na ddala bwe tuggya amaaso gaffe ku Katonda n'ekisuubizo kye okuyita mu Yesu Kristo. Bwe tukkiririza mu Yesu Kristo tufuna obulamu obutaggwaawo. Ekyo tekiriiko kabuuza.

Kyamutawaana okuba ng'abalokole bangi babonyaabonyezebwa ebizibu ebiva mu buteekakasa bulokozi bwabwe. Tebasobola kugenda mu maaso kubanga buli kiseera babeera batunula mabega nga beebuuza oba nga ddala baalokolebwa. N'okubuulira kwabwe okw'enjiri kubeera kunafu kubanga nabo bennyini tebakkiririza mu kisuubizo

kya Katonda. Obuweereza bwabwe nabwo bulagaya olw'okuyimirira ku musingi ogw'okubuusabuusa ogutali munywevu.

Naye eri abo abakkirizza ekisuubizo kya Katonda nga beekakasa obulokozi bwabwe babeera mu kusanyuka. Kale n'olwekyo twalokolebwa; tulokolebwa; tuli babe olubeerera – lwa kisa busa!

## EBIBUUZO EBY'OKWEJJUKANYA

1. Wandiikayo yo ezimu ku nsonga ezireetera abalokole okubuusabuusa obulokozi bwabwe?
2. Gabeera malala oba kuba kutebeereza okwogera nga weekakasa obulokozi bwo? Nnyonnyola.
3. Oyinza kweyambisa nyiriri ki eza Bayibuli okuyamba abantu ababuusabuusa obulokozi bwabwe?
4. Nnyonnyola engeri gy'osobola okumalawo okubuusabuusa ku bulokozi bwo, oba engeri gye wamalawo okubuusabuusa ku bulokozi bwo?

# ESSUULA 8

# EKISA N'EBIKOLWA EBIRUNGI

Kaakati wetutuukidde wano nga tumaze okwogera ku kiki ekyetaagisa okuweebwa obulamu obutaggwaawo, okubusigaza n'okukikakasa nti obulamu obwo obulina. Okusinziira ku kisa, okufuba kwaffe okw'obuntu, ebikolwa ebirungi n'obunyiikivu bwaffe tebyetaagisa mu kufuna obulamu obutaggwaawo kubanga eby'ekisa byonna byesigamye ku kufuba kwa Katonda, ku bikolwa bye ebirungi ne kubunyiikivu bwe. Mu bigambo ebirala oyinza okugamba nti byonna Katonda y'eyabikola. Byonna byabaawo lwa kisa busa.

Twakirabye nti mu Baruumi 3:20 wagamba nti, "Kubanga tewali noomu aliweebwa obutuukirivu mu maaso ga Katonda olw'ebikolwa by'amateeka, kubanga amateeka gegatumanyisa ekibi." Era ne mu Baruumi 4:4-5 watugamba nti okukkiriza ky'ekisaanyizo ky'obulokozi so si bikolwa byaffe ebirungi: "Omuntu bw'akola omulimu asasulwa empeera ye. Empeera gyaweebwa tekiba kirabo. Naye atakola bikolwa, kyokka n'akkiriza oyo awa obutuukirivu abo abatatya Katonda, okukkiriza kwe kumubalirwa okuba obutuukirivu."

Kale bwe kituuka ku bulokozi, ebikolwa tebyetaagisa mu kukuweesa obulokozi. Naye bwe kiba nga tetusobola kulokolebwa lwa bikolwa birungi bye tukola, kaakati ebikolwa ebirungi bijjiramu wa? Ffena tukimanyi nti Bayibuli eyogera nnyo ku bikolwa ebirungi n'okutambulira mu bulamu obuweesa Katonda ekitiibwa. Kale, ebikolwa ebirungi bigasa bitya?

## EBIKOLWA EBIRUNGI BYETAAGISA

Ebikolwa ebirungi si ky'ekisaanyizo ky'okuweebwa obulokozi; ebikolwa ebirungi ky'ekibala ekirina okuva mu bulokozi omuntu bw'afuna. Kino kikulu nnyo okukijjukiranga buli kiseera. Okutambulira mu kisa kya Katonda ekirokola kulina buli kiseera okuvaamu ebikolwa ebirungi. Bwe tutambulira mu kirabo ky'obulokozi eky'obwereere, tuyiga okutambulira mu bulamu obusanyusa Katonda. Ekisa kituluŋŋamya okutambulira mu bulamu obw'okutya Katonda so si mu butamutya. "Kubanga ekisa kya Katonda ekireetera abantu bonna obulokozi kirabise, era kituyigiriza tuleke obutatya Katonda, n'okwegomba kw'ensi tulyoke tube

beegendereza, abatuukirivu abatya Katonda nga tuli mu mulembe gwa kaakano" (Tito 2:11-12).

Olwokuba ng'ebikolwa ebirungi si by'ebituweesa obulokozi, tetuteekwa kumaliriza nga tugamba nti si bikulu eri Katonda. Bwe tumala okulokoka, ebikolwa ebirungi bibeera byetaagisa nnyo kubanga ne Katonda abyetaaga. Zino z'ensonga lwaki ebikolwa ebirungi bya mugaso:

*Ebikolwa ebirungi biri mu kigendererwa kya Katonda.* Twakirabye mu bbaluwa y'Abaefeeso 2:8-9, ewagamba nti twalokolebwa lwa kisa okuyita mu kukkiriza era si lwa bikolwa. Naye olunyiriri oluddirira lutubuulira ekigendererwa kya Katonda mu bulokozi bwaffe bwe lugamba nti: "Tuli mulimu gwa Katonda, abaatondebwa mu Kristo Yesu, okukolanga ebikolwa ebirungi, nga Katonda bwe yatuteekateeka okubitambuliramu (Abaefeeso 2:10). Kuteesa kwa Katonda okuva ku lubereberye eri ffe abamaze okukkiriza Kristo okutambuliranga mu bikolwa ebirungi era eno y'ensonga lwaki Katonda yatufuula bitonde biggya mu Kristo Yesu.

*Ebikolwa ebirungi bitulagirwa Katonda*. Bayibuli etulagira okukola ebikolwa ebirungi bingi – bingi nnyo okubimenya ne tubimalayo ("Mwagalanenga" ky'ekyandibadde kisooka okukujjira mu ndowooza). Waliwo ebiragiro ebyaweebwa *Abalokole (Abakristaayo*), naye si biragiro ebiweebwa abatali bakkiriza okubaweesa obulokozi. Bw'okimanya nti Katonda atulagira okugoberera ebiragiro bino, ekyo kikumala okukitegeera nti bya mugaso era kikulu okubigondera.

*Ebikolwa ebirungi bigulumiza Katonda.* Okugulumiza Katonda kwe kumuwa ekyo ky'asaanira, kwe kumuwa ekitiibwa era kwe kumusukkulumya. Buli Yesu lwe yakolanga ekikolwa ekirungi oba eky'amagero, Bayibuli etulaga nti abantu bagulumizanga Katonda.[1] Buli lwe tukola ebikolwa ebirungi, tubeera tugulumiza Katonda oba tuleetera abantu abalala okumugulumiza.[2]

*Ebikolwa ebirungi biyamba abakkiriza n'abatali bakkiriza.* Kino kirabwa n'ayonka, naye era katukyogereko. Ebikolwa byaffe ebirungi bitureetera okuliisa abayala, okuyamba abalwadde oba okuyamba abo abali mu bwetaavu obw'enjawulo.

Newakubadde ng'ebikolwa ebirungi si *ky'ekisaanyizo* ky'obulokozi, naye bisuubirwa *okuva* mu muntu amaze okulokoka. Ebikolwa si ke *kakwakkulizo* k'okuweebwa obulokozi naye ebikolwa ebirungi *ky'ekibala ekiva* mu bulokozi. Bwe tumala okwogera bwe tutyo, tuteekwa okwegendereza eky'obutapimaapima bikolwa bya muntu mu ngeri ey'okubigeraageranya. Ekyokusooka kya byonna, abatali balokole n'abatakkiriza nti Katonda gyali nabo bakola ebikolwa ebirungi, era n'ekyo kye tulowooza okuba ekikolwa ekirungi eky'omulokole, mu maaso ga Katonda kiyinza obutaba kirungi. Ebintu ebirabika okubeera ebikolwa ebirungi biyinza okukolebwa olw'ebigendererwa ebibi.

## EKITUSIKIRIZA OKUKOLA EBIKOLWA EBIRUNGI

Abantu abategeera ekisa kya Katonda era nga bakitambuliramu be bantu abalina okusikirizibwa okusinga obulungi okukola ebikolwa ebirungi nga bagenderera okusanyusa Katonda. Okusikirizibwa okukola ebikolwa ebirungi Bayibuli kweyigiriza si kwa kuweesa muntu bulokozi oba okw'obutagenda mu geyeena, wabula okwolesa okwagala eri Katonda n'okumusiima olw'okutuwa Omwana we eyatufiirira n'atuweesa ekirabo eky'obwereere eky'obulamu obutaggwaawo. Ekisa y'engeri y'okusikirizibwa esinga obulungi okutambulira mu bulamu bw'okukola ebikolwa ebirungi.

Bwe tusoma ezimu ku bbaluwa za Pawulo, tukiraba nti yasookanga kubabuulira emikisa gye tulina mu Kristo okuyita mu kisa, olwo n'alyoka abuulirira abakkiriza okweyisanga obulungi. Kino kirabikira nnyo mu bbaluwa y'Abaruumi, tukiraba nti Pawulo nga tannayogera ku nneeyisa yaffe, yasooka n'awandiika essuula 11, mw'ezo zonna ng'atunnyonnyola nga Katonda bwe yatuwa omukisa. Kaakati bwe yatuuka ku ssuula eye 12:1 n'alyoka atubuulira nga bwe tulina okwanukulira ekisa, ng'agamba nti, "Noolwekyo abooluganda mbeegayirira olw'okusaasira kwa Katonda, muwengayo emibiri gyammwe nga ssaddaaka ennamu entukuvu esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi."

Ekigambo "*noolwekyo* abooluganda mbeegayirira olw'okusaasira kwa Katonda" kitulaga nti Pawulo yali amaliriza ng'awumbawuumba okuyigiriza kwe ku kisa okuva mu ssuula esooka (1) okutuuka ku ssuula ey'ekkumi n'emu (11). Mu bigambo ebirala, oyinza okugamba nti, nga bwe twalokolebwa, ne tutukuzibwa, ne tukuumibwa era tulondebwa ekisa kya Katonda, eno y'engeri gye tusobola okuddizaamu Katonda – nga twewaayo mu bujjuvu gy'ali okusobola okumuweereza. Naye ekyo kitegeeza ki? Nga bwakubiriza abantu okutambulira mu mpisa ez'obwakatonda, Omutume Pawulo annyonnyola mu ssuula ey'ekkumi n'ebbiri (12) okutuuka ku kkumi na mukaaga (16) mu kitabo ky'Abaruumi kye kitegeeza okuweereza Katonda mu ngeri y'okwerekereza (ey'okwessaddaaka).

Ebintu engeri gye biddiriŋŋanamu mu kitabo ky'Abaruumi esangibwa ne mu bbaluwa endala: Emikisa gya Katonda gituleetera okweyisa obulungi; amazima ga Bayibuli ge tutegedde gatuleetera okweyisa mu ngeri esaanira; enzikiriza etuyamba okweyisa obulungi; ekisa kitusikiriza okutambulira mu bulamu obw'okusiima Katonda. Tulaba ensonga ezifaananako zino mu Baggalatiya essuula esooka okutuuka ku ssuula ey'omukaaga (1-6); era ne mu Abaefeeso essuula esooka okutuuka ku mukaaga (1-6) n'Abakkolosaayi essuula esooka okutuuka ku nnya (1 -4). Mu bino byonna omutume Pawulo ayigiriza nti ebikolwa ebirungi biva mu bulokozi. Ebikolwa ebirungi tebisuubirwa nnyo kuva mu muntu atannalokoka.

## EDDIINI BBIRI ZOKKA

Mu kiseera kino olina okuba ng'otegeera ekifuula ekisa okubeera ekyangu ennyo era ekyewuunyisa ennyo era lwaki Obukristaayo Bayibuli bweyigiriza bwawukana n'eddiini endala zonna eziri mu nsi. Eddiini endala zonna zirina kye zikusaba okutuukiriza oba okukola nga tonnaweebwa bo kye bayita '*obulokozi'* oba *empeera ey'olubeerera* ng'ovudde mu bulamu bw'ensi.

- Ab'enzikiriza ya Bbuda (Budha) bayigiriza nti omuntu okufuuka omugoberezi ateekwa okusooka okuyita mu Mitendera Emikulu Munaana.
- Obusiraamu buyigiriza nti omuntu okugenda mu ggulu alina okutuukiriza Empagi Ettaano era ng'atambulira mu bulamu obw'obutukuvu.
- Abahindu bayigiriza nti omuntu okufuuka Omuhindu alina okugoberera Emitendera gy'Okufumiitiriza Ena (Yogas).
- Abasikizimu bayigiriza nti omuntu okufuuka omusikizimu alina okugoberera ebirowoozo bye n'okutambulira mu bulamu obw'okwegendereza.
- Obuyudaaya buyigiriza nti omuntu alina okweyisa obulungi ng'agoberera amateeka ga Tora (ebitabo by'ekiyudaaya ebitaano ebisooka).
- Abamomoni bayigiriza nti omuntu alina kusooka kubatizibwa era n'okugoberera amateeka n'ebiragiro.
- Abajulirwa ba Yakuwa (Jehovah's Witnesses) bayigiriza nti omuntu okufuuka owa Yakuwa alina okuweereza n'okugondera Yakuwa.
- Obukatoliki Obw'Erooma buyigiriza nti Omukatoliki alina okutuukiriza Amasakramentu Omusanvu.
- Obupolotesitanti obw'amateeka buyigiriza nti omuntu okubeera Omupolotesitanti ateekwa okuba omuwulize eri Katonda n'okugondera ebyo Bayibuli byeyigiriza.
- Obupolotesitanti obukkiririza mu nkyukakyuka buyigiriza nti omuntu alina okukola obulungi eri abantu abalala.

Ng'eddiini endala zonna zigamba nti, "kola kino olyoke ofuuke kino," Obukristaayo (Obulokole) bwo bugamba nti, "ekyo kyakolebwa dda!" Ekisa, ye Katonda okukola buli kintu ekyetaagisa ku lw'obulokozi bwaffe, olwo tulyoke tubeere nga tetulina kya

kukola okusobola okulokolebwa. Ensonga y'obulokozi bwaffe YAKOLWAKO dda Yesu bwe yafa ku musaalaba era n'azuukira. Tetulina kye tusobola kwongera kw'ekyo ekyakolebwa!

## EBIKOLWA EBIRUNGI BISOBOLA OKUBEERA OBUKAKAFU BW'OBULOKOZI?

Abantu abamu bakikkiriza nti tulokolebwa kuyita mu kukkiriza kwokka era si lwa bikolwa, wabula bayigiriza nti ebikolwa ebirungi byetaagisa okukakasa nti obulokozi bwaffe bwa ddala. Mu kifo ky'okuzitoya enjiri nga bagittikako emigugu mu maaso, bagizitoya nga bagittikakako ebizitowa emabega. Waliwo enjogera ey'ettutumu egamba nti, "tulokolebwa lwa kukkiriza kwokka, naye okukkiriza okulokola tekuba kwokka." Newakubadde nga kino kiyinza okuwulikika ng'ekituufu nga waakakiwulira, naye bw'okyetegereza obulungi okiraba nga tekikola makulu gonna, kubanga kigamba nti okukkiriza kuteekwa kubeera kwokka naye ate si kwokka!

Tubeera batufu ddala okusuubira nti abo abamaze okukkiriza Yesu okuba omulokozi waabwe era nga bazaaliddwa mu nnyumba ya Katonda, balina okubaako ekigera ky'obulamu obukyusiddwa kye batambuliramu. Abantu abamu baagala okulaba obulamu buno obukyusiddwa mu balokoleddwa – oluusi ekiyitibwa "ekibala" oba obujulizi – nga buno bwe bukakafu obulaga nti omuntu oyo yalokoka. Naye singa ebibala by'ebikakasa obulokozi, olwo kitegeeza nti oyo atalina bibala oba ebikolwa ebirungi abeera si mulokole. Mu ndaba y'ebintu eno, kiba kitegeeza nti ebikolwa ebirungi by'ebikakasa obulokozi bw'omuntu obutaggwaawo oba obutabukakasa.

Ennyiriri za Bayibuli ezimu zikozesebwa abantu abawakana nga bagamba nti ebikolwa by'omuntu by'ebikakasa obulokozi bw'omuntu oba obutabukakasa. Oboolyawo ennyiriri ezisinga okukozesebwa ze zino: Yakobo 2:14-26; Yokaana 15:6; ne Matayo 7:15-20. Naye Yakobo yali awandiikira abakkiriza ku makulu g'okukkiriza kwabwe, so si ku butuufu bwakwo. (Kino tujja kweyongera okukiraba mu maaso eyo). Era kye kimu ne mu Yokaana 15:6, Yesu yali ayogera ku bakkiriza abatabala bibala era ng'abageraageranya n'amatabi agookebwa – nga kyategeeza nti tegabeera ga mugaso nnyo. Matayo 7:15-20 atulabula ku bannabbi ab'obulimba - okutwalira awamu yali tayogera ku bakkiriza. Kubanga bannabbi bano ab'obulimba basobola okulabibwa nga tusinziira ku bikolwa byabwe ebibi oba enjigiriza yaabwe ebuzabuuza- wabula Yesu yali tayogera ku bbula lya bibala mu bakkiriza okutwalira awamu.

Tewaliiwo kyawandiikibwa kitugamba nti ebikolwa ebirungi by'ebikakasa obulokozi bwaffe. Mu butuufu waliwo ebizibu bingi buli lwe tugezaako okukozesa ebikolwa

ebirungi okubeera obukakafu obw'obulokozi – oba obutabaawo bwa bikolwa okumenyawo obukakafu bw'obulokozi. Tunuulira ensonga zino wammanga:

*Ebikolwa ebirungi bisobola okufaanaganya abakkiriza ku batali bakkiriza.* Ebikolwa ebirungi ku bwabyo tebisobola kukakasa nti omuntu abikola yalokoka. Abantu abangi abatakkiririza mu Kristo emirundi mingi bakola ebikolwa ebirungi. Ebikolwa ebirungi mu butuufu bikulu eri enzikiriza ezisinga obungi ezitali z'Abakristaayo. Oluusi enneeyisa y'abantu abamu abatali balokole esingira ddala obulungi ey'Abalokole abamanyiddwa.

*Ebikolwa ebirungi si byangu bya kunnyonnyolwa*. Newakubadde nga tuyinza okunnyonnyola ekikolwa ekirungi okuba nga ky'ekintu ekikolebwa omukkiriza ng'aluᾐᾐamizibwa Omwoyo. Naye tuyinza tutya okumanya obutuufu bw'ekikolwa ekyo buli kiseera? Kizibu okulowooza nti omuntu yenna (omukkiriza oba atali mukkiriza) nti ayiza okumalako olunaku olulamba nga takozeeyo *kintu* kyonna kirungi, gamba; ng'okugulira ab'omu makaage ebikozesebwa oba okubaako omuntu gw'ayambako. Kale tukimanya tutya nti ebikolwa ebirungi bikoleddwa okuyita mu Mwoyo, nti era biruᾐᾐamiziddwa Mukama, na ddala nga bikoleddwa abatali balokole?

*Ebikolwa ebirungi tubigeraageranya okusinziira*. Newakubadde ng'enneeyisa y'omuntu alokose eyinza okuba nga tennalongooka, naye ate era eyinza okuba ng'ekyuseeko okuva weyali ekiraga nti agenda akula mu bya Mukama. Ekigambo eky'obuwemu kiyinza okusumattuka mu kamwa k'omuntu ono era kino ne kinyiiza abakkiriza abamuliraanye, wabula ng'abakkiriza abo tebamanyi nti ono ayogedde ebitajja, eyo y'eyali enjogera ye olunaku lwonna nga tannalokoka. Obungi bw'ebibala tuteekwa okubugeraageranya n'obulamu bw'omuntu bwe yalimu nga tannalokoka, ekintu ekitali kyangu. Wabula ate ebikolwa ebirungi mu bulamu bw'omuntu bisobola obutatunuulirwa singa akolayo ekibi eky'enkukunala.

*Ebikolwa ebirungi biyinza okuba nga tebirabika mu mbala yaabyo*. Ekibala ky'obulokozi si ky'ekyo kye tukola buli kiseera, wabula ekyo kye tutakola buli kiseera. Omuntu amaze okulokoka ayinza okuba nga takyatamiira oba nga yalekeraawo okuboggolera abavuga obubi ku luguudo. Ekibala ky'omwoyo kino – eky'okwegendereza – kiyinza obutalabibwa balala kubanga si kya lwatu (kisirifu) olw'embala yaakyo.

*Ebikolwa ebirungi biyinza obutalabika.* Mu Matayo 6:1-6 Yesu yalagira abagoberezi be okuwangayo n'okusabira mu kyama okusinga mu lujjudde. Omuntu atasabira mu kibiina ayinza okusabira mu mmotoka ye ng'avuga nga tewali ategedde. Omulala ayinza okuba nga takuᾐᾐaana mu kkanisa buli kiseera naye nga buli kiseera awaayo ssente mu bitongole by'Abalokole ebigabira abantu obuyambi. Ebikolwa bino biyinza obutamanyibwa balala.

*Ebikolwa ebirungi biyinza okutulimba.* Olw'okuba nga tetusobola kumanya bigendererwa bya buli muntu, ekikolwa ekirabika okuba ekirungi kiyinza okukolebwa olw'ebigendererwa ebikyamu. Omukyala omu ayinza okuwaayo ensimbi eri ekkanisa olw'okwagala okukubaganya abalala. Omusajja omu ayinza okwagala okukola obwannakyewa mu baana b'ekkanisa naye ng'alinda lw'alifuna omwagaanya alyoke abakoleko eby'obuseegu (abatunuze mu mbuga ya Setaani). Kale okiraba nti ebikolwa bya bano tebibeera birungi n'akamu! Ebigendererwa by'omuntu bizibu okubitegeererawo, naye Katonda yekka y'amanyi omutima gwa buli muntu.[3]

*Ebikolwa ebirungi biyinza obutabeerera.* Bayibuli eyogera nti kisoboka abakkiriza okutandika obulungi naye ne bava ku mulamwa gw'olugendo lwabwe ne Mukama oba ne bagwa mu kibi.[4] Singa omulokole, omusajja oba omukazi alaga obujulizi bw'obulamu obukyusiddwa naye ate oluvannyuma n'addayo mu mpisa ze ez'edda, ddi mu bulamu bwe lwe tulina okukakasa nti akyali mulokole oba nti takyali? Kaakati bwe kiba ng'omuntu asobola okuddirira mu bikolwa ebirungi, okuddirira okwo kulina kukoma wa ffe tulyoke tumubale nti takyali mulokole?

Tewali wantu wonna mu Bayibuli weyigiririza nti ebibala oba ebikolwa ebirungi nti by'ebikakasa obulokozi bw'omuntu obutaggwaawo. Olw'okuba ng'ekibala ky'ebikolwa ebirungi si kyangu kya kwawula ate era si kyangu kya kupima, n'olwekyo tekisobola kubeera bujulizi obwesigamwako omuntu okubeera nga yalokoka. Enkola ey'okupimaapima ebibala by'omukkiriza etondawo enkola y'obutamanya ani ddala eyalokoka. Kubanga obungi bw'ebibala obwetaagisa okusanyusa "omukebezi w'ebibala" omu buyinza obutamatiza "omukebezi w'ebibala" omulala. Newakubadde ng'ebikolwa ebirungi bisobola okukola ng'obujulizi eri omuntu akkirizza Kristo, naye si bwe bujulizi obumala okukakasa obulokozi bw'omuntu oba obutabukakasa. Omuntu okussa okukkiriza kwe mu kisuubizo kya Katonda eky'obulamu obutaggwaawo ng'ayita mu Kristo Yesu kye kyokka ekikakasa obulokozi bwe.

## NAYE OKUKKIRIZA OKUTALIIKO BIKOLWA TEKUBA KUFU?

Tekiriiko kuwannaanya, okukkiriza okutaliiko bikolwa kuba kufu – Yakobo 2:17 bw'atyo bw'agamba. Naye ekyo kitegeeza ki? Amakulu ga Yakobo 2:14-26 gamaze ebbanga nga galiko akaleegabikya, era ne leero bwe kiri. Ddala ekyawandiikibwa kino kiyigiriza nti abo abaatula nti Yesu ye Mulokozi waabwe naye nga tebabala bibala babeera si balokole ddala? Kino kibeera tekiwakanya ekyo kye tulabye mu Baruumi 3-4 oba mu Beefeeso 2:1-9 ewatugamba nti obulokozi tubufuna lwa kisa okuyita mu kukkiriza kwokka so si lwa bikolwa?

Bwe tuba twagala okutegeera amakulu g'ebyandiikibwa bya Yakobo, tulina okusooka okubaako ebintu bye twetegereza. Ekisooka, obubonero bwonna butulaga nti abantu

be baawandiikira ebbaluwa eno baali bakkiriza. Baali baazaalibwa okuva waggulu (Yakobo 1:18), nga baafuna okukkiriza mu Kristo(2:1), era nga bayitibwa "ab'oluganda" (1:2, 19; 2:1,14; 3:1; 4:11; 5:7,10,12,19). Kale kiba tekikwatagana Yakobo okugamba abamu ku bantu abo nti tebaali balokole ddala.

Ekyokubiri, omulamwa gw'essuula eno gwali gwetolooddwa ensonga ey'okulamulwa (ku lunaku lw'omusango). Okulamulwa kwokka omukkiriza kwagenda okubeeramu kwekwo okulibeera ku ntebe Kristo kw'alisalira omusango. Kuno si kulamula okw'okulaba oba ng'omuntu oyo asaanidde okugenda mu ggulu oba mu geyeena. Kuno kulamulwa okwesigamye ku bikolwa ebirungi eby'omukkiriza bye yakola oba ku mukkiriza obutaba nabyo, ng'ekigendererwa kya kumuwa mpeera oba ekibonerezo.[5]

Ekyokusatu, obulokozi obw'endowooza y'omuntu si bwe bulokozi obw'okuwona geyeena. Ekigambo *okulokoka* kikozesebwa nnyo ku bantu ababeera bataasiddwa okuva mu mbeera enzibu eziteeyagaza.[6] Yakobo yeeyambisa ekigambo kino mu ssuula 1:21; 5:15; ne 5:20 ng'ayogera ku *Mulokole* ataasiddwa okuva mu mbeera enzibu eziteeyagaza. Kale okiraba nti yali tayogera ku bulokozi obw'omwoyo obutaggwaawo. Ekigambo kino *okulokolebwa* kyakozesebwa mu 2:14-26 nga kyogera ku mulokole okuwona omusango gw'obutabala bibala okumusinga ng'ali mu maaso g'entebe ya Kristo kw'alamulira; singa guba gumusinze emirimu gye gya kwokebwa, bw'atyo afiirwe empeera ye gye yandifunye.[7] Amagoba Yakobo g'ayogerako si bulokozi naye emiganyulo egiva mu bikolwa ebirungi egifunibwa mu bulamu buno ne mu bulamu obuddako.

Kale nno Yakobo yali talumirwa kya basomi be butabeera na kukkiriza *okwa ddala*, naye yali afaayo ku *ky'omutindo* gw'obulamu bwabwe ng'abalokole (geraageranya 1:3; 2:1; 5:15) era yali ayogera ne ku *ky'omugaso* gw'okukkiriza kwabwe (geraageranya 1:12, 26; 2:1, 16, 20). Yakobo tagamba nti okukkiriza *okulokola* omuntu kulabikira mu bikolwa, naye agamba nti ewatali bikolwa okukkiriza *okwo* tekubeera kwa mugaso oba tekubaamu muganyulo mu bulamu buno ne mu maaso g'entebe ya Kristo kw'alamulira. Ekinyusi ekikulu ekiri mu nsonga ya Yakobo be bakkiriza "okubeera abakozi b'ekigambo," nga kino kye kimu n'okubeera "abakozi b'omulimu," kubanga baweebwa omukisa mw'ebyo bye bakola (1:25). Eky'okulabirako; okubeera n'okukkiriza n'ogumiikiriza okugezesebwa kikufunyisa empeera okuva eri Katonda (1:3-12); okusaasira abalala kukuweesa okusaasirwa mu maaso g'entebe ya Kristo kw'alamulira (2:8-13). Naye okukkiriza okutayolesa bikolwa tekukugasa mu kufuna emikisa gino era tekuyamba na balala.[8] Ekigambo *kuba kufu* mu kyawandiikibwa kino kirina okutegeerwa nti kitegeeza ekintu ekitalina mugaso oba ekitaliiko magoba, so si ekitaliiwo.

Mu Yakobo 2:19 okukkiriza kwayogerako nakwo kutulaga okukkiriza okutagasa olw'obutaba na bikolwa. Okukkiriza kwa badayimoni tekusobola kulokola muntu yenna kubanga balina enzikiriza egamba nti Katonda ali omu yekka nti era okukolagana naye toyita mu Yesu Kristo. Ensonga ya Yakobo gy'anyweza ku kukkiriza kwa basetaani kwe kutubuulira nti bakankana bukankanyi, naye olw'okuba nga bakankana bukankanyi ne batakola bikolwa birungi okwewala okusingibwa omusango, n'olwekyo okukkiriza kwabwe tekubayamba.

Yakobo bw'ayogera ku "ky'okuweebwa obutuukirivu olw'ebikolwa" (2:21, 24, 25) abeera tayogera ku butuukirivu obutuweebwa nga tulokoka omutume Pawulo bw'ayogerako.[9] Singa ekyo si bwe kiri wandibaddewo okukontana mu Bayibuli ku nsonga y'obutuukirivu obutuweebwa nga tulokose. Yakobo yali ayogera ku kukola ebikolwa ebisaanira mu maaso g'abantu abalala. Ne Pawulo akkiriziganya n'enkozesa y'ekigambo *okuweebwa obutuukirivu* mu Baruumi 4:2 bwe yayogera ku nneeyisa ya Ibulayimu mu maaso g'abantu. Mu Bayibuli mulimu ebika by'obutuukirivu bya mirundi ebiri. Ekika ekimu ky'eky'obutuukirivu obulabikako obutuleetera okusimiibwa mu maaso g'abantu. Ekika ekirala, bwe butuukirivu obutuweebwa mu kkooti ya Katonda ne butuleetera okusiimibwa mu maaso ga Katonda. Yakobo yali ayogera ku butuukirivu obuva mu bikolwa ebirabwako kubanga Ibulayimu yali yaweebwa dda obutuukirivu bwa Katonda mu Lubereberye 15:6 (Yakobo 2:23) bwe yali nga tannawaayo Isaaka eri Katonda mu Lubereberye 22 (Yakobo 2:21). Okusiimibwa kwe eri abantu kwalabibwa, abantu bwe baamuyita "mukwano gwa Katonda" (2:23). Kale bwe kityo, okukkiriza kwa Ibulayimu ne "kutuukirira" oba ne kukula olw'okukwolesa (2:22).

Mu Yakobo 2:26, yali tatugamba nti okukkiriza kuteekwa okulabikira mu bikolwa, naye yali agamba nti ebikolwa bireetera okukkiriza okuba okulamu oba okw'omugaso, ng'omwoyo bwe gufuula omubiri okubeera ogw'omugaso. Ensonga si ya kuba nti okukkiriza tekuli mu mukkiriza, wabula okukkiriza okwo okuli mu mukkiriza kuvaamu kutya amagoba oba kumugasa kutya.

Ebyawandiikibwa bino mu Yakobo byawandiikibwa eri abakkiriza (abalokole) nga bibakubiriza okukola ebikolwa ebirungi ekiyamba okukkiriza kwabwe okukula era n'okubagasa bo bennyini awamu n'abalala. N'olwekyo tewaliiwo kukubagana mpawa wakati w'ebbaluwa ya Yakobo ne Pawulo. Omutume Pawulo bw'ayogera ku ky'okuweebwa obutuukirivu nga tuyita mu kukkiriza kwokka, era aba ayogera ku butuukirivu obw'obwereere obutuweebwa mu maaso ga Katonda. Wabula Yakobo bw'ayogera ku butuukirivu bwe tufuna olw'okukkiriza obulabikira mu bikolwa, abeera ayogera ku bikolwa eby'obutuukirivu bye twolesa mu maaso g'abantu. Mu Baruumi essuula eyokusatu okutuuka ku yokutaano (3-5), Pawulo ayogera engeri omuntu gy'afunamu obulamu obuggya mu Kristo. Mu Yakobo 2:14- 26, Yakobo ayogera engeri omuntu gy'afuulamu obulamu obuggya okubeera obw'omugaso. Singa

ebyawandiikibwa bino mu Yakobo tubitwala okutegeeza nti omuntu alina okwolesa obulokole *bwennyini* ng'ayita mu bikolwa, olwo ebikolwa ebirungi bifuuka akakwakkulizo akateewalika eri omuntu okuweebwa obulokozi – ekintu ekikontana n'obulokozi bwe tuweebwa olw'ekisa. Bwe tweyongerayo okukiraba mu maaso, tewaliiwo nkola etulaga obungi bw'ebikolwa ebirungi ebyetaagisa okukakasa obulokozi bw'omuntu. Kino kiba kiggulawo oluggi lw'endowooza ey'ekintu okuba ekituufu okusinziira ku ndaba y'abantu ab'enjawulo era ne kinafuya omulamwa gw'obulokozi okubeera gguggulu – nga kino ky'ekisuubizo ky'Ekigambo kya Katonda ekigamba nti buli akkiririza mu mulimu gwa Kristo alirokoka.

## NAYE OYOGERA KI KU MWAMI JOE?

Buli muntu olinayo omukazi oba omusajja gw'omanyi eyeeyita omulokole naye nga teyeeyisa nga mulokole. Abantu abagamba nti baalokoka naye nga tebeeyisa ng'abalokole balowoozesa abooluganda ebintu bingi. Bino bye bimu ku binnyonnyola abantu bwe bati:

*Bano babeera baafiirwa obulokozi bwabwe (nga baagwa).* Kino tukiwakanyizaawo mu bwangu kubanga twakirabye dda nti obulokozi tebuggwaawo era bunywevu ddala.[10] Eri abo abagamba nti balokole abaazalibwa omulundi ogwokubiri naye nga teebeyisa mu nneeyisa ya Kikristaayo, waliwo engeri endala gy'osobola okunnyonnyola ekizibu kyabwe ng'osinziira ku byawandiikibwa ng'ebintu obirabira mu ng'eri y'ekisa kya Katonda.

*Bano babeera tebaalokera ddala mu mazima.* Oboolyawo kisoboka okuba nga tebaategeera mazima ga bubaka bwa njiri obwogera ku mulimu Kristo gwe yakola ku musaalaba ku lwabwe. Oboolyawo nga tebaategeera ngeri gye baanukulira kukkiriza okubasuubirwamu. Bayinza okuba nga baakola "okusalawo" oba nga baayatula obulokozi nga beesigamye ku mawulire amakyamu, oba ku kupikirizibwa oba ku kukucamuukirira mu kifo ky'okwesigama kw'ebyo Bayibuli byeyigiriza. Bano babeera tebakkiririza mu Kristo n'omulimu gwa Yesu gwokka okuweebwa obulamu obutaggwaawo, n'olwekyo tebabeera balokole.

*Bano babeera balokole abatannaba kukula mu lugendo lwabwe olw'obulokole*. Mu butuufu buli muntu yandisuubidde omuntu amaze okulokoka okubeera ng'akula – nga bw'ava mu mize emikadde n'enkola z'ensi nga bw'adda mu nneeyisa empya. Ebbanga ery'okukuliramu liyinza obutenkanankana na lya mulala, naye omuntu yenna amaze okulokoka asuubirwa okubaako eddaala ly'obukulu ly'atuukako buli kiseera mu lugendo lwe olw'obulokozi.

*Bano babeera balokole abakyatawaanyizibwa n'ekibi.* Abakristaayo abamu batawaanyizibwa olw'ebyo bye baayitamu, omuli emize n'enneeyisa yaabwe ng'abantu bye baakolanga, kale bwe batyo ne beesanga nga basendebwasendebwa okukola ebibi ebimu era

olw'olumu ne balemererwa okukola ekituufu. Abantu bano abeeyisa obubi kisoboka okuba nga bamaze ebbanga ddene ng'abalokole era nga balina n'empisa ezimu ze baakyusa mu nsonga ezimu. Kale babeera n'ekibi ekyabasiba nga tebannolokoka oboolyawo okuva mu buvubuka bwabwe. Bwe batyo ne kibazibuwalira okwekutula ku maanyi ago agabeera gasibye ebitundu by'obulamu bwabwe ebyo. Kino okusinga kibeera nnyo ku bantu abaali baawambibwa omwenge, ebiragalala n'obwenzi.

*Bano babeera balokole "abaddirira."* Bano babeera bakkiriza aba namaddala abaasalawo okweyisa ng'abantu b'ensi. Abalokole abamu kino bakiwakanya bwe balaba omuntu ng'asigadde mu kibi ebbanga eddene. Naye era abalokole abasinga obungi bakkiriza nti ab'oluganda abamu basobola okusalawo obubi bwe batyo ne babeera mu bulamu obw'obutawuliriza kuwabulwa kwa baaluganda.

Eky'okuddamu ku bika by'abantu bano kisangibwa mu kisa kya Katonda. Bano bateekwa okutegeera enjiri ey'ekisa kya Katonda, ne bagikuliramu, ne beewaayo eri amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu g'abawadde, oba ne beenenya bwe batyo ne bazuula ekisa ky'ekisonyiwo kya Katonda n'okuddizibwaawo mu kifo kyabwe ekituufu.

Ku nkomerero ya byonna, Katonda yekka oboolyawo n'abantu aboogeddwaako (abeeyita abalokole naye nga tebeeyisa ng'abalokole) be bakimanyidde ddala oba nga ddala baalokolebwa. Ebikolwa byabwe byokka tetusobola kubipimirako bulokole bwabwe. Omulimu gwaffe kwe kukakaksa nti bategeera enjiri n'ekisa kya Katonda enjiri ky'ekiikirira, era ne tubakubiriza n'okubaluŋŋamya okutambulira mu butuukirivu. Bwe babeera nga bakkiriza bennyini bajja kuwa embalirira ku ngeri gye baakozesaamu obulamu bwabwe mu maaso g'entebe ya Kristo kw'Alisalira emisango.

Ebikolwa ebirungi si ky'ekisaanyizo ekituweesa ekisa kya Katonda ekirokola, wabula ebikolwa ebirungi by'ebiva mu kisa ekyo kye tufuna. Mu butuufu ebikolwa ebirungi bikulu nnyo mu bulamu bw'Omulokole obusaanidde, kubanga bifuula okukkiriza kwaffe mu Yesu Kristo okubeera okw'omugaso eri abalala era ne kuba kwa mugaso nga tuwa embalirira mu maaso ga Katonda. Naye tulina okwegendereza nga tulowooza nti kyangu okusalawo oba okupima ebikolwa ebirungi mu bulamu bw'omulala. Katonda ekyo y'asinga okukimanya. Gye tukoma okweyongera okukula mu kusiima ekisa kya Katonda era nga bwe tuyigiriza obussukkulumu bw'ekisa kye, ffe n'abalala gye tukoma okweyongera okukula mu bikolwa ebirungi. Ng'abakkiriza, kitugwanira okutambulira mu bulamu obuweesa Katonda ekitiibwa era n'okwewaayo okukola obulungi. Naye tujja kukiraba oluvannyumako nti ekyo tetusobola kukikola mu maanyi gaffe ag'obuntu.

## EBIBUUZO EBY'OKWEJJUKANYA

1. Nnyonnyola enjawulo eri wakati w'omugaso gw'ebikolwa ebirungi mu bulokozi ne mu bulamu bw'Omukkiriza.
2. Lwaki ebikolwa ebirungi tebisoboala kukakasa nti omuntu abikola yalokoka?
3. Oyanukula otya omuntu agamba nti Yakobo 2:14-26 atulaga nti ebikolwa byetaagisa okukakakasa obulokozi bwaffe?
4. Oyogera ki ku nneeyisa y'omuntu agamba nti yalokoka naye nga teyeeyisa nga Mulokole?

## ESSUULA 9

# OKUWA OBUPYA EMBALIRIRA

Nga bwe nakyogeddeko emabegako, abantu abamu balowooza nti okuggumiza oba okussa ennyo essira ku kisa kya Katonda kuleetera abakkiriza okuba n'enneeyisa etali ya buvunaanyizibwa ekivaamu okuvumisa ekisa ekyo. Bagamba nti, "Anti olina tiketi ekutwala mu ggulu, n'olwekyo osobola okukola kyonna ky'oyagala."

Naye ekyo si kwe kutegeera engeri entuufu ekisa gye kikolamu era ekyo Bayibuli si kyeyigiriza. Tunuulira Tito kyagamba wano mu Tito 2:11-12, "Kubanga ekisa kya Katonda ekireetera abantu bonna obulokozi kirabise, era kituyigiriza tuve mu butataya Katonda, n'okwegomba kw'ensi, tulyoke tube beegendereza, abatuukirivu abatya Katonda nga tuli mu mu mulembe gwa kaakano."

Ekisa kya Katonda tekituggyaako buvunaanyizibwa; wabula kituyigiriza okuba ab'obuvunaanyizibwa n'ekisa ekyo kye twaweebwa. Ekigambo "*kituyigiriza*" ekikozeseddwa mu nnyiriri ezo waggulu kitegeeza "okutendeka," era kino ky'ekigambo omuva ekigambo eky'Olungereza ekiyitibwa 'pedagoogi' *(pedagogy)* nga kitegeeza ennono ezikozesebwa mu kutendeka abaana. Ng'abaana ba Katonda, tutendekebwa okuleka ebitali bya bwakatonda ate ne tugoberera eby'obwakatonda.

Ekyo bwe kiba nga ky'ekigendererwa ky'ekisa, kaakati kiba kitegeeza nti tugenda kuwa embalirira mu maaso ga Katonda engeri gye twakozesaamu ekisa kye. Waliwo empeera n'ebyo ebiva mu kusalawo kwetukola n'engeri gye tweyisaamu. Katonda taleka baana be kweyisa nga nsolo za mu nsiko. Alina enkola ez'enjawulo z'akozesa okukyusa enneeyisa zaffe.

## TULINA OKUWA EMBALIRIRA.

Mu Ndagaano Empya tulina okubikkulirwa okujjuvu okukwata ku kiseera lwe tuliyimirira mu maaso ga Katonda okuwa embalirira ku ngeri gye tweyisaamu nga tukyali ku nsi. Ekiseera kino kiyitibwa eky'Entebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango. Emirundi egimu kyogerwako mu Luyonaani nga kiyitibwa *Bbema.* Tunuulira eky'okulabirako kino ekya *Bbema* mu Baruumi 14:10-12 ewasoma nti:

Naye lwaki osalira muganda wo omusango? Oba lwaki omuyisaamu amaaso? Kubanga
ffenna tugenda kuyimirira mu maaso g'Entebe ya Kristo kw'alisalira omusango.
Kubanga kyawandiikibwa nti: "Nga bwendi omulamu, bwayogera Mukama,
buli vviivi lirinvunnamira, era buli lulimi lulyatula Katonda."

Kale buli omu ku ffe aliwa embalirira ye eri Katonda.

Okwogera ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango mu nnyiriri zino kyali kiraga Abakristaayo abaali basalira bannaabwe emisango ku nsonga ezaali zikoonagana, ng'abagamba nti ku nkomerero ya byonna Katonda y'eyali ow'okubalamula so si bantu bannaabwe.

Weetegereze enzigumiza y'ekigambo - "Ffenna tugenda" era "na buli vviivi….na buli lulimi" era na buli omu ku ffe." Tewali n'omu ataliyimirira mu kulamulwa kuno. Amakulu agali mu kigambo "ffe" n'omulamwa gw'ebbaluwa y'Abaruumi bitulaga nti Pawulo n'abakkiriza Abaruumi be baali boogerwako era kino kitegeeza nti kuno kwali kulamulwa kw'abakkiriza abaalokoka. Era kino kitegeere nti omusango guno ogwogerwako gwa nneeyisa yaffe nga tuli ku nsi so si musango gwa bulokozi bwaffe. Ensonga y'obulokozi bwaffe yo yamalirizibwa dda bwe twaweebwa obutuukirivu omulundi gumu emirembe n'emirembe. Obulokozi bwaffe obutaggwaawo tebulibeerako kabuuza konna wabula ebikolwa byaffe, enneeyisa yaffe n'ebigendererwa byaffe Katonda agenda kubiyisa mu kasengejja.

Amazima geegamu era gannyonnyolwa bulungi mu Bakkolinso Ekyokubiri 5:10: "Kubanga ffe fenna kitugwanira okulabisibwa Kristo w'alisalira emisango; buli muntu aweebwe ekimusaanira okusinziira ku birungi oba ku bibi bye yakola nga akyali mu mubiri." Era wano tukiraba ng'abakkiriza baayogerako be "ba ffe." Ebikolwa bye tukola mu bulamu buno by'ebisalawo omugabo gwe tulifuna okuva eri Katonda. Ebirungi n'ebibi ebiva mu nneeyisa yaffe byombi byogeddwaako. Katwongere okwetegereza embeera y'ebyo ebiva mu nneeyisa yaffe.

EBIRUNGI EBIRIVAAMU

Enneeyisa ennungi n'ebigendererwa ebirungi bigenda kusasulwa empeera ebigwanira. Bayibuli eyogera ku mpeera nnyingi ezirigabibwa. Ekyawandiikibwa ekikulu ennyo kiri mu Bakkoliso Ekisooka 3:11-15:

"Kubanga tewali muntu ayinza kuteekawo musingi mulala wabula ogwo ogwateekebwawo, ye Yesu Kristo. Naye omuntu yenna bw'azimbanga ku musingi ogwo zaabu, ffeeza, amayinja ag'omuwendo omungi, emiti, essubi, ebisasiro; omulimu ogwa buli muntu gulirabibwa, kubanga ku lunaku luli omuliro guligwolesa, n'omuliro gwennyini gulikema omulimu ogwa buli muntu bwe gufaanana. Omulimu ogwa buli muntu gwe yazimbako bwe gulisigalawo, aliweebwa empeera. Omulimu ogwa buli muntu bwe gulyokebwa, alifiirwa; naye ye yennyini alirokoka; naye bw'ati, kuyita mu muliro."

Omusingi kasita gumala okuteekebwaawo – nga yenkolagana yaffe ne Yesu Kristo enywezebwa okuyita mu kukkiriza – naffe tuteekwa kuzimbira ku musingi ogwo. Mu ndaba ennyangu Pawulo alabika nga yali ayogera n'abaweereza abaali bayigiriza abakkiriza, naye amazima gano era gaakwata ku buli Mukristaayo yenna. Walibaawo "olunaku" olw'enjawulo, luno lwe lunaku lwe tuliwa embalirira mu maaso g'Entebe Yesu kw'Alisalira Omusango. Okusala omusango ebiseera ebisinga kukyikirirwa omuliro mu Bayibuli, nga gwe gugenda okugezesa emirimu gyaffe.

Abamu emirimu gyabwe girikyikirirwa zaabu, feeza, n'amayinja ag'omuwendo omungi – agagumira omuliro; abalala emirimu gyabwe giriba gya mbaawo, essubi n'ebisusunku – nga bino byonna biryokebwa omuliro. Ennyiriri zino tezoogera kukusala musango gwa bulokozi bwaffe era tezoogera ku muliro gwa geyeena oba purigaatooli. Kino tukimanya tutya? Kubanga wano tukiraba ng'omuntu si y'ayokebwa naye emirimu gye egikyikiriddwa ebintu ebikwata omuliro. Ennyiriri ziyigiriza nti abo abaliba n'ebikolwa ebirungi n'abo abaliba n'ebikolwa ebibi ku nkomerero balirokolebwa ne bwe kiriba nga "kuyita mu muliro." Okukusiigira ekifaananyi ekirungi – oyinza okugamba nti abamu baliyingira mu ggulu nga bali bwereere nga n'enviiri zaabwe ziyidde omuliro!

Eky'amazima waliwo abalina emirimu emibi naye nga baalabikanga ng'abalungi eri abalala wabula ng'ebikolwa byabwe tebisobola kuyita mu kasengejja ka Katonda. Kino kitegeeza nti boolesa emirimu emirungi ku ngulu naye ng'ebigendererwa byabwe bibi. Abalina emirimu egirigumira omuliro, omuli; zaabu feeza n'amayinja ag'omuwendo omungi – "balifuna empeera." Ekyawandiikibwa tekitunnyonnyolwa kika kya mpeera eyo. Mu byawandiikibwa ewalala tulaba Yesu ng'ayigiriza nti agenda kukomawo ng'alina empeera y'emirimu gyaffe wadde teyannyonnyola bika bya mpeera eyo.[1]

Wadde ng'empeera za Yesu tezinnyonnyoddwa bulungi, naye ekyo kitumala okutegeera nti tujja kuweebwa empeera nti era egenda kubeera nnungi. Yesu yagamba nti, "tweteekeretekere obugagga mu ggulu" (Matayo 6:20). Obwo bwali tebusobola kubeera bugagga obwa bulijjo, kale engeri gye tutambuzaamu obulamu bwaffe n'ebintu byaffe mu bulamu buno kituviiramu ekika ky'obugagga obw'omu ggulu.

Empeera ezimu zoogerwako nga z'engule: Engule ey'okusanyuka (1 Abasessalonika 2:19), engule ey'obutuukirivu (2 Timoseewo 4:8), engule ey'obulamu (Yakobo 1:12), engule ey'ekitiibwa (1 Peetero 5:4). Nate era ekikula ky'engule zino tekinnyonnyoddwa bulungi. Kyandiba nga kwe kugamba nti, "engule (entikko) *nga kwe kusanyuka*," "engule (entikko) nga *bwe butuukirivu* ," n'ebirala. Mu ngeri endala, empeera yaffe kwe kubeera nga tusanyukira mu maaso ga Katonda mu ngeri etabangawo, nga tuli mu bugagga obungi obw'obutuukirivu bwe, obulamu bwe n'ekitiibwa kye mu mbeera yaffe ey'emirembe n'emirembe. Kino kitegeeza nti walibaawo obutenkanankana nga tuli mu ggulu okusinziira ku bwesigwa bwaffe n'emirimu gyaffe mu bulamu buno.

Ekintu ekirala ekiri mu mpeera zino, kwe kufugira awamu ne Kristo mu bwakabaka bwe obugenda okujja. Abatume 12 abaaleka ebyabwe byonna ne bagoberera Kristo baliweebwa empeera nga batuuzibwa ku nnamulondo 12 mu bwakabaka buno (Matayo 19:27-28). Mu mpeera endala eri abo abalyeraga okubeera abeesigwa mulibaamu okufuga ebibuga eby'enjawulo mu bwakabaka obugenda okujja (Lukka 19:12-27; era ne mu Matayo 25:14-23). Era kiriba kya kitiibwa nnyo nnyini okutenderezebwa Mukama waffe mu bigambo bye. Okukkiriza kwaffe bwe kutalibaamu kakunkuma era nga kw'amaanyi wakati mu kugezesebwa, tuliweebwa amatendo, ekitiibwa n'okugulumizibwa mu maaso ga Kristo (1 Peetero 1:6-7). Bwe tubeera abeesigwa ne twatula Yesu eri abalala, olwo nno ne Yesu alitwatula eri Kitaffe ng'atuweera obujulizi (Matayo 10:32). Era mu ngeri y'emu nga Mukama waffe ow'oku nsi bwe yalitusiimye, tujja kuwulira Mukama waffe ng'atugamba nti, "Mwebale nnyo" (Matayo 25:21; Lukka 19:17).

Olukalala luno terumazeeyo mpeera zonna ez'ebiseera ebyomu maaso. Tusobola okulaba mu Abebbulaniya ku mpeera gye tuligabana mu bwakabaka oba ne tulaba ne ku "mpeera y'abawanguzi" eri ekkanisa omusanvu mu kubikkulirwa essuula eyokubiri n'eyokusatu (2-3). Tusobolera ddala okwongera okuba n'obukakafu ku bika by'empeera zino ennungi. Naye ekyo si ky'ekigendererwa kyaffe wano. Twagala kino okukinywereza ddala nti Katonda agenda kutusaba embalirira y'obulamu bwaffe, kale nno bwe tukola obulungi tugenda kuweebwa empeera.

Empeera zaffe si za biseera bya mu maaso byokka; ezimu zisobola okuba nga za kiseera buseera, kyentegeeza nga za kweyagaliramu mu bulamu buno wano ku nsi. Yesu yajja okutuwa obulamu bwe obutaggwaawo – kale obulamu obwo tutandika okubweyagaliramu nga twakalokoka – era bwe tubeera nabwo emirembe n'emirembe nga bwa muyiika ne mu bulamu buno ne mu bugenda okuddirira (Yokaana 10:10). Omuyigirizwa Peetero bwe yayogera nti ye n'abayigirizwa abalala baali baaleka ebintu byonna okugoberera Yesu, Mukama waffe kye yava amugamba nti:

> "Mazima ddala nkugamba nti tewali noomu eyaleka ennyumba ye oba baganda be oba bannyina oba kitaawe oba nnyina oba mukyala we oba abaana be oba ettaka lye ku lwange n'olwenjiri ataliweebwa kikumi ku kikumi kaakati mu kiseera kino – amayumba ne baganda be ne bannyina n'ettaka n'okuyigganyizibwa – ne mu mirembe egigenda okujja, obulamu obutaggwaawo (Makko 10:29-30)."

Olwa ssaddaaka zaffe ze twakola okuweereza Yesu, tuggya kuweebwa empeera mu bujjuvu nga tutambulira mu bulamu bwa Katonda obutaggwaawo. Si mu biseera bya mu maaso byokka naye ne mu bulamu buno. Bwe tuba tulina okuleka abomu maka gaffe mwe tuzaalibwa ku lwa Kristo, omukisa gwe tufuna munene nnyo mu *famile* ey'omwoyo gye tuyingiramu. Tusobola okweyagalira ennyo mu "bibanja eby'enjawulo" ne biba ng'ebyaffe. Eky'okulabirako, olwa Yesu Kristo, nze

wenjogerera mmaze okuwandiika ekitundu ekisinga obunene ku kitabo kino nga ndi mu nnyumba eri eyo mu nsozi ewala ddala n'okuva ewaffe naye nga mikwano gyange abalokole ab'okulusegere be baagimpa ngikozese nga bwe njagala ku bwereere.

EBIBI EBIVA MU NNEEYISA EMBI

Bwe kiba ng'okweyisa obulungi mu bulamu bwaffe obw'Ekikristaayo kirivaamu empeera ennungi, ekyo kitegeeza nti n'okumala gatambula mu ngeri eteri ya buvunaanyizibwa nakyo kirina ebibi ebirikivaamu. Ekibi ekisinga okulabwako amangu ekirivaamu, kwe kufiira empeera ze twandifunye. Abakkoliso Ekisooka 3:15 woogera ku mirimu egyo egigenda okwokebwa, nga gikyikirira amaanyi agayonoonebwa mu bitagasa n'okufiirwa empeera ey'emirembe n'emirembe. Bwe tweyongerayo, kino kyeraga mu nnyiriri zeezimu eziyigiriza nti tusobola okufuna empeera, era ziyigiriza nti tuyinza n'okuzifiirwa. Tusobola okusubwa eby'obugagga ebiri mu ggulu omuli: engule, emikisa egy'okufuga, okutenderezebwa Katonda mu bigambo n'okutambulira mu bulamu bwa Katonda okutwalira awamu. Era tusobola n'okusubwa omukisa gw'okutambulira mu bulamu obw'omuyiika nga tukyali wano ku nsi, nga mwe muli n'okufiirwa omukisa ogukubisiddwaamu ogwa famile ey'omwoyo omuli n'okufiirwa "ebibanja."

Ebyawandiikibwa ebirala bigamba nti tuyinza okutambulira mu buswavu n'okwejjusa mu maaso g'Entebe Yesu kw'Alisalira Omusango. Yesu ayinza okugaana okutwogerako obulungi oba okutuwaako obujulizi singa tumwegaanira mu maaso g'abalala. "N'olwekyo buli yenna alinjatula mu maaso g'abantu, oyo ndimwatula mu maaso ga Kitange ali mu ggulu. Naye buli alinneegaana mu maaso g'abantu, oyo nange ndimwegaana mu maaso ga Kitange ali mu ggulu" (Matayo 10:32-33). Tewali mu nnyiriri zino kintu kyonna kikwatagana na kwegaana bulokozi bwaffe. Okwegaana okwogerwako wano, kitegeeza Yesu obutakwogerako bulungi eri Kitaawe.

Ennyiriri endala ezoogera ku bibi ebiva mu *Bema* ziri mu 1 Yokaana 2:28: "Ne kaakano, abaaana abato, mubeerenga mu ye; bw'alirabisibwa tulyoke tubeere n'obugumu, era ensonyi zireme okutukwatira mu maaso ge mu kujja Kwe." Kino kigambo kya lwatu eri Abakristaayo ekibakubiriza okusigala nga batambulira wamu ne Yesu si kulwa ng'okudda kwe kubasanga nga tebetegese bwe batyo ne baswala.

Ng'okutambulira obulungi mu bulokozi bwe kirina ebirungi ebikivaamu, bwe kityo n'okweyisa obubi mu bulokozi nakyo kirina ebibi bye kireeta. Tukimanyi nti ekibi n'obutaba na buvunaanyizibwa bulijjo bituleetera okuwulira nga twesalira omusango. Okwesalira omusango kweragira mu ngeri nnyingi omuli; obukalu obw'omwoyo, okwennyamira, okubulwa essanyu, n'endwadde ez'omubiri. Mu Zabbuli eya 32 ne 51 tulaba ebizibu bino okuva mu kibi kya Dawudi.

Newakubadde ng'ekibi kirina emitawaana gyakyo gye kireeta, naye era ne Katonda asobolera ddala okukangavvula omukkiriza akola ebitasaana. Tukubirizibwa okugumira okukangavvula kwa Katonda mu kitabo ky'Abaebbulaniya 12:5-7 nga tukimanyi nti kuva eri Kitaffe ali mu ggulu:

Era mwerabidde ebigambo ebibabuulirirwa ng'abaana. Mwana wange tonyomoolanga kukangavvula kwa Mukama, so toddiriranga bw'akunenyanga; kubanga Mukama gw'ayagala amukangavvula, era abonereza gw'ayita omwana we. Olw'okukangavvulwa kye munaavanga mugumiikiriza. Katonda abayisa ng'abaana; kuba mwana ki kitaawe gwatakangavvula?"

Era ennyiriri zino ziraga nti Katonda taleka baana be kwonooneka. Atwagala nnyo era ky'ava atugolola ng'atugunjula.

Endagaano Empya eraga engeri ez'enjawulo Katonda gy'agunjulamu abakkiriza. Asobola okukikola ng'ayita mu bakulembeze b'ekkanisa okutuukirira omusajja oba omukazi atambulira mu kibi era basobola n'okumulagira okulekeraawo okukuἠἠaana nabo singa agaana okwenenya (Matayo 18:15-17, 1 Abakkolinso 5:1-5). Emirundi egimu Katonda talinda kkanisa kuyita mu mitendera egirina okuyitibwamu, ye yennyini n'akyekolera butereevu. Kino kirabika nga kituufu mu mbeera ya Ananiya ne Safira abaagwa wansi ne bafa bwe baalimba mu Bikolwa by'Abatume 5:1-11, era n'abo abamalanga gasembera ku meeza ya Mukama balwalanga ne bafa (1 Abakkolinso 11:30).[2] Waliwo n'ekibi ekireeta okufa okw'omubiri ekyogerwako mu byawandiikibwa (Yakobo 5:20; 1 Yokaana 5:16).

Ebintu ebibi ebituuka ku Bakristaayo abatambulira mu kibi bisobola okubeera ebikambwe ddala, naye nga byetaagisa okusobola okubayamba okutambulira mu kisa kya Mukama. Ebizibu ebiva mu kutambulira mu kibi bituyamba obutakozesa bubi kisa kya Mukama n'okutulaga nti Katonda atwagala nnyo era nga tayinza kutuleka naye atukangavvula okutuleetera okwenenya n'okutambulira mu kisa kye ekingi. Abaebbulaniya 12:11 woogera ku bibala ebirungi ebiva mu kugunjula kwa Katonda: "Okukangavvulwa kwonna mu biro bino ebya kaakano tekufaanana nga kwa ssanyu, kuba kwa bulumi, naye oluvannyuma kuleeta ebibala eby'emirembe eri abo abayigirizibwa, era ekivaamu bwe butuukirivu."

Eky'amazima kiri nti bwe tutambulira mu kibi tulina kye tufiirwa; naye tetufiirwa bulokozi bwaffe. Ekisa kya Katonda kingi ekimala okubikka ku bibi byaffe naye tekibiwolereza.

## OMUGASO GW'EMPEERA

Wadde nga Yesu n'abawandiisi b'Endagaano Empya boogera ku mpeera era ne bazikozesa okusikiriza abalokole okweyisa obulungi, kya nnaku okulaba ng'emirundi mingi tetuwulira ng'empeera zino ziyigirizibwa eri Abakristaayo. Abakristaayo abamu tebamanyi na bika bya mpeera zino. Mu ngeri endala ababuulizi bangi, boogera ku mpeera zino n'ennyiriri ezoogera ku kukangavvulwa ng'empeera ey'okugenda mu ggulu oba ng'ekibonerezo eky'okugenda mu geyeena. Endowooza eno emirundi mingi eyonoona enjiri ng'egezaako okulaga nti enneeyisa y'omuntu y'emuweesa obulokozi ekintu ekikontana n'ekirabo eky'ekisa eky'obwereere. Ennyiriri ezoogera ku mpeera bwe zivvuunulwa obubi abantu batandika okulowooza nti zoogera ku bulokozi, oba nti kye kintu ekitusikiriza okukola ebikolwa ebirungi okuwona geyeena. Mu mbeera bw'etyo okutya kuyinza okutukozesa ebikolwa ebirungi, naye ng'okutya si kwe kwalireetedde omukkiriza amanyidde ddala nga yalokoka okukola ebikolwa ebirungi. Okutya geyeena kusaana kusendasenda abo bokka abatannaba kulokoka ne balokoka. Omukkiriza alina kutya kufiirwa mpeera oba okutya okukangavvulwa Katonda okw'ekiseera. Wadde ng'ekyo kiri bwe kityo, okutya si y'engeri yokka esikiriza abantu okutambulira mu mpisa eziweesa Katonda ekitiibwa.

Abakristaayo abamu bakkiririza mu mpeera, naye tebaagala kuzisomesaako kubanga balowooza nti kirina engeri gye kireetera abantu okukolerera empeera mu ngeri etali nnungi; nga bagamba nti si kituufu okukola obulungi ng'ogenderera okufuna empeera nga tekivudde ku mutima gwo. Tukimanyi nti empeera si ze zokka oba si kye kintu ekisinga okwagazisa abantu okutambulira mu mpisa ez'obwakatonda. Okwagala, okwebaza, n'obuvunaanyizibwa bye bimu ku bisingira ddala okwagazisa abakkiriza okuweereza Katonda mu bulamu buno. Naye tewali kikyamu kyonna bwe tuzzibwamu amaanyi olw'okumanya obulungi bw'empeera. Olw'okuba ng'empeera zalangirirwa era ne ziteekebwawo Katonda, teziteekwa kutwalibwa ng'eza wansi oba ezitali za ku mwanjo. Buli Mukristaayo asaanidde okuyigirizibwa ku bikwata ku mpeera.

Kirowoozeeko bw'oti: bwe kiba ng'empeera zituleetera okweyongera okwenyigira mu kitiibwa kya Katonda, oba nga zitwongera obusobozi okutambulira mu kitiibwa kya Katonda, ekyo kiba kitegeeza nti empeera zitusobozesa okumuwa ekitiibwa ekisingawo. Mu Kubikkulirwa 4:10 abakadde abiri mu abana (24) tulaba nga basuula engule zaabwe mu maaso ga nnamulondo ya Yesu. Buli muntu yenna abakadde bano gwe bakyikirira, engule ze bambala zikyikirira empeera n'ekitiibwa ekibaweebwa olw'ensonga emu oba endala. Basobola okukozesa ekitiibwa ekyo okusaamu Katonda ekitiibwa nga bamuwa n'engule zaabwe. Mu ngeri endala, bassaamu Katonda ekitiibwa ekisingako n'engule zaabwe okusinga bwe bandibadde nga tebazirina. Empeera ze tufuna okuva eri Katonda zigenda kutuyamba nnyo okumuwa ekitiibwa ekisingako.

Katonda y'eyateekawo empeera kubanga yasiima kibeere bwe kityo. Kale kaakati ffe baani okugaana ekyo ekimusanyusa? Katonda kimusanyusa okuwa abaana be ebintu ebirungi. Kino kya bulijjo era mpisa y'abantu okulaga okusiima oba okuwa abaana baffe empeera bwe baba bakoze bulungi. Ekyo bwe tuba tusobola okukikola olwo ate tusuubire kitono okuva ewa Kitaffe ali mu ggulu?

Bwe tugamba nti ekisa tekiriiko kakwakkulizo konna era kya bwereere, tuba tetuwagira bantu kutambulira mu kibi. Ekibi kirina ebizibu ebikivaamu ebisobola okuva mu bulamu buno ne biyingira ne mu bulamu obuddirira nga tuvudde ku nsi. Mu ngeri y'emu nga n'okukola obulungi n'obwesigwa bwe birina ebikivaamu. N'olwekyo tuvunaanyizibwa ku ngeri gye tusalawo okutambuzaamu obulamu bwaffe era tuggya kusasulwa ng'ebikolwa byaffe bwe biri. Byonna ebiva mu nneeyisa yaffe oba birungi oba bibi, bisigala bikwatagana n'ekisa kya Katonda n'obwenkanya bwe.

EBIBUUZO EBY'OKWEJJUKANYA:

1. Lwaki buli Mulokole kimwetaagisa okumanya ebikwata ku Ntebe ya Kristo kw'Alisalira Omusango?

2. Mpeera ki ze tufuna ng'Abakkiriza olw'okweyisa obulungi? Oba olw'okweyisa obubi?

3. Obutategeera Bayibuli engeri gy'eyigirizaamu ebikwata ku mpeera kiyinza kitya okubuzaabuza enjiri ey'ekisa? Osobola okuwaayo eky'okulabirako?

4. Empeera ziyinza zitya okukozesebwa ne zaagazisa Abakristaayo okweyisa obulungi?

## ESSUULA 10

## OBULAMU OBUPYA

Ekisa kya Katonda kituwadde ekirabo eky'obulokozi kye tufuna nga tuyita mu kukkiriza. Waliwo ekintu kimu ekisinga kukufuna obufunyi ekirabo ekyo – kuno kwe kukinyumirwa! Ekisa kitugglirawo amakubo amapya ag'enkolagana yaffe ne Katonda, ekintu ekyali tekisoboka nga tetunnaba kulokolebwa.

### EKIKOZESEBWA EKIPYA

Ekisa ekitulokola kitutwala mu kutambulira mu kisa 'ekisingawo'-ekyeyongerayongera. "Kale nga bwe twaweebwa obutuukirivu olw'okukkiriza tulina emirembe ne Katonda, mu Mukama waffe Yesu Kristo, era olw'okukkiriza mu Kristo tufunye ekisa kya Katonda mwe tubeera, era mwe twenyumiririza, nga tusuubira ekitiibwa kya Katonda" (Abaruumi 5:1-2). Emirembe gya Katonda egyogerwako wano si gy'emirembe egibeera mu mutima, naye Pawulo ayogera ku bulabe obwaggyibwaawo obwaliwo wakati waffe ne Katonda. Obusungu Katonda bwe yalina ku kibi kyaffe bwaggyibwaawo. Ffe ng'abakkiriza kaakati tulina enkolagana empya ne Katonda, enkolagana ey'emirembe. Enkolagana eno empya eyatuweebwa Kristo nayo eyongera okutuyingiza mu kisa ekisingawo. Ekisa kino bwe bugabirizi bwa Katonda ku buli nsonga okutusobozesa okutambulira mu bulamu ng'abakkiriza okutuusa lwe tulitwalibwa mu kitiibwa ne Kristo mu bulamu obw'olubeerera.

Okukkiriza kutuyingiza mu miganyulo gy'ekisa mu bulamu buno obupya. Twesiga Katonda okusisinkana ebyetaago byaffe nga bwe yasuubiza:

Era Katonda wange anaatuukirizanga buli kye mwetaaga, ng'obugagga bwe bwe buli mu kitiibwa mu Kristo Yesu. (Abafiripi 4:19)

Kale tusembererenga entebe ya Katonda ey'obwakabaka ey'ekisa n'obuvumu, tufune okusaasirwa n'ekisa tubeerwe mu kwetaaga kwaffe. (Abaebbulaniya 4:16)

Buli kintu kye twetaaga okubeerawo ku lwa Yesu Kristo n'okumuweereza kituweebwa lwa kisa n'obugabirizi obuva eri Katonda. Omutume Pawulo kino yakitambuliramu mu bulamu bwe ne mu buweereza bwe bwe yagamba nti: "Obwo bwe bwesige bwe tulina eri Katonda nga tuyita mu Kristo. Si lwa kubanga obwesige obwo buva mu ffe ku lwaffe, naye obwesige bwaffe buva eri Katonda" (2 Abakkolinso 3:4-5).

Omutume Pawulo bwe yali ng'ayita mu kugezesebwa okw'amaanyi, Yesu yamugamba nti; "Ekisa kyange kikumala, kubanga amaanyi gange gatuukirira mu bunafu" (2 Abakkolinso 12:9).

Obulamu obupya bulina kutambulirwamu lwa kukkiririza mu maanyi ga Katonda n'obugabirizi bwe. Okukkiriza kuwa Yesu omwagaanya okutambuliza obulamu bwe mu ffe. Mu Baggalatiya 2:20 Pawulo atulaga obulamu bwe obwesigamye ku bulamu bwa Yesu Kristo obuli mu ye, ng'agamba nti: "Nakomererwa wamu ne Kristo; kyokka ndi mulamu, si ku bwange, wabula ku bwa Kristo abeera mu nze; era obulamu bwe nnina kaakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza omwana wa Katonda eyanjagala ne yeewaayo yekka ku lwange." Obulamu bw'Ekikristaayo bulamu bwa kukkiriza, naye tetusobola kubutambuliramu ku lwaffe. Tutambula lwa kukkiriza kwe tulina mu Kristo Yesu abeera mu ffe.

Ng'ekisa bwe kyetaagisa eri ffe okuweebwa obutuukirivu, era ekisa kyetaagisa eri ffe okutukuzibwa. Okutukuzibwa lwe lugendo olwa buli lunaku omukkiriza lwatambula ne lumuyamba okukula. Okutukuzibwa kitegeeza "okwawulibwa" eri Katonda, mu bigambo ebirala, okutukuzibwa kwe kwongera okumufaanana. Mu kutukuzibwa, ekisa kituggulirawo oluggi olupya, ne kituwa ekikula ekipya, amaanyi amapya n'okusikirizibwa okupya okweyongera okufaanana Yesu Kristo.

Kikulu nnyo okutegeera enjawulo eri wakati w'okuweebwa obutuukirivu n'okutukuzibwa. Waliwo akakwakkulizo kamu akeetagisa omuntu okuweebwa obutuukirivu – kwe kukkiririza mu Yesu Kristo ng'omulokozi. Naye okutukuzibwa kulimu okukkiririza mu Kristo nga Mukama waffe omuggya, oyo gwe tulina okuweereza mu buwulize ne mu bikolwa. Ebikolwa si by'ebisalawo ffe okuweebwa obutuukirivu, naye tebyewalika mu kutukuzibwa kwaffe. Obutuukirivu butuweebwa amangu ddala nga twakakkiriza Kristo, naye okutukuzibwa lubeera lugendo olw'obulamu bwaffe bwonna wano ku nsi. Okuweebwa obutuukirivu kwe kufuna obulamu bwa Katonda; naye okutukuzibwa, kwe kubutambuliramu.

## EKIKULA EKIPYA (EKIGGYA)

Ebintu bingi byabeerawo nga tulokose, oba bwe twaweebwa obutuukirivu: Twazaalibwa mu maka ga Katonda; twaggyibwa mu kufa (kwe kwawulibwa ku Katonda) ne tuyingizibwa mu balamu bwa Katonda (ne twegatta ne Katonda); twafuna obulamu bwa Katonda; twafuulibwa abaana ba Katonda.[1] Kaakano tulina ekikula ekipya (ekiggya)mu Kristo.

Ekitundu ekikulu ennyo ekyogera ku kikula kyaffe ekipya kisangibwa mu Baruumi 6. Mu ssuula eno omutume Pawulo yali ayanukula abantu abaalina endowooza egamba nti ekisa kiyinza okuwa abantu ebbeetu okwonoona. Pawulo ababuulirira ng'abagamba nti, ekyo ekisa si kye kikola; olw'ensonga nti tulina ekikula ekiggya kubanga twagattibwa ku Yesu Kristo.

"Oba temumanyi nga ffe fenna abaabatizibwa okuyingira mu Kristo Yesu, nga twabatizibwa kuyingira mu kufa kwe. N'olwekyo kyetwava tuziikibwa awamu naye

okuyingira mu kufa: nga Kristo bwe yazuukizibwa mu bafu olw'ekitiibwa kya kitaawe, bwe tutyo naffe tutambulirenga mu bulamu obuggya. Kubanga twagattibwa wamu naye mu kifaananyi ky'okuzuukira kwe." (Abaruumi 6:3-5)

Okubatizibwa okwogerwako wano si kwe kubatizibwa okw'amazzi. Ekikolwa ekirabikako tekisobola kutuukiriza mazima ag'eby'omwoyo. Okubatiza kitegeeza okunnyika. Omutume Pawulo annyonnyola ekibeerawo bwe tukkiriza Kristo okubeera omulokozi waffe. Tunnyikibwa oba tuteekebwa mu mubiri gwa Yesu Kristo ogw'omwoyo. Engeri Katonda gy'akolamu kino ye ya Mwoyo Mutukuvu: "Kubanga mu Mwoyo omu ffena twabatizibwa okuyingira mu mubiru gumu, oba Bayudaaya oba Bayonaani, oba baddu oba ba ddembe; fenna twanywesebwa ku Mwoyo omu" (1Abakkolinso 12:13).

Buli muntu akkiriza okulokoka abatizibwa Mwoyo Mutukuvu okuyingira mu mubiri gwa Kristo Yesu. Okubatizibwa kuno kutugatta wamu ne Kristo, ne kiba nti nga bwe yafa eri ekibi, naffe bwe tutyo twafa eri ekibi. "Tumanyi kino nti omuntu waffe ow'edda yakomererwa wamu naye ku musaalaba, omubiri gw'ekibi guleme kuba gwa mugaso, tuleme kuddamu kuba baddu ba kibi. Kubanga omuntu bw'afa aba takyafugibwa kibi" (Abaruumi 6:6-7).

Okukomererwa "kw'omuntu waffe ow'edda" oba "omubiri gw'ekibi" ogutakyali gwa mugaso kitegeeza okuwangula amaanyi g'ekibi mu mibiri gyaffe. Newakubadde nga twalokoka, tutawaanyizibwa ebizibu by'obulamu bwaffe obw'edda obwatambuliranga mu maanyi g'ekibi. Naye kaakano tulina Mukama waffe omupya. Kaakano tuli baddu ba Kristo, n'olwekyo twanunulibwa ne tujjibwa ew'oyo eyatufuganga, nga ky'ekibi. Kikulu okukitegeera nti embala yaffe ey'ekibi teyattibwa oba teyamalibwawo; wabula yawangulwa buwangulwa. Ennyonnyi bw'ebuukira mu bwengula, ebeera teggyeewo nnono ereetera ebintu okuva waggulu ne bigwa (*gravity*); wabula ennono eno ebeera egisinzizza maanyi ng'ekozesa ennono eziyamba ebintu okubuukira mu bbanga (*aerodynamics*).

Kaakati ffe ng'abaddu abafunye Mukama waabwe omupya, tetukyasobola kutuukiriza ebyo Mukama waffe omukadde by'atusaba – nga kwe kwonoona. Eky'okulabirako; singa omusajja oba omukazi agenda mu Amerika era n'afuuka omutuuze waayo, omuntu oyo abeera takyafugibwa mateeka ga nsi ye enkadde gye yavaamu. Bwe twali tetunalokoka tetwalina maanyi kuwangula kibi. Twali tufaanana ng'emmotoka erina ggiya ey'ekyennyumanyuma yokka. Naye kaakano mu bulamu bwaffe obupya tufaanana emmotoka erina ggiya ezigitwala mu maaso; kaakano tulina obusobozi okutambulira mu bulamu obuweesa Katonda ekitiibwa okuyita mu Kristo.

Kikulu okukimanya nti tugattiddwa ne Kristo si mu kufa kwe kwokka, naye ne mu kuzuukira kwe bwe tutyo ne tusobola okutambulira mu bulamu buno obupya. "Naye

obanga twafiira wamu ne Kristo, tukkiriza nga tuliba balamu wamu naye" (Abaruumi 6:8). "Bwe mutyo nammwe mwerowoozenga okuba abafiira ddala eri ekibi, naye abalamu eri Katonda mu Kristo Yesu Mukama waffe" (Abaruumi 6:11).

Ekigambo *okwerowoozanga* kitegeeza "okutuuka okutegeerera ddala ekituufu." Bwe tubalirira ebyabaawo ku kufa kwa Kristo ne ku kuzuukira kwe n'okwegatta kwaffe naye, tuteekwa okwebala nti twafa eri Mukama waffe ow'edda ow'ekibi ne tubeera abalamu eri Mukama waffe omupya, nga ye Yesu. Ng'abaana ba Katonda tulina ekikula ekipya okuyita mu Kristo Yesu.

Ensonga eno eyogerwako mu bujjuvu mu Baruumi 6:12-13:

"N'olwekyo ekibi kiremenga okufuga omubiri gwammwe ogufa, nga mugondera okwegomba kwagwo. Temuwangayo bitundu byammwe eby'omubiri okukozesebwa ebitali bya butuukirivu eri ekibi, naye mweweereyo ddala eri Katonda, ng'abantu abalamu abaava mu bafu. Ebitundu byammwe eby'omubiri gwammwe bikozesebwenga eby'obutuukirivu eri Katonda."

Obuwulize bwaffe eri Mukama waffe omupya bulabikira mu ngeri gye tukozesaamu emibiri gyaffe, nga muno mwe muli n'endowooza zaffe. Singa tusalawo okwonoona tujja kuwulira ng'abawukanye ne Katonda, nga Baruumi 6:23 bw'agamba nti: "Kubanga empeera y'ekibi kwe kufa." Naye olunyiriri lwe lumu lutugamba nti bwe twewaayo ffeka okuweereza Katonda tujja kutambulira mu butuukirivu n'obutukuvu bwe, ng'ate ekyo kye tuyita obulamu bwa Katonda obutaggwaawo: "naye ekirabo kya Katonda bwe bulamu obutaggwaawo mu Kristo Yesu Mukama waffe."[2] Eri omukkiriza, ekibi kikosa enkolagana yo ne Katonda so si bulokozi bwo. Ekibi kikujjako essanyu eriri mu kirabo ky'obulamu obutaggwaawo Yesu kye yatuwa, ng'ate buno bwe bulamu bwa Katonda ali mu ffe.

Ffe ng'abakkiriza, tulina *okusalawo* okutambulira mu kikula kyaffe ekipya ng'abaana ba Katonda era abaweereza be. Bwe tukola bwe tutyo tetusobola kuddayo kuweereza eyali mukama waffe ow'edda, nga ky'ekibi. Bwe tukola okusalawo okutuufu tweyongera okukulira mu bulamu bwa Katonda obutaggwaawo bwe yatuwa.

## AMAANYI AMAPYA

Ekisumuluzo ekirala ekikulu ku ngeri gye tusobola okutambulira mu bulamu buno obupya, kwe kusooka okukimanya nti tetusobola kukikola mu maanyi gaffe ag'obuntu. Mu Baruumi 7:14-23 Pawulo annyonnyola engeri gye yafubamu okusanyusa Katonda mu maanyi ge. Agamba nti:

Kubanga tumanyi ng'amateeka ga mwoyo; naye nze ndi wa mubiri, natundibwa okufugibwanga ekibi. Kubanga kye nkola, ssikimanyi; kubanga kye njagala si kye nkola; naye kye nkyawa kye nkola. Naye oba nga kye ssaagala kye nkola, nzikiriza nga amateeka amalungi. Kale kaakano si nze nkikola nate, wabula ekibi ekituula mu nze. Kubanga mmanyi nga mu nze, gwe mubiri gwange, temutuula kirungi; mpulira nga njagala okukola ekirungi, naye nga sisobola. Kubanga kye njagala ekirungi ssikikola, naye kye ssaagala ekibi kye nkola. Naye oba nga kye ssaagala kye nkola, si nze nkikola nate, wabula ekibi ekituula mu nze. Bwe kityo ndaba etteeka nti, nze bwe njagala okukola ekirungi, ekibi kimbeera kumpi. Kubanga nsanyukira amateeka ga Katonda mu muntu ow'omunda, naye ndaba etteeka eddala mu bitundu byange nga lirwana n'etteeka ly'amagezi gange, era nga lindeeta mu bufuge wansi w'etteeka ly'ekibi eriri mu bitundu byange.

Oboolyawo naawe wali owuliddeko okusoberwa kwe kumu ng'ogezaako okukola ekyo ky'omanyi nti kye kituufu naye n'omaliriza ng'okozeemu ekyo ky'omanyi nti kikyamu. Omutume Pawulo annyonnyola olutalo lwe tulina n'ekibi ekisigala mu ffe. Newakubadde ng'ekibi tekikyatulinako buyinza kutufuga, naye ebiseera ebimu kisobola okwewagaanya ne kitufuga. Ng'omusota ogutemeddwaako omutwe bwe gubeera gufudde, naye okumala akaseera gubeera gwevulungula, kale n'etteeka ly'okufa lyawangulwa naye obufuzi bwalyo busobola okuwulirwa mu mibiri gyaffe. Olutalo lwa Pawulo lwali lwa maanyi nnyo era n'atuuka n'okulajaana nti, "Nze nga ndi muntu munaku! Ani anadokola mu mubiri ogw'okufa kuno?" (Abaruumi 7:24).

Mu lutalo lwaffe n'ekibi, tusobola tutya okufuna obuwanguzi? Bwe tuba tetusobola kukikola mu maanyi gaffe, olwo maanyi ki agasobola okuwangula okuyaayana kwaffe okubi tusobole okugondera Katonda n'okukola ekituufu? Kino Pawulo atuyamba okukyanukula mu Baruumi 7:25 ng'agamba nti, "Naye nneebaza Katonda okuyita mu Yesu Kristo Mukama waffe! Nze kennyini mu birowoozo byange, ndi muddu w'amateeka ga Katonda era gwe mpeereza, newakubadde ng'okwegomba kwange okw'omubiri mpeereza tteeka lya kibi." Okuwangula ekibi tuteekwa okukkiriza Yesu okuba nga ye Mukama era nga y'afugira mu bulamu bwaffe. Obulamu bwe ky'ekirabo eky'ekisa kya Katonda gye tuli, kino ky'ekirabo eky'obulamu obutaggwaawo.

Engeri Yesu gy'abeeramu mu ffe y'eyokuyita mu Mwoyo Mutukuvu, oyo abeera mu ffe. Tuteekwa okuteeka endowooza yaffe ku Mwoyo, bw'atyo Omwoyo n'asobola

okufuga endowooza zaffe, kubanga endowooza zaffe z'ezifuga emibiri gyaffe. Amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu bwe gawambaatira endowooza zaffe, kino kituwa obuwanguzi ku kibi.

Mu Baruumi 8:1-6 watulaga enjawulo eri wakati w'obulamu obufugibwa omubiri n'obwo obufugibwa Omwoyo:

Kale kaakano tebaliiko musango abali mu Kristo Yesu. Kubanga etteeka ery'Omwoyo gw'obulamu mu Kristo Yesu lyanfuula ow'eddembe ne linziggya mu tteeka ery'ekibi n'ery'okufa. Kubanga Katonda yakola amateeka kye gatayinza kukola, kubanga manafu olw'omubiri, bwe yatuma Omwana we ye mu kifaananyi ky'omubiri ogw'ekibi, alyoke asalire omusango ekibi mu mubiri. Obutuukirivu bw'amateeka bulyoke butuukirizibwe mu ffe, abatatambula kugoberera mubiri, wabula abagoberera Omwoyo. Kubanga abagoberera omubiri, balowooza bya mubiri, naye abagoberera Omwoyo, bagoberera bya Mwoyo. Kubanga okulowooza kw'omubiri kwe kufa; naye okulowooza kw'Omwoyo bwe bulamu n'emirembe.

Tekikola makulu okutambulira mu bulamu bw'Ekikristaayo ng'oli mu *mubiri* - ekitegeeza okubeerawo nga twesigamye ku kufuba kwaffe. Obulokozi tebwesigamye ku kufuba nnyo kwa muntu. Kye twetaaga ge maanyi ag'obwakatonda agatuyamba – amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu, ekirabo Katonda ky'atuwa obuwi. Bwe tukkiriza Omwoyo okufuga endowooza zaffe, tumaliriza tugondedde Katonda era nga tutambulira ne mu butuukirivu. Amaanyi g'Omwoyo gawangula ebiva mu kibi n'okufa okubeera mu ffe. Ekisaanyi kisigala ku ttaka nga tekisobola kubuuka mu bbanga olw'okukugirwa etteeka erireetera ebintu okuwanuka waggulu ne bigwa wansi (*gravity*) okutuusa lwe kifuuka ekiwojjolo n'ekimera ebiwawaatiro. Olwo kisobola okubuukira waggulu kubanga kibeera kifugibwa etteeka ly'ebibuukira waggulu (*aerodynamics*) erikiwa enkizo ku tteeka erireetera ebintu okuwanuka waggulu ne bigwa. Bwe tukkiriza Omwoyo wa Mukama okufuga endowooza zaffe, tubeera tusobola okukola ekyo ekituufu. Tubeera tugenda kunyumirwa obulamu bwa Katonda, nga Katonda y'afugira mu ffe.

## OKUSIKIRIZIBWA OKUPYA

Naye lwaki twagala okubeera mu bulamu obusanyusa Katonda? Lwaki tuwulira okusoberwa Pawulo kw'ayogerako nga tukola ebintu ebikyamu mu kifo ky'ebituufu bye tumanyi? Bwe twali tetunajja eri Kristo, twatisibwanga butiisibwa okukola ekituufu emirundi egisinga – nga tutya buli kiseera okusingisibwa omusango n'okubonerezebwa olw'ekibi, era nga buli kiseera tuwulira nga tetunnakola kimala okusanyusa Katonda. Naye kaakati ng'obulamu bwaffe obupya buli mu Kristo, tetukyatambulira mu kutya okukola ekituufu kubanga kaakano tuli baana ba Katonda. Kaakano ffe ng'abaana ba

Katonda tukimanyi nti atwagala era naffe kitunyumira okusanyusa Kitaffe ow'ekisa ow'omu ggulu.

Abaruumi 12:1 y'entabiro y'ebbaluwa eno era kikulu nnyo mu nsonga yaffe eno ey'okusikirizibwa okupya. Pawulo agamba nti, "N'olwekyo kyenvudde mbeegayirira, ob'oluganda, olw'okusaasira kwa Katonda, okuwangayo emibiri gyammwe, okuba ssaddaaka ennamu entukuvu, esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi." Ekimu ku bigambo ebikulu mu mboozi eno ky'ekigambo *"n'olwekyo."* Pawulo yali afundikira ng'amaliriza ensonga gye yali ayogerako okuva mu ssuula esooka okutuuka mu ssuula ey'ekkumi n'emu (1-11). Mu bufunze essuula ezo zoolesa ekisa kya Katonda gye tuli, okutandikira ku kuweebwa obutuukirivu obw'obuwa, ne zijja ku kutukuzibwa kwaffe, obulokozi bwaffe obutaggwaawo n'okulondebwa kwaffe Katonda.

Ekiyitibwa okuweereza kwaffe "okw'amagezi" nga twanukulira ekisa kya Katonda ekyewuunyisa, n'obutebalirira bwe gye tuli okuyita mu Kristo kye kiki? Okwo kwe kuwaayo obulamu bwaffe eri Katonda nga ssaddaaka, ssaddaaka ennamu egasa Katonda. Emibiri gyaffe girimu byonna – omuli; endowooza zaffe, okusalawo kwaffe n'ebitundu byaffe ebisobola okuweereza Katonda.

Naye era, lwaki tulina okuwaayo emibiri gyaffe okuweereza? Kubanga kino si ky'ekisaanyizo ky'okukuuma oba okunyweeza obulokozi bwaffe. Bwe tumala okulaba engeri ekisa kya Katonda gye kituwadde omukisa, twesanga nga tumuweereza olw'okumusiima. Ate era tusobola okukikola olw'okumwagala kubanga y'eyasooka okutwagala (1 Yokaana 4:19). Okwagala tukusasulamu kwagala. Tusobola okwewaayo gy'ali okumuweereza kubanga tubeera tukitegedde nti kye tukola kirimu emiganyulo mu bulamu buno n'obuddirira. Kaakati bino by'ebintu ebipya ebitusikiriza okuweereza Katonda n'okumwagala nga tumaze okuloklebwa, so nga luli edda twatambuliranga mu kutya n'obutamanya kiddirira.

"Naye kirabo kya Katonda bwe bulamu obutaggwaawo mu Kristo Yesu Mukama waffe" (Abaruumi 6:23). Ebigambo ebyo nga bikulu nnyo! Olw'ekirabo kya Katonda, tulina obulamu obuggya, mw'obwo mwe tusinziira okufuna ebikozesebwa okutambulira mu bulamu obumuweesa ekitiibwa. Tulina ekikula ekiggya mu Yesu Kristo kubanga kaakano ye Mukama waffe omupya. Olw'ekisa kya Katonda tulina Omwoyo Omutukuvu atuwa amaanyi okuwangula ekibi, era olw'ekisa kya Katonda tulina ebintu ebipya ebitusikirizia okumuweereza, omuli: olw'okumwagala, olw'okusiima ekyo kye yatukolera n'olw'okumussaamu ekitiibwa. Mu mazima ekisa kye kimala!

## EBIBUUZO EBY'OKWEJJUKANYA

1. Nnyonnyola engeri obulokozi bwe tuweebwa olw'ekisa gye buyinza okutwongera okutambulira mu kisa ekisingawo.

2. Makubo ki Abakristaayo (Abalokole) ge bayinza okuyitamu okweyongera okutambulira mu kisa kya Katonda?

3. Biki ebiva mu kufuna ekikula ekipya?

4. Kiki ekirina okutusikiriza oba okutwagazisa okweyongera okutambulira mu bulamu obuweesa Katonda ekitiibwa?

## ESSUULA 11

## OBUVUNAANYIZIBWA OBUPYA

Nga tunyumirwa obulamu obupya mu Kristo, kitugwanira okunyumirwa n'ekigendererwa ekipya. Bwe tusikirizibwa okuweereza Katonda olw'okwagala n'okusiima ekisa kye, tunoonyaayo engeri esingayo obulungi kino gye tukikolamu. Yesu bwe yabuuliranga enjiri abantu ne bakkiriza, yasomoozanga abamaze okukkiriza okufuuka abayigirizwa. Mu bufunze, okufuuka omuyigirizwa wa Yesu Kristo kwe kwewaayo okubeera nga "ssaddaaka ennamu" eri Katonda. Okufuuka omuyigirizwa y'engeri y'obulamu egguddwaawo eri omuntu yenna amaze okukkiriza Kristo okubeera omulokozi we naye nga kaakati ayagala amuweereze nga Mukama. Kino ekikisobozesa okutuukirira ky'ekisa.

### AMAKULU G'OKUBEERA OMUYIGIRIZWA

Ekigambo *omuyigirizwa* kiva mu kigambo *okuyiga*. Kale n'olwekyo omuyigirizwa abeera muyizi oba omuntu akola n'omukugu okubaako by'amuyigirako. Ebiseera ebimu mu njiri tukiraba ng'abayigirizwa baboogerako "ng'abagoberezi" ba Yesu Kristo. Mu biseera bya Yesu omusomesa yakuήήaanyanga abantu abaayagalanga okumuyigirako n'okumufaanana ne bamwetoloola okutendekebwanga. Obulamu bwabwe babuwangayo okufaanana Mukama waabwe. Mu Matayo 10:25 Yesu yagamba nti, "Kigwanira omuyigirizwa okuba ng'omusomesa we, n'omuddu okuba nga mukama we."

Newakubadde nga Yesu takyabeera naffe mu mubiri, wabula tusobolera ddala okubeera abayigirizwa be singa twewaayo okumuyigirako okusobola okumufaanana. Okwewaayo kuno kulina okubeera okwanukula kwaffe eri ekisa kye twategeera nga tulokoka. Mu Matayo 11:28-30 Yesu ayita abantu okujja eri obulokozi n'obuyigirizwa ng'agamba nti: "Mujje gyendi, mmwe mwenna abakooye era abazitowereddwa, nange nnabawummuza. Musitule ekikoligo kyange, muyigire ku nze, kubanga ndi muwombeefu era omuteefu mu mutima, n'emmeeme zammwe zirifuna ekiwummulo. Kubanga ekikoligo kyange kiwewufu n'omugugu gwange teguzitowa."

Okuyitibwa okujja eri obulokozi kwe kuyitibwa "okw'okujja" eri Yesu Kristo. Abo bonna abajja eri Yesu bafuna "ekiwummulo" ekiri mu butuukirivu bwa Katonda mu kifo ky'okusigala nga balafuubana ku lwabwe. Yesu awa bonna obutuukirivu

ng'ekirabo eky'obwereeere nga bayita mu kukkiriza. Ekyo kye tuyita okuweebwa obutuukirivu. Naye okuyitibwa mu buyigirizwa tukirabira mu lunyiriri oluddirira ewagamba nti, "Musitule ekikoligo kyange….era muyigire ku nze." Eky'okulabirako ky'ekikoligo ekisiba ente ezirima awamu ky'ekifaananyi ky'enneeyisa y'omuyigirizwa ne by'alina okugoberera. Ebiseera ebimu ente ento esibibwa ekikoligo wamu n'ente enkulu egisinga amaanyi esobole okugiyigiriza. Yesu atuyita okusibibwa awamu naye tusobole okumuyigirako. Atuyita okugondera by'atuyigiriza n'okugondera obuyinza bwe. Bwe tukkiriza okuyitibwa okwo ne tufuuka abayigirizwa, tufuna ekiwummulo ky'emmeeme zaffe. Ekigambo "emmeeme" kye kivvuunulwamu "obulamu." Obulamu bw'omuyigirizwa bwe bulamu obulimu emirembe n'okuwummula nga bwe tuyigira ku Kristo n'okugoberera okwagala kwe. Kino kye kiyitibwa okutukuzibwa.

Mu mbeera eya bulijjo okugoberera Yesu si kyangu nnyo, naye olw'okuba kaakati tusibiddwa wamu naye, kale ye y'abeera ow'amaanyi ng'akolera mu ffe. Ekisa kya Katonda kye kituyamba okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwaffe eri Kristo. Okubeera n'enkolagana ne Yesu buli kiseera y'engeri esinga okutwanguyiza obulamu kubanga tubeera n'essanyu okumuweereza era nga tulina n'amaanyi ag'Omwoyo okukola okwagala kwe.

ENJAWULO ERI WAKATI W'OBUYIGIRIZWA N'OBULOKOZI

Kaakati kitegeerekeka bulungi nti waliwo enjawulo wakati w'obuyigirizwa n'obulokozi; abayigirizwa bakolebwa bukolebwa so tebazaalibwa buzaalibwa. Bwe kiba ng'obulokozi bwa bwereere – era nga butuweebwa olw'ekisa okuyita mu kukkiriza – naye obuyigirizwa wabula bwa bbeeyi (butwala omuwendo) si bwa bwereere, kale ekyo kitegeeza nti obulokozi bwa njawulo ku buyigirizwa. Ekimeeza kino wammanga kitulaga enjawulo eri wakati w'Obulokozi n'Obuyigirizwa:

| OBULOKOZI | OBUYIGIRIZWA |
|---|---|
| Kirabo kya bwereere | Bwa bbeeyi (bukutwalira omuwendo) |
| Bufunibwa kuyita mu kukkiriza | Bukwetaagisa okwewaayo n'obuwulize |
| Tebwetaagisa bikolwa byaffe | Bwetaagisa ebikolwa byaffe |
| Bukuweerawo obutuukirivu | Olugendo lw'okutukuzibwa lwa bulamu bwo bwonna |
| Yesu yasasula omuwendo | Omukkiriza y'asasula omuwendo |
| Tujja eri Yesu nga ye Mulokozi | Tugoberera Yesu nga ye Mukama |
| Tukkiriza njiri | Tugondera ebiragiro |
| Amazima agasooka (A) | Amazima agokubiri (B) |

Enjawulo eyo nkulu nnyo mu kukuumira enjiri y'obulokozi ng'etegeerekeka bulungi kubanga bwe tutabulatabula enjawulo y'obuyigirizwa n'ekirabo ky'obulokozi, ekisa kibeera tekikyali kya bwereere. Kiba kitegeeza nti okufuna obulokozi kyanditwetagisizza okwewaayo ennyo n'okwefiiriza ennyo, so nga bino by'ebintu ebyetaagibwa omuntu okufuuka omuyigirizwa.

Engeri etuyamba okukuuma obulokozi nga bwa njawulo okuva ku buyigirizwa kwe kutunuulira obulokozi ng'amazima agasooka (A), ate obuyigirizwa n'obulaba ng'amazima agokubiri (B). Ng'amazima agasooka (A) bwe gakulembera amazima agokubiri (B), bwe kityo n'obulokozi bwe bukulembera obuyigirizwa. Kale ekitundu "A" kirimu ebintu byonna bye tusoma mu Bayibuli ebikwata ku bwetaavu bwaffe obw'okulokoka, ebyetaagisa okufuna obulokozi, ebikwata ku ggulu ne geyeena, n'ebiva mu bulamu obutaggwaawo oba okuzikirira. Ku ludda olulala ekitundu B kirimu ebiragiro byonna n'ebisuubizo byonna eby'omukkiriza bw'amala okulokoka oba bw'agenda ng'azza buggya endowooza ye. Ebintu omuli; obuyigirizwa, okwewaayo, empeera, enneeyisa, okukula n'obuweereza byonna bisangibwa mu mazima agali mu kitundu "B."

Bw'otunuulira obulokozi n'obuyigirizwa ng'ebintu eby'enjawulo kikuyamba buli kimu okukitegeera obulungi. Kino kijja kukuyamba okutaputa ennyiriri ezoogera ku buyigirizwa mu Bayibuli ezibuzaabuza abantu nga balowooza nti zoogera ku bulokozi. Obulokozi bwa bwereere naye obuyigirizwa omukkiriza bumutwalira omuwendo. Bino byombi bisibuka mu kisa kya Katonda ekikolera mu bulamu bwaffe.

## OMUWENDO GW'OKUBEERA OMUYIGIRIZWA

Kitwala ki okubeera omuyigirizwa? Mu njogera ennyangu, kitwala buli kintu. Naye Yesu alina ebisaanyizo bye yateekawo eri abakkiriza abaagala okufuuka abayigirizwa. Bwe tutunuulira omulamwa gw'ebisaanyizo bino, tukiraba buli kiseera nti ebiragiro bino biweebwa abo ababeera bamaze okukkiriza enjiri era n'abo ababeera bafuuse abayigirizwa. Omuntu atannalokoka tasobola kutuukiriza biragiro bino era tanyumirwa na kubigoberera. Abakkiriza babeera batambulira mu kisa kya Katonda, ekintu ekibayamba okutuukiriza ebiragiro bino. N'abo abaafuuka edda abayigirizwa beetaaga okusoomozebwa okweyongera okubeera abayigirizwa kubanga obuyigirizibwa si mbeera ya kwesibira wamu nga totambula. Bwe tugenda nga tukula, Katonda buli kiseera atuwa ebiragiro ebirala era n'ayongera okutusaba obujjumbize bwaffe.

Kaakati katubeeko obukwakkulizo obukulu obukwata ku buyigirizibwa bwe tuba tulaba. Akamu ku bukwakkulizo kano koogera ku nkolagana y'omukkiriza ne Katonda okuyita mu Kigambo kye. "Awo Yesu n'agamba Abayudaaya abaamukkiriza nti, 'Bwe munywereera mu kigambo kyange, munaaba bayigirizwa bange ddala. Era bwe

mulimanya amazima, n'amazima galibafuula ab'eddembe (Yokaana 8:31-32). *Okunywereera* kitigeeza "okunyiikirira ekintu" oba "okusigala ng'okola kintu." Bwe yeyambisa ekigambo *okunywereera* abeera agamba nti olw'okuba ng'Abakristaayo bano baali bamaze okukkiriza, nga batandikidde mu Kigambo kya Kristo, baali balina okweyongera okukigoberera n'okukigondera. Ekigambo kibayamba okubanywereza mu mazima, era enkola y'amazima gano etusumulula okuva mu nsobi eziva mu njigiriza n'obulombolombo eby'obulimba ekintu ekiyinza okutussa mu busibe ne tuwaba ne tudda mu kwonoona. Okubeera abayigirizwa tuteekwa okwewaayo mu kumanya n'okugoberera Ekigambo kya Katonda kye tulina olwaleero mu Bayibuli.

Obukwakkulizo obulala busatu buwandiikiddwa mu Lukka 9:23. Yesu yagamba nti, "Omuntu yenna ayagala okungoberera, yeefirize yekka, yeetikke omusaalaba gwe, angoberere."

Akakwakkulizo akasooka mu lunyiriri luno – kwe kwefiiriza wekka – ekitegeeza okukulembeza okwagala kwa Katonda ku kwagala kwaffe - kuno kwe kugaana okutuukiriza ebiruubirirwa n'okwegomba kwaffe ne tutuukiriza okwagala kwa Katonda kw'alina gye tuli. Eky'okulabirako, tugaana okutuukiriza amasanyu ag'ekibi oba okwesasuza, olwo ne tusobola okwaniriza ebigendererwa bya Katonda by'alina eri obulamu bwaffe, ne tusanyukira mu ye era ne tukkiriza Katonda okutukolera kw'abo abatulumya.

Okwettika omusaalaba kwe kubeera ng'omaliridde okubonaabona ku lwa Yesu olw'okussa ekimu naye oba olw'okukola okwagala kwe. Mu biseera by'Endagaano Empya omusaalaba gwakyikiriranga engeri esingayo okuba ey'obukambwe n'okubonyaabonya ekyaviirangako omuntu okufa. Abayigirizwa babeera beetegefu okubonaabona ku lwa Yesu, olw'olumu ekiteegeeza nti tusobola n'okukisasuliramu obulamu. Okugamba omuntu okwettika omusaalaba kibeera ng'okumugamba nti, "Weereetere essasi lyo" oba nti "weetabulire obutwa." Kumpi buli lunaku tubeera n'omwagaanya ogw'okussa ekimu ne Yesu Kristo ne tukola okwagala kwe mu maaso g'abatuwakanya, mu kusekererwa oba mu kuyigganyizibwa. Tusobola okugoberera Yesu nga tubonaabona ku lulwe?

Akakwakkulizo akokusatu ke k'okugoberera Kristo. Kuno kwe kuyitibwa okw'okubeera ne Yesu mu ngeri esingayo okubeera eyokumwanjo bwe tutyo ne tuba nga tukola okwagala kwe ne tutuukiriza ekigendererwa kye eri obulamu bwaffe. Yesu bwe yayita Peetero, Andereya, Yakobo ne Yokaana okumugoberera, yabagamba nti yali agenda kubafuula "bavubi b'abantu."[1] Okugoberera ekigendererwa kya Yesu ky'alina ku bulamu bwaffe kubeeramu n'okuleeta abalala gy'ali. Yesu yagamba nti ekigendererwa kye kwali kubuulira njiri, okunoonya n'okulokola ekyo ekyabula.[2] Tusobola okutuukiriza ekigendererwa kino eyo yonna gye tubeera – ku mirimu gye tukolerera, eyo gye tuwummulira oba ewaka gye tubeera.

Akakwakkulizo akalala Yesu ke yatuwa ka njawulo ddala: “Omuntu yenna bw’ayagala okungoberera n’atakyawa kitaawe ne nnyina, mukazi we, abaana be, baganda be oba obulamu bwe, oyo tasobola kubeera muyigirizwa wange” (Lukka 14:26). Yesu bw’agamba “okukyawa” abeera akozesa ekisoko ekitegeeza “okwagala ekitono.” Omuyigirizwa ateekwa okukulembeza Yesu nga y’entikko y’okwagala n’okwewaayo kwe, n’atuuka ne kukigera eky’okumusoosowaza ku b’oluganda lwe – ng’amusukkulumya n’okusinga ku bulamu bwe! Naye kino tekitegeeza kulagajjalira bantu baffe. Naye ebiseera ebimu okuweereza ab’oluganda lwaffe n’ebyo bye twagala bigezesa obuwulize bwaffe bwe tulina eri Yesu. Tulina okumukulembeza mu nkolagana zaffe n’abalala bwe tuba nga tunaabeera bayigirizwa be.

Mu kitundu kyekimu Yesu era yagamba nti, “Kale, buli muntu ku mmwe ateefiiriza byonna….tayinza kuba muyigirizwa wange” (Lukka 14:33). Kino yakigeraageranya n’omuzimbi ne kabaka atateekateeka bulungi ebyetaagisa okumaliriza omulimu. Kitulaga nti ng’abakkiriza tuteekwa okukozesa buli kintu ekiriwo okutuukiriza Katonda ky’atusaba okukola. Ensonga eno ya buwanika, kubanga bwe kiba nga Katonda ye nannyini byonna, tulina okuba nga twetegese ebintu bye okubikwata obulungi era n’okubiwaayo gy’ali bw’abeera ng’abitusabye.

Waliwo n’obukwakkulizo bw’okubeera omuyigirizwa obulala. Naye obwo bwe twogeddeko waggulu bwetaagisa obunyiikivu, obuwulize n’okwerekereza kw’omukkiriza. Kale ekyo bwe kiba nga ky’amazima, kitegeeza nti omuntu okubeera omuyigirizwa kirina omuwendo gwe kimutwalira, ob’olyawo kimutwalira buli kimu. Kaakati osobola okulaba lwaki obukwakkulizo bw’obuyigirizwa tebusobola kubeera bukwakkulizo bwa bulokozi bwe tufuna olw’ekisa okuyita mu kukkiriza?

## OMUTENDERA GW’OYITAMU OKUFUUKA OMUYIGIRIZWA

Obutafaanana bulokozi bwaffe (oba obutuukirivu) obutuweebwa embagirawo omulundi gumu amangu ddala nga tumaze okulokoka, obuyigirizwa lubeera lugendo lwa bulamu bwaffe bwonna. Bwe tumala okulaba obukwakkulizo bw’omuntu okubeera omuyigirizwa, kiba kyangu okutegeera nti abayigirizwa batendekebwa butendekebwa so tebazaalibwa buzaalibwa. Si buli mulokole nti abeera muyigirizwa newakubadde nga buli muyigirizwa abeera mulokole. Obuyigirizwa bufaanana ng’olugendo. Buli muyigirizwa alina ekigera kyatandikirako okutambula. Waliwo ebiseera eby’okutambulira ku misinde, eby’okusooba, eby’okwesibira mu kifo ekimu n’eby’okulemererwa okutambula. Naye buli mulokole asigala akyali muyigirizwa singa

asigala anyiikirira ebya Yesu era n'asigala ng'akyatambula olugendo olw'okweyongera okufaanana Kristo.

Obulamu bwa Peetero ky'ekyokulabirako ekirungi ku lugendo lw'obuyigirizwa. Mu njiri ya Yokaana tukiraba nga Peetero yasisinkana Mukama mu ssuula esooka era n'amukkiriza mu ssuula eyokubiri (2:11 ne 6:68-69). Kyokka obulamu bwe ng'omuyigirizwa wa Yesu tubulabamu obunafu nga mwe muli n'okwegaana Yesu. Naye era Peetero yasigala akyayitibwa muyigirizwa. Kyewuunyisa okuba nga Yesu yeyongeranga okugamba Peetero okumugoberera era tulaba Peetero ng'agoberera Yesu, si mu biseera bye byokka ebyasooka okubeera ne Yesu, naye era ne mu biseera w'eyamweganira nga bamukutte era n'oluvannyuma lw'okuzuukira kwe.[3] Nga bwe nayogedde mu kusooka, nti tusisinkana embeera ezitusoomooza ne tweyongera okubeera abayigirizwa aba ddala.

Ensonga ereetera Peetero okuba nga yakulembezebwa mu bayigirizwa bonna, kiva ku kuba nga y'eyali omwogezi waabwe era nga y'omu ku bayigirizwa abasatu abaali ab'okulusegere ennyo. Katonda yayagala atusiigire ekifaananyi ky'olugendo lw'obuyigirizwa era Peetero y'omu ku bantu gwe tuyinza okulabirako. Yatuwa eky'okulabirako eky'ebyo ebisuubirwa mu muyigirizwa n'ekisa Katonda ky'awa abamugoberera ne bwe babeera nga baremereddwa. Okufaananako ne Peetero, naffe tusuubire olugendo lwaffe okubaamu obuwonvu n'obukko, naye mu byonna nga tutunudde mu luuyi olutuufu – nga ye Kristo.

## EKIGENDERERWA KY'OKUBEERA OMUYIGIRIZWA

Obulamu bw'omuyigirizwa bwe bulamu obw'okuba n'ekigendererwa. Mu kugoberera Yesu mulimu "n'okuvuba" abantu ne bakkiriza Yesu era nabo ne bamugoberera. Yesu yawa ekiragiro ekyasembayo nga tanava ku nsi okulinnya mu ggulu ekigamba nti: Obuyinza bwonna bumpeereddwa mu ggulu ne ku nsi. Nolwekyo mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana ne ly'Omwoyo Omutukuvu; era mubayigirize okugonderanga byonna bye nnabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n'okutuukira ddala ensi lw'eriggwaawo." Amiina. (Matayo 28:18-20).

Yesu yatulekera enteekateeka eἠἠenderere ey'okukolamu obuweereza mu ngeri ey'amaanyi. Twekubisaamu nga tukoma ku bulamu bw'abantu abalala nga tubafuula abayigirizwa. Ekyawandiikibwa kino bw'okyetegereza nga bwe kyawandiikibwa mu lulimi olwasooka kitulaga nti "okufuula abantu abayigirizwa" kye kyali ekiragiro ekikulu. Ebikolwa ebiri mu kiragiro kino byongera okutunnyonnyola *butya* bwe tufuula

abantu abayigirizwa: nga tubuulira enjiri, nga tubatiza abakkiriza okuyingira mu kussa ekimu n'ekkanisa ya Yesu, era n'okubayigiriza okufuuka abayigirizwa.

Nga bwe tweyongera okugondera Yesu mu buwulize n'ebyo byonna by'atuyigiriza, tweyongera okumwagala era ne tweyongera n'okumusemberera (Yokaana 14:21). Olw'okuba nga twagala Katonda era nga tugoberera Kristo, kino kituleetera okwagala abalala era n'okubaweereza (Yokaana 13:35). Mu bulamu tewaliiwo kiruubirirwa kikulu ekisinga eky'okwagala Katonda n'okumuweereza n'eky'okwagala abantu n'okubaweereza.

Eddaala erisookerwako mu lugendo lw'obulamu bwo olw'ekigendererwa, kwe kukula gwe kennyini ng'omuyigirizwa. Twayogeddeko dda ku kintu ekikulu ennyo ekituyamba okukula – oyo ye Mwoyo wa Katonda ali mu ffe – naye tulinayo n'ebintu ebirala ebisobola okutuyamba okukula. Ekisookera ddala y'ekkanisa ng'eyita mu kuyigiriza, okukuήήaana n'aboluganda, okusinza n'omwaganaya ogutuweebwa okuweereza. Waliwo n'ebitabo ebirungi by'osobola okukozesa, newakubadde nga nnina okukulabula nti si byonna nti enyinnyonnyola yabyo ntuufu ku bikwata ku njiri, ne ku bikwata ku kisa na kiki kye kitegeeza omuntu okubeera omuyigirizwa. Nze mpandiiseeyo ekitabo ekirimu eby'okuyiga n'ebibuuzo okusingira ddala nga njagala okuyamba abantu okukula mu kisa, okukula mu buyigirizwa n'okubayamba okufuula abalala abayigirizwa.[4] Oyinza n'okunoonyaayo abakkiriza abakuze mu bulokole n'okunήήaananga nabo, n'oyiga nabo Bayibuli nga bw'oyiga okuteeka mu nkola ebyo by'oyize. Ekikulu kwe kutandika okukula naawe osobole okukuza abalala.

Okugoberera Yesu ng'omuyigirizwa kwe kwewaayo buli mukkiriza kw'alina okusalawo okukola. Okusiimira ddala ekirabo ky'ekisa kya Katonda kwe kukula mu kyo ne munkolagana yaffe ne Katonda ow'ekisa kyonna. Kya nnaku nti emirundi mingi ebisaanyizo by'omuntu okufuuka omuyigirizwa abantu babitabulatabula ne by'omuntu okufuna obulokozi. Kino kinafuya ekisa kya Katonda n'omulimu Yesu gwe yatukolera. Okubitabulatabula tekukoma ku kyakutulaga nti obulokozi bwaffe si bunywevu, naye era kijjawo n'omusingi gw'obulamu obw'essanyu n'eddembe ebijja nga biva mu kukulira mu kisa. Omuntu okufuuka omuyigirizwa nakyo kirabo kya kisa. Obusobozi bw'okutuukiriza ebiragiro by'obuyigirizwa nabwo butuweebwa kisa kya Katonda nga tukolagana n'Omwoyo Omutukuvu ali mu ffe n'okwekuumira mu Kigambo kya Katonda.

EBIBUUZO EBY'OKWEJJUKANYA

1. Kiki ekyandibadde ekiruubirirwa ky'omuyigirizwa?

2. Oyawula otya obulokozi ku buyigirizwa, era lwaki okubyawula kikulu?

3. Nnyonnyola amakulu g'emboozi eno "Abayigirizwa batendekebwa butendekebwa so tebazaalibwa buzaalibwa."

4. Obukwakkulizo bw'omuyigiriza bukwatagana butya n'olugendo lw'obulamu bw'omuyigirizwa?

# ESSUULA 12

# EDDEMBE EPPYA

Omwami ayitibwa Chan Zhong Bing yajja mu Amerika mu myaka gya 1870 nga ginaatera okuggwaako okunoonya obulamu obusingako obulungi n'okulabirira abooluganda lwe be yali alese mu China. Eyamwogereza okumujja mu China yamusuubiza omulimu omulungi n'eddembe ng'atuuse mu Amerika, naye omuntu ono teyali mwesimbu. Wabula Chan kye yasanga mu Amerika kumpi bwali buddu omwali okukola emirimu emizibu ennyo omwali okuzimba enguudo z'eggaali y'omukka n'okubanjanga eyali mukama we buli kiseera. Naye oluvannyuma Chan yafuna engeri gye yesumululamu mu buddu buno n'agenda e Washington D.C bw'atyo n'aggulawo ekirabo ky'emmere (lesitoranti) y'Abachina.

Omukyala ayitibwa Wu Ah Choy naye yatuuka mu Amerika ng'omuddu ng'alina emyaka 8 egy'obukulu, nga bamuguzizza munnansi w'Amerika Omuchina, ekintu ekyatuukanga ennyo ku bawala abangi abaakuliranga mu maka g'Abachina amaavu. Bwe yaweza emyaka 13 bamutunda nate nga bamuguza munnansi w'Amerika Omuchina omulala era mu kiseera kitono n'afuna olubuto nga tamanyi na kye kitegeeza okuba n'olubuto. Omwana we eyasooka yafa era bw'atyo n'owokubiri. Olw'okuba nga mukama we yali amutulugunya era ng'amuvuma nnyo, Wu Choy bwe yaweza emyaka 16 yatoloka n'agenda, bw'atyo omwana we owokusatu n'amulekera mukama we. Kye yakola okusobola okweyimirizaawo ng'omuwala Omuchina eyali tamanyi kwogera Lungereza mu nsi engwiira tekimanyiddwa, naye oluvannyuma lwa byonna yasisinkana Chan era ne bafumbiriganwa. Bwe batyo ne bazaala omwana omulenzi (kitange) era ne bamutuuma Robert. Kitange ye w'oluganda lwange yekka eyasembayo okubeerawo ng'obuddu tebunawerebwa.

Jjajjange omusajja yasuulawo jjajjange omukazi n'amuleka ne kitange, ye n'addayo e China mu biseera ebyenfuna webyabeerera ebya kaweereege (ebizibu ennyo) mu Amerika. N'olwekyo jjajjange omusajja saamulabako era saayogerako naye. Jjajja wange omukazi ye yasigala mu Washington D.C, era ku ssande emu yagenda mu kuyigirizibwa okwali mu kkanisa eyalimu omuminsane eyali abuulira mu Luchina. Bw'atyo yawulira enjiri era n'alokoka. Kaakati olugendo lwe olw'okubeera mu ddembe yali alumalirizza. Nze ndi musika ow'okulafuubana kwe okulwanirira eddembe ery'okujjawo obusosoze, naye era kaakati nneeyagalira ne mu ddembe lye ery'omwoyo

bwe yasalawo okukkiriza Yesu Kristo okubeera omulokozi we, era ebintu ebyo byombi si bitwala nga bya lubalaato.

## EYASUMULULWA DDALA

Eddembe litegeeza ki gy'oli? Abamu bakitwala ng'eddembe ly'omuntu lya muwendo okusinga ebintu by'alina oba n'obulamu ku bwabwo. Munnansi asobola okulwana okutuuka okufa ng'alwanirira okusigaza eddembe lye. Naye olowooza otya ku ddembe ly'omwoyo? Kikugasa ki okubeera n'eddembe ly'ebyobufuzi oba eriryo ng'omuntu naye ng'okyali muddu wa kibi, ng'okyatya okusalirwa omusango oba ng'okyatya okufa?

Bwe nzize nga nneetegereza nkizudde nti abantu abatambulira mu ddembe ly'omwoyo batono nnyo mu nsi muno. Obwesedde n'obwesedde bw'abantu basibiddwa mu kizikiza ky'obutakkiriza, nga batambulira mu ntiisa buli kiseera. Abantu abo batambulira mu ntiisa ey'okulemererwa okusanyusa balubaale baabwe era bafiira mu ntiisa ey'obutamanya kigenda kubabeerako nga bavudde mu bulamu buno.

Embeera y'Abalokole oyinza okugamba nti eri kalekale, naye nga nayo si nnungi ddala nga bwe yandibadde. Newakubadde ng'Abalokole balina kutambulira mu ssuubi, bangi ku bo batambulira mu ntiisa, nga balowooza nti Katonda waabwe si musanyufu gye bali. Newakubadde nga bakkiriza nti eggulu n'obulamu obutaggwaawo Katonda yabibateekerateekera, babuzaabuzibwa era ne bateekakasa oba nga "balungi ekimala" okusobola okutuuka mu ggulu.

Omuntu yenna atanategeera bulungi kisa kya Katonda tasobola kutambulira mu ddembe lya mwoyo kubanga ekisa ky'ekituufula ab'eddembe. Abantu abatanayaniriza kisa kya Katonda ekiri mu bulokozi bambi batambulira mu kizikiza ne mu busibe. Naye era n'abantu abaalokoka nabo basobola okutambulira mu kutya, na ddala bwe baba tebatambulira mu kisa kya Katonda mu bujjuvu bwakyo.

## EKISA KITUSUMULULA

Tunuulira ekibaawo amangu ddala nga twakakkiriza Yesu Kristo okubeera Omulokozi waffe:

- Tusumululwa okuva mu kweraliikirira ekibonerezo ky'ebibi byaffe.
- Tusumululwa okuva mu kya Katonda okutusalira omusango.

- Tusumululwa okuva mu kutya okufa.
- Tusumululwa okuva mu kutya ebinaatubaako mu bulamu obuddirira.
- Tusumululwa okuva mu kwesalira omusango oguleetebwa ekibi.

Tunuulira ate ekibaawo bwe tweyongera okukulira mu kisa ekyo kyekimu:

- Tusumululwa okuva mu kugondera amaanyi g'ekibi.
- Tusumululwa okuva mu bitubanjibwa amateeka tulyoke tusembezebwe Katonda.
- Tusumululwa okuva mu maanyi ga Setaani.
- Tuba ba ddembe okuweereza Katonda n'abantu abalala.
- Tuba ba ddembe okubeera ekyo Katonda kye yatutondera okubeera.

Bwe tukkiriza enjiri, tufuuka ba ddembe kubanga Katonda abeera atusumuludde mu kufa, mu Setaani, mu nsobi ne mu busibe obulala bwonna. Kya nnaku nnyo abo abasumuluddwa okweyisa ng'abakyali mu kkomera.

OLI WA DDEMBE OKUKULA

Eddembe ekisa ly'ekireeta, ly'ettaka ejjimu erikuyamba okukula mu by'omwoyo. Okutya kutuleetera okwekuniza n'okubeera mu kweraliikirira. Waliwo enjawulo nnene wakati w'okuba n'endowooza ey'omuddu n'eyomwana. Abaruumi 8:15 woogera ku bakkiriza nga wagamba nti, "Kubanga temwaweebwa nate mwoyo gwa buddu okutya, naye mwaweebwa Omwoyo ow'okufuuka abaana, gwe tukowoola nti, "Aba Kitaffe!" Ekigambo *Aba* linnya lya kitiibwa eriraga omukwano omuntu gw'alina eri kitaawe, nga bw'onamuyita taata oba muzeeyi. *Aba* kikozesebwa eri omuntu gw'omanyidde okukolagana naye era n'ekiraga n'enkolagana gy'olina naye ey'oluganda. Kaakati Katonda yafuuka Kitaffe era naffe tuli baana be. Taata atuukiridde ayisa atya abaana be?

Taata yenna omulungi akimanyi nti abaana be abato bakola ensobi, beesittala ne bakola ebitasaana, era okusalawo obubi kitundu mu kukula kw'abantu. Katonda nga Kitaffe tatusuubiramu kutuukirira mu buli kintu. Akimanyi nti tujja kwesittala tukole ebitasaana era twonoone. Akimanyi bulungi n'okusinga ffe nti okukula kwaffe n'okuzza obuggya endowooza zaffe lubeera lugendo. Bwe tulemererwa, Katonda tatukasuka bweru w'amaka ge oba n'alekeraawo okubeera Kitaffe. Nga taata omulungi yenna bw'abeera, naffe Katonda atukomyawo mu kussa ekimu naye okubeera kuvuddewo. Obukakafu bw'okuba nti ne bwe tusobya tuzzibwa mu kussa ekimu ne Katonda tekiteekwa kubeera kyekwaso kya kwonoona; wadde nga gano ge mazima.

Nga Taata omulungi, Katonda mu kisa atuteereddewo engeri etukyomwawo mu kussa ekimu naye bwe twonoona ng'atukkiriza okwatula ebibi byaffe ne twaniriza ekisonyiwo kye kye yatuwa edda n'okunaazibwa: "Bwe twatula obutali butuukirivu bwaffe, Katonda mwesigwa era w'amazima okutusonyiwa ebibi byaffe n'okutunaazako obutali butuukirivu bwonna" (1Yokaana 1:9). Ekigambo *okwatula* "kwe kwogera ekifaanagana" oba "kwe kukkiriziganya" ne Katonda nti tuli basobya. Tewali kibi kinene kisobola kutuziyiza kubeera mu kussa kimu na Katonda singa tukimwatulira. Katonda asobola okutusonyiwa n'okutuzza mu kussa ekimu naye kubanga ekisa kye kinene nnyo okusinga ekibi kyaffe kyonna (Abaruumi 5:20).

Kino kitegeeza nti tusobola okubeerawo nga tuli bagumu, nga tukimanyi nti Kitaffe atwagala era atukkiririzaamu. Tuli ba ddembe okubeera ekyo kye tuli era ne tuweereza Katonda mu ngeri ey'enjawulo. Tetulina kutambulira mu ntiisa nga tulowooza nti Katonda atulinze okukola ensobi alyoke atusaanyeewo. Bwe twonoona atusonyiwa n'atuzza mu kifo kyaffe. Ne mu kiseera ekizibu ennyo ng'ebintu bitutabuseeko Katonda abeerawo ku lwaffe, nga tatulwanyisa. Mu nnaku zaffe enzibu ennyo, Katonda abeera naffe era abeera ku ludda lwaffe.

Enjiri ey'ekisa kya Katonda etufuula ba ddembe. Naye tewali muntu alina ddembe kukola buli kintu ky'ayagala. Kale, twolesa tutya eddembe lyaffe lye tulina mu Kristo? Kubanga singa eddembe terifugibwa, liyinza okukozesebwa obubi.

OKUKOZESA OBUBI EDDEMBE NGA TULOWOOZA NTI LITUWA EBBEETU

Emu ku ngeri eddembe gye lisobola okukyamizibwamu kwe kulifuula ebbeetu. Kuno kwe kukozesa obubi ekisa omuntu okutuukiriza bye yeyagaliza ng'ate bibi. Buno bwe bulamu obutaliiko kwefuga era nga bunyomoola ebiragiro bya Katonda. Yuda 4 atulabula ku bantu abatatya Katonda, abakyusa ekisa kya Katonda waffe, ne basinziira mu kyo okukola ebitasaana ne beegaana Omukulu waffe omu yekka era Mukama waffe, Yesu Kristo." Waliwo *guluupu* z'abantu n'abantu kinnoomu abayigiriza nga bagamba nti ekisa kiwa abantu ebbeetu okwonoona.

Abalokole abalowooza nti ekisa kibawa ebbeetu (olukusa) okweyisa nga bwe baagala bayinza okugamba nti ba ddembe okwonoona kubanga obulokozi bwabwe tebuyinza kubaggyibwaako, oba nti kubanga baasonyiyibwa dda ebibi byabwe, oba si ekyo ne beewolereza nti, "Kasita Katonda ajja kunsonyiwa nga nyonoonye." Endowooza eno ya kito era eva mu butamanya era tukiraba wano mu Baruumi 6:1 ne Baruumi 6:15. Ekibuuzo ekiri wano kibuuza nti, "Tweyongere okwonoona tulyoke tweyongere okutambulira mu kisa ekisingawo kubanga tetuli wansi w'amateeka?" Pawulo yabaddamu nti, *kikafuuwe*! Mu Kristo, twafa eri ekibi era tuli wansi wa Mukama waffe omuggya, Yesu Kristo, oyo gwe tulina okuweereza. Tukirabye mu Baruumi 6 ne mu byawandiikibwa ebirala nti ekibi kireeta ebizibu bingi eri omuntu ayonoona. Mu

mboozi yaffe ey'obulokozi obuli gguluggulu (obutatuggyibwako) twakirabye dda nti ekisa tekikuwa bbeetu kwonoona.

Abantu abajeemera okugondera ebiragiro bayitibwa 'antinomiyanizi' (*antinomians*) ekitegeeza abantu "abatagondera mateeka" oba "abawakanya amateeka." Newakubadde ng'abantu abamu basaanira okuyitibwa erinnya eryo, ekyo tekikwata kw'ebyo bye mbadde njogera ku kisa n'obulamu bw'ekilokole. Tukkiriza nti ekisa kitusumulula mu mateeka g'Endagaano Enkadde, kubanga bye gaali gatubanja byatuukirizibwa Yesu ku lwaffe. Naye era tukiraba nti n'Endagaano Empya erina amateeka gaayo agalina okutuukirizibwa.

Bwe tuba mu Kristo, tubeera n'ebiragiro bingi eby'okutuukiriza, si kutuyamba kufuna bulokozi naye okutuyamba *okukula* mu bulokozi. Newakubadde nga tetukyali mu Mateeka ga Musa, Endagaano Empya erina ebiragiro eby'okugoberera, ekikulu mu byonna kwe kwagala Katonda n'okwagala baliraanwa baffe, nga bino byombi bitulemesa okwerowoozako ffeka n'okweyisa obubi. Omulokole alowooza nti alina ebbeetu okweyisa nga bw'ayagala alemererwa okukiraba nti anyoomoola ekisa era n'atamanya nti enneeyisa ye eyonoona okussa kwe ekimu ne Katonda mu bulamu buno era ne kimuggyisaako n'emiganyulo mu bulamu obwomu ggulu, era n'ekireetera Katonda okubaako n'engeri gy'amubonerezaamu.

Mu njogera ennyangu, eddembe erituweebwa ekisa si ly'eddembe ery'okukola buli kye twagala, naye ly'eddembe ery'okukola Katonda ky'ayagala. Eddembe eryo oluusi likozesebwa bubi. Eno y'ensonga lwaki Pawulo yawalirizibwa okugamba abakkiriza Abaggalatiya nti, "Kubanga mmwe abooluganda mwayitibwa lwa ddembe, noolwekyo eddembe teribawa bbeetu kugoberera bya mubiri. Naye olw'okwagala buli omu abeerenga muweereza wa munne" (Abaggalatiya 5:13). Bwe tutunuulira eddembe lino ng'omukisa gw'okuweereza abalala n'okusanyusa Katonda tetusobola kudda mu bya kwonoona nga tulowooza nti eddembe lituwa ebbeetu okwonoona.

## OKUKUGIRA EDDEMBE OKUYITA MU MATEEKA N'OBULOMBOLOMBO

Ekisa tekikyamizibwa abo bokka abalowooza nti kibawa ebbeetu okukola bye baagala, wabula era kisobola n'okukyamizibwa n'abo abayigiriza amateeka n'obulombolombo. Enjigiriza y'amateeka n'obulombolombo y'enkozesa y'ekisa embi egenderera okuzza Omukristaayo mu mateeka ga Musa oba obulombolombo abantu bwe beetereddewo mbu olwo Katonda alyoke abasembeze. Omuyigiriza w'amateeka yeesiba ku lukalala "lw'ebirina okukolebwa n'ebitalina kukolebwa," era abantu bwe batyo balabika nga be baali balabulwa mu bbaluwa y'Abaggalatiya n'Abakolosaayi.[1]

Tewali kikyamu "kw'ebyo ebirina okukolebwa n'ebitalina kukolebwa," Bayibuli by'eragira singa tubigondera mu kwagala kwe tulina eri Katonda era nga twagala okumusanyusa. Tufuuka bannabulombolombo bwe tusaba abantu okugoberera ebiragiro oba ennono ezitali mu Bayibuli oba bwe tuzigondera nga tugenderera okwegulumiza mu maaso ga Katonda oba mu maaso g'abantu abalala. Omutima n'ekigendererwa mwetukolera ebintu ky'ekisinga obukulu.


Kyangu abalokole okugwa mu luteekateeka lw'abalala, n'ekibaleetera okuwulira nga beesalira omusango ogutaliiyo. Eky'okulabirako, ab'oluganda abatambulira mu mateeka n'obulombolombo bayinza okuwulira ng'abatali ba mwoyo olw'enzivuunula ya Bayibuli gye bakozesa, olw'ennyambala, olwa firimu ze balaba, olw'ennyimba ze bawuliriza, olwenkuήήaana ze babeeramu oba obutabeeramu – kale ne babeeraawo nga beesalira omusango ku bintu Bayibuli byetayogerako butereevu.

Omugoberezi w'amateeka n'obulombolombo takitegeera nti Yesu teyakoma ku kyakutusumulula mu mateeka ga Ndagaano Nkadde[2], naye era yatusumulula ne mu bulombolombo n'ennono abantu bye beeteeraawo ebitali mu Bayibuli. Tukkirizibwa Katonda kubanga tuli baana be olw'ekisa, so si lwa bikolwa byaffe. Tusigala tukkirizibwa gy'ali olw'ekisa kye era n'olwekyo tukuumibwa lwa kisa kye okutuusa lwe tulimulaba maaso ku maaso. Olw'okuba nga buli mukkiriza akkirizibwa Katonda olw'ekisa, naffe tulina okusembeza abakkiriza abalala abatakwatagana na nkola yaffe ku nsonga ezimu ezitayogerwako Bayibuli mu bulambulukufu okuba enkyamu oba entuufu (tunuulira emboozi wammanga). Abatambulira mu mateeka n'obulombolombo babeera "bagudde okuva mu kisa" (Abaggalatiya 5:4), kubanga babeera beesigama ku bikolwa byabwe okutuukiriza enkolagana yaabwe ne Katonda. Kye batategeera kye kino; nti ne bwe bafuba batya okutuukiriza byonna, bamaliriza balemereddwa okutuukiriza byonna, bwe batyo ne beesalira omusango.

Abantu abayigiriza amateeka n'obulombolombo, era nga mwe batambulira, oba abo abeesanga nga bali mu mateeka, okutwaliza awamu babeera bantu banakuwavu nnyo. Bafuba okulabika ng'abantu balungi ku ngulu naye nga tebakyukidde ddala munda. Bambi buli kiseera babeera ku bukukenke nga bagezaako okusanyusa Katonda era babeera basalira nnyo abalala emisango. Okwennyamira, okuyenjebuka n'okubikoowa by'ebiva mu kutambulira mu mateeka n'obulombolombo. Bwe weesanga ng'oli wansi w'amateeka n'obulombolombo, biddukemu amangu ddala nga bw'osobola!

Omulimu ogutuukiridde Yesu Kristo gwe gwokka okukkirizibwa mu maaso ga Katonda, n'olwekyo abalokole bokka abeesiga ekyo ekyatuweebwa olw'ekisa be bakkirizibwa mu maaso ga Katonda. Engeri gy'osanyusaamu Katonda n'okutuukiriza ebiragiro by'Amateeka, kwe kwagala.

OKUFUGA EDDEMBE NGA TUYITA MU KWAGALA Ekituyamba okubeera mu ddembe ne twewala endowooza y'okukola ekibi mu bugenderevu oba ey'okutambulira mu mateeka n'obulombolombo kwe kwagala. Bwe twagala Katonda era ne twagala n'abantu abalala, tetusobola kwegomba kwonoona n'okubeera nga tufugibwa amateeka. Okwagala y'ennono etufuga n'etuleetera enkozesa y'eddembe esaanidde era entuufu (Abaggalatiya 5:13-14). Eddembe lye twafuna liteekwa okukozesebwa mu kwagala okwewala endowooza nti ekisa kituwa ebbeetu okukola bye twagala era n'okwewala okutambulira mu mateeka n'obulombolombo.




Yesu bwe yabuuzibwa okwogera ekiragiro ekisinga obukulu, yaddamu nti; "Yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna. Kino ky'ekiragiro ekikulu ekibereberye. N'ekyokubiri ekikifaanana kye kino nti: 'Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka.' Mu biragiro bino byombi amateeka gonna mwe gasinziira, era ne bannabi bonna kwe beesigaye" (Matayo 22:37-40).

Yesu yali akimanyi nti omusajja oba omukazi ayagala Katonda abeera ayagala okumusanyusa era ng'agenda kwagala n'abantu abalala. "Yagalanga muliraanwa wo" kino si kiragiro nti "kyakubiri" mu bukulu, naye kyakubiri mu nsengeka kubanga tosobola kukyawula ku kisooka, kino kifaanana n'enjuyi za makansi ebbiri oba amagulu g'empale abiri. Okuyigiriza ku nneeyisa ennungi kwonna okw'amateeka g'Endagaano Enkadde ne bannabbi b'Endagaano eyo nga kw'otadde n'Endagaano Empya byonna bituukirizibwa bwe twagala Katonda ne bantu bannaffe. Kaakati osobola okukiraba lwaki omuntu omu yagamba nti, "Yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna era okole ky'oyagala."

Olw'olumu eddembe lyaffe lisobola okukozesebwa mu ngeri erumya abalala, mu ngeri ey'obutayolesa kwagala. Mu butuufu ebibi bingi bye tuyinza okukola bisobola okukosa abalala, omuli abakkiriza n'abatali. Kizibu okwagala abantu bonna. Ng'ajuliza ebigambo bya Yesu mu Matayo 5:44, Will Rogers lumu yagamba nti, "Bayibuli etugamba twagale abalabe baffe, naye lwaki eky'okwagala tosooka kukigezeseza ku mikwano gyo okumala akaseera!"

Abakkiriza balina okuyiga okukozesa obulungi eddembe lyabwe nga bagumiikiriza abakkiriza abatakkiriziganya nabo ku nsonga ezitalambikiddwa butereevu mu Bayibuli. Ensonga zino tuziyita "enkola eziriiko akabuuza." Eky'okulabirako; Abakkiriza basobola obutakkaanya ku nkozesa y'ebyokunywa ebirimu omwenge, ku firimu ezisaanidde okulabibwa, oba ku nnaku ki ez'okukuzibwa na ngeri ki ey'okuzikuzaamu. Waliwo ebintu bingi ebiriko ebibuuzo oba okukubagana empawa. Omulokole omu ayinza okubaako ebintu by'akola ng'endowooza ye temusalira musango era ng'alina eddembe wansi w'ekisa mu Kristo. Naye ate omulala ng'ekyo tasobola kukikola ng'alowooza nti kibi. Kaakati abantu bano bombi bayinza kukolagana batya?

Waliwo ennono eziwerako ezisobola okutuyamba okukozesa eddembe lyaffe era n'okukkiriza abalala okwolesa eddembe lyabwe wansi w'ekisa. Ezimu ku nnono zino ziva mu kukubaganya ebirowoozo okw'ekiseera ekiwanvu okufaananako n'ekyo ekisangibwa mu Baruumi 14.

- Tulina okukolagana n'abo abaawukana naffe ku nkola ezo eziriko akabuuza kubanga nabo Katonda yabasembeza (Abaruumi 14:1-3).
- Tetulina kusalira mukkiriza musango ku nkola ezo eziriko akabuuza kubanga si ffe balamuzi b'omukkiriza oyo (Abaruumi 14:3-4).
- Tulina okuwa ekitiibwa okuluήήamizibwa kw'omukkiriza kw'ekyo ky'alowooza nti ky'ekisanyusa Katonda (Abaruumi 14:5-9).
- Okusinga twandifuddeyo nnyo ku mbalirira yaffe gye tugenda okuwa Katonda olw'ebyo bye tusalawo okukola (Abaruumi 14:10-12).
- Tuteekwa okwewala okukola ekintu kyonna ekireetera omukkiriza omulala okwonoona (Abaruumi 14:13-23).
- Kitugwanidde bulijjo okukulembezanga eby'abalala ku byaffe (Abaruumi 15:1-7).

Okukubaganya ebirowoozo okulala okugaziyiziddwa kusangibwa mu Bakkolinso Ekisooka essuula 8 ne 10. Okuva mu byawandiikibwa bino, tusobola okwebuuza ebibuuzo bina okutuyamba okusalawo oba ng'enkola eno ebaako akabuuza twetaaga okugyenyigiramu.

1. Enkola eno enteeka mu busibe oba enzimba? (1 Abakkolinso 6:12; 10:23)
2. Enkola eno ekosa oba eyamba omukkiriza omulala? (1 Abakkolinso 10:24-29)
3. Enkola eno egulumiza Katonda? (1 Abakkolinso 10:30-31)
4. Enkola eno enkosa oba ennyamba okubuulira enjiri eri abatali bakkiriza? (1 Abakkolinso 10:32-33)

Mu bufunze, eddembe lyaffe lirina kufugibwa kwagala. Omutume Pawulo yawandiika ebigambo ebibuulirira mu Baggalatiya 5:13-14 ng'ajjukira ebigambo bya Yesu ebigamba nti: "Kubanga mmwe ab'oluganda, mwayitibwa kuba mu ddembe; naye temukozesa ddembe lyammwe kukola mubiri bye gwagala, naye olw'okwagala muweerezaganenga mwekka na mwekka. Kubanga amateeka gonna gatuukirira mu kigambo kimu, kye kino; "Oyagalanga muntu munno nga bwe weeyagala wekka." Kale Pawulo agamba nti ekisumuluzo ky'okwagala kwe kutambulira mu mwoyo, mw'ekyo ng'Omwoyo Omutukuvu y'afuga obulamu bwaffe (Abaggalatiya 5:15-26). Ekibala ky'Omwoyo ekisooka, kwe kwagala (Abaggalatiya 5:22).

EDDEMBE ERISAANIRA OKULWANIRIRA

Nsuubira nti gy'okoma okutambulira mu nkolagana y'ekisa kya Katonda ekirungi ennyo n'eddembe ly'ekireeta, okiraba ng'eddembe lino lisaana okulwanirira. Si mu ngeri etali ya kisa, naye ng'olwanirira eddembe ekisa lye kituwa n'ekitiibwa ky'eddembe lino. Ebyawandiikibwa bitulaga nti buli Pawulo weyagendanga ng'abuulira enjiri ey'ekisa, wabangawo abamugoberenga ng'avuddeyo ne bakyama obubaka bwe era ne bazzaayo ab'oluganda mu busibe. Kale nno yali akubiriza abaali basendebwasendebwa abo abawakanya ekisa kya Katonda, ng'abagamba nti; "Kale nga Kristo bwe yatufuula ab'eddembe, bwe mutyo munywereere mu ddembe eryo muleme kusibibwa nate mu kikoligo ky'obuddu" (Abaggalatiya 5:1).

Kyangu okuddayo mu nkola ey'okubaako bye tukola nga tugezaako okusanyusa Katonda, oba okukkiriza abalala okutuwuliza ng'abalina omusango olw'omutindo gw'ebyomwoyo gwe bateekawo ogutaliiyo. Mu kukiwuumbawuumba, Pawulo yali abagamba nti; "temubaako *kyemukola* kyonna; *munywereraawo* we muli!" Munywerere mu kisa. Jjukira nti eddembe lyo Katonda yalisasulira omuwendo ogusingayo okuba ogwa waggulu bwe yawaayo Omwana we omu yekka Yesu Kristo, "Mumanyi nga temwanunulibwa na bintu ebiggwaawo, nga ffeeza oba zaabu…….wabula n'omusaayi ogw'omuwendo omungi ogwa Kristo, ogulinga ogw'omwana gw'endiga ogutaliiko bulema newakubadde ebbala" (1 Peetero 1:18-19).

Tetulina kukkiriza njiri eno ey'omuwendo okwonoonebwa abantu abalina endowooza ey'amalala egamba nti enjiri esobola okwongerwako ekintu ekiralala okugitereeza. Kyali *kisa kyokka* era *kyali kisa busa* ffe okulokolebwa, ekisa ky'ekitumanyisa nti tuli balokole era ky'ekituukuma nga tukyali balokole ne tubeera mu bulamu obw'okusanyusa Katonda. Ekifo kyo ky'olina mu kisa tewekkiriranyanga nakyo wabula kinywezenga! "N'olwekyo mwana wange nywereranga mu kisa ekiri mu Kristo Yesu" (2 Timoseewo 2:1). Mu kifo ky'okudda mu kwemotyamotya, katweyongere okunyweza ekifo kyaffe. "Mweyongere okukula mu kisa ne mu kutegeera Mukama waffe era omulokozi waffe Yesu Kristo. Oyo aweebwenga ekitiibwa kaakano n'emirembe gyonna. Amiina" (2 Peetero 3:18).

EBIBUUZO EBY'OKWEJJUKANYA

1. Ekisa kitusumululula *kuva* mu biki? Ekisa kitusumululula kukola *ki*?

2. Bayibuli eyigiriza ki ku kisa n'ebbeetu?

3. Lwaki enjigiriza y'amateeka n'obulombolombo mulabe wa kisa?

4. Okwagala kufuga kutya eddembe lyaffe lye tulina mu kisa?

## ESSUULA 13

## OKUGABANA EKIRABO

Bwe tumala okusisinkana ekirabo eky'ekisa-ekikyusa obulamu nga tukkiriza enjiri, tubeera twagala okugabana ekirabo ekyo n'abantu abalala. Bwe tuba nga tubuulira enjiri, tulina okugifuula ennyangu, ng'etegeerekeka mangu era nga ya bwereere.[1]

### ENJIRI GIFUULE NNYANGU

Lumu bwe nayitibwa okubuulira mu lukuŋŋaana lw'ababuulizi b'enjiri, omusumba eyali omuteesiteesi yannyanjula eri mukwano gwe omukyala ng'olukuŋŋaana terunnatandika. Omusumba ono yali yayogerako n'omukyala ono gye buvuddeko naye nga takakasa oba mulokole oba nedda. Kale bwe yandekaawo naye, nange kwe kumubuuza ebibuuzo "eby'okumukumu" ntegeere oba nga ddala yalokoka oba nedda. Nakizuula nti enjiri yali teyagitegeera bulungi, bwentyo ne munnyonnyola bulungi nga bwe nnali nsobola era ne mwatuza Kristo.

Nze n'omukyala ono bwe twaddayo okusisinkana omusumba okumubuulira amawulire amalungi agabaddewo, omukyala ono kwe kumusongamu olunwe nga bwamunenya nti, "Lwaki enjiri tewaginnyanguyiza kugitegeera? Enjiri obadde ogikalubya!" Kizibu okukubuulira eyasinga okuswala mu mbeera eno – kubanga nze n'omusumba ono twali twakamala okutikkirwa diguli "eya waggulu mu bya Bayibuli" mu ttendekero lya Bayibuli (*Bayibo Kolegi*)! Omuntu okubeera omuyigirize si ky'ekikakasa nti asobola okunnyonnyola ebintu bya Katonda obulungi.

Mu Bakkolosaayi 4:4 omutume Pawulo yasaba essaala ng'ayagala enjiri gy'abuulira "*etegeerekeke* bulungi ng'abuulira" (okukkaatiriza kwange). Bayibuli ya *New American Version* ne ya *New International Version* zikozesa ekigambo *clear*

(okutegeerekeka obulungi). Omunnyonnyozi omu yataputa olunyiriri luno bw'ati: "Ndyoke ngisaasanye bulungi mu bigambo nga njogera." Omutume Pawulo yakitegeera nti kyali kyangu okidibaga enjiri, kale yayagala agibuulire mu ngeri etegeerekeka amangu. Ekigambo kyakozesa kirimu "okugirabisa eri abantu" era kiva mu kigambo "okwolesebwa" oba "okumulisa." Omulimu gw'omubuulizi w'enjiri kwe kukuba ekitangaala ku bubaka ne butegeerekeka bulungi, so si kubuzaabuza bamuwuliriza.

Katonda asobola okulokola abantu bangi ng'enjiri ebuuliddwa mu ngeri etegeerekeka amangu okusinga abalokoka ng'enjiri tetegeerekese bulungi. Enjiri bw'ebuulirwa mu ngeri etegeerekeka tekoma bukomi kuba y'amaanyi, naye era eteeka abantu ku musingi omulungi mu lugendo lwabwe ng'abakkiriza. Tugenda kulaba ebirungo ebikozesebwa mu kubuulira enjiri etegeerekeka amangu.

EKINYUSI EKITEGEEREKEKA AMANGU

Omuntu alina kukkiririza mu kiki okulokoka? Mpulidde ebintu bingi, ng'abamu bagamba nti, "Kkiririza mu Katonda" "n'Amateeka Ekkumi" oba "mu bubaka obwali ku lusozi" oba nti "Kkiririza bukkiririza mu Yesu nti akwagala." Naye ekinyusi ky'enjiri ky'ekiriwa, era tuyinza kukijjayo tutya obulungi? Ekinyusi ky'enjiri kiggyibwayo bulungi nnyo omutume Pawulo mu bbaluwa y'Abakkolinso esooka 15. Pawulo yajjukiza Abakkolinso enjiri gye yababuulira, gye bakkiriza era gye balokokeramu (15:1-2). Obubaka obwo bwebwo Pawulo bwe yafuna ye kennyini okuva eri Katonda (15:3; Abaggalatiya 1:1-12).
Mu Bakkolinso Ekisooka 15:3-5 tulaba ebikkaatiriza bya mirundi ebiri eby'enjiri n'obujulizi obubiwagira. Ennyiriri zino katuzikube ekifaananyi bwe tuti:

| | |
|---|---|
| Kristo y'afiirira ebibi byaffe → | 1)Ekikkaatiriza ekisooka |
| Okusinziira ku byawandiikibwa→ | 1a) Obujulizi bw'ebyawandiikibwa |
| Era n'aziikibwa→ | 1b) Obujulizi obulabikako |
| Yazuukira→ | 2) Ekikkaatiriza ekyokubiri |
| Okusinziira ku byawandiikibwa→ | 2a) Obujulizi bw'ebyawandiikibwa |
| Era yalabibwa abantu→ | 2b) Obujulizi obulabikako |

Ng'akozesa obujulizi bwe, Pawulo akkaatiriza ensonga ye nga looya omulungi yenna bwe yandikoze (ng'ajjawo akasiirikiro). Okunnyonnyola okuli mu bufunze ku bye yayogera kugenda bwe kuti:

*Kristo y'afiirira ebibi byaffe.* Ekigambo "Kristo" kiyinza okuba nga kyali tekitegeerekeka bulungi eri Abakkolinso abaali basoma ebbaluwa, naye amakulu g'ekigambo *Kristo* n'omulimu Yesu gwe yakola ogw'okufiirira ebibi gwali gusonga ku mubaka wa Katonda ow'enjawulo. Bw'ayogera nti yafiirira ebibi byaffe, kitegeeza nti tuli boonoonyi abeetaaga okusonyiyibwa. Ekigambo *ku lwa* kitulaga ekirowoozo ekitegeeza "okukola ekintu ku lw'omulala" ekitegeeza, okukola ku bibi byaffe.

*Okusinziira ku byawandiikibwa.* Ebyawandiikibwa by'Endagaano Enkadde byasiiga ekifaananyi oba byalagula okubonaabona kwa Masiya wa Katonda.[2]

*Era n'aziikibwa.* Emboozi eno yeekola ng'ebbaluwa ekakasa okufa kwa Yesu. Kino kijjukiza omusomi w'ebbaluwa nti abantu bangi beerabirako n'agaabwe okufa kwe, ng'ate buno bwe bujulizi obusinga obukulu obwali bwebuuzibwa. Okufa kwa Kristo kwalabibwa abantu bangi nnyo nga mwe muli n'abaserikale abatumibwa okumenya amagulu ge. Okuziikibwa kwe kwategekebwa Yusufu ow'e Erimataya, ne Nikodeemo n'abakazi abalala.

*Yazuukira.* Obujulizi obwokubiri obukkaatiriza era obukakasa okuzuukira kwa Kristo okuva mu bafu, ekitegeeza nti Katonda yakkiriza ssaddaaka eyo. Omufu talina muntu yenna gw'asobola kulokola. Omulokozi alina kuba mulamu. Bw'atyo bw'asobola okugaba obulokozi obwa nnamaddala.

*Okusinziira ku byawandiikibwa.* Kizibu okusanga okuzuukira kwa Kristo nga kwogerwako mu Ndagaano Enkadde mu ngeri erabika amangu. Mu Zabbuli 16:18-11; 110:1 ensonga eyo eyogerwako mu ngeri enneekusifu (etalabika mangu). Okubonaabona n'okufa kwa Masiya buli lwe kwogerwako kugobererwa obufuzi bwe (Isaaya 53). Ebyavaamu byategeerekeka bulungi nti Kristo yazuukira mu bafu.

*Era yalabibwa.* Pawulo amenya ebika by'abantu abaamulaba. Muno mwe muli abatume, abantu ab'ebitiibwa; abantu ebikumi ebitaano ne Pawulo kennyini (1 Abakkolinso 15:5-8).

AKAKWAKKULIZO AKATEGEEREKEKA OBULUNGI

Bwe namatira emiganyulo egiri mu kwegatta ne baweereza bannange ab'omukitundu, baasalawo okutongoza kaweefube w'okubuulira enjiri mu kitundu nga twegasse wamu. Akakiiko k'abasumba ab'enjawulo kaakola akatabo akatonotono ak'enjiri akaali ak'okugabibwa eri abantu mu njiri eno eya nju ku

nju. Nga beegendereza, bwe nsuubira, akatabo kaalimu emisingi gyonna. Kaali koogera ku ky'okukkiririza mu Yesu okuba omulokozi (Amiina!), naye era nga kagenda mu maaso n'okugamba omulwadde omuyi okutunuulira ttivi mu bwangu ddala, alyoke *ayatule ebibi bye, akowoole erinnya lya Yesu, aggulewo oluggi lw'omutima gwe, akkirize Yesu okuba omulokozi era Mukama we, era amukkirize okufuga obulamu bwe*. Ekizibu ekiri ku bintu bino si kwe kuba nti si bya Bayibuli, ebisinga ku byo bya Bayibuli, naye *bibuzaabuza* nnyo. Olw'okuba ng'omukago gwali tegusobola kukkiriza kkanisa yaffe kukozesa butabo bwayo, nnalina okwabulira omukago gw'okubuulira enjiri gwe nnali nsoose okwegattako mu bulamu bwange. Naye eky'okwabulira omukago ogwo abasumba bano baambi kyabanyiiza nnyo.

Nga bwe twakikulaze mu kitabo kino, ekisa ky'enjiri kitegeeza nti akakwakkulizo kokka ak'okufuna obulokozi ka "kussa kukkiriza kwokka mu Kristo yekka." Naye wano okubuulira enjiri wekutawaanyiza ennyo abagibuulira. Katulabeko ezimu ku njogera ezeyambisibwa okunnyonnyola akakwakkulizo k'okufuna obulokozi:

*Saba Yesu ayingire mu mutima gwo*. Ky'amazima nti omutima mu nsi yonna gutegeerekeka nti ye muntu yennyini. Naye mu njogera eno ensonga y'okussa obwesige mu Yesu nga y'eyafa mu kifo kyaffe ebeera teyogeddwaako. Naye olowooza kino tekisobola okubuzaabuza omwana ategeera ebyokungulu nga tategeera makulu ga munda? Omuweereza James Dobson yageraageranya ensonga eno bwe yali ku leediyo bw'ati: Waaliwo maama eyali atwalako muwale we mu mmotoka, maama yali amunnyonnyola kye kitegeeza okubeera ne Yesu mu mutima gwe. Akawala kano keesigama ku kifuba kya nnyina waako ne kamugamba nti: "Ndi mukuwuliriza Yesu ali mu mutima gwo." Maama kwe kukabuuza nti, "Owulidde ki?" Ne kamuddamu nti, "Mpulidde ng'ali mu kutabula ekikopo kya kaawa!"

*Omutima gwo (oba obulamu bwo) buwe Katonda*. Akatabo k'enjiri akaakubibwa ku lunaku lwa *Halowiini* (olunaku olukulembera olw'abatukuvu bonna) nga kaali kakuweebwa abaana ng'abamaze okusaba ebirabo kaali kamaliriza n'ebigambo bino: "Kale, mwebale kusaba bintu, naye nze ekirabo ekisinga kye mbaagaliza, ggwe kwe kuwa Yesu omutima gwo." Olaba bwe kikwatagana n'olunaku lwa Halowiini! Omwana ayinza okuteebereza kino okubeera ekikolwa eky'obukambwe ekituuka ku maka agayigganyizibwa emizimu. Kubamu akafaananyi kino kye kitegeeza eri omwana omuto atalina nnyo ky'amanyi. Omubuulizi w'enjiri omu yatubuulira ku mwana eyafukumula amaziga bwe

bamugamba okuwa Mukama omutima gwe, ng'agamba nti, "Singa Katonda mmuwa omutima gwange, nze nasigalawo ntya nga ndi mulamu?" Ekikulu mu bulokozi si ky'ekyo kye tumuwa, wabula *ekyo, ye ky'atuwa.* Obulamu obutaggwaawo, bwe bulamu bwa Kristo mu ffe (1 Yokaana 5:11).

*Yaniriza Kristo mu bulamu bwo.* Enkola eno mu butuufu ya bwetowaze era ya kitiibwa. Naye tulina okujjukira nti Mukama y'atwaniriza. Enkola endala ekozesebwa okukubiriza abantu okulokoka egamba nti, "ggulawo oluggi lw'omutima gwo," nga yeesigamye mu Kubikkulirwa 3:20. Nange nakozesanga nnyo olunyiriri luno, naye kaakati nkiraba nti lwali lwawandiikibwa eri ekkanisa y'e Lawodisiyia yonna, nga lubakubiriza okussa ekimu so si kulokoka. Nkakiddemu, ng'omwana tanakubuuza munyolo gwa luggi lwa mutima gwe gye gusangibwa era obeera tolina ky'omubuulidde kyonna ku kiki kye kitegeeza okukkiririza mu Kristo. Weewaawo n'abantu abakulu babeera tebanayambibwa bulungi.

*Sembeza Kristo okubeera Omulokozi wo.* Kino tekinnyanguyira kuvumirira, kubanga nange emirundi egimu nneesanga nga nkikozesa newakubadde nga ngezaako okukyewala. Waliwo Bayibuli byewagira ku kirowoozo ky'okusembeza Kristo: Yokaana 1:11-12 ne Abakkolosaayi 2:6. Emirundi gyombi gye kyeyambisibwa kiri mu mboozi ey'ebiseera ebyayita nga kitulaga ekiva mu kukkiriza. Okusembeza Kristo ky'ekibaawo bwe tukkiriza – oba bwe tuba n'okukkiriza – bw'atyo n'ajja n'abeera mu ffe. Bwe tweyongerayo, omulamwa gw'ebyawandiikibwa byombi gujuliza okukkiriza nga ke kakwakkulizo k'obulokozi. *Kkiriza Yesu* nakyo kye kimu, naye mu Ndagaano Empya tekikozesebwa ku kya kubeera na kukkiriza mu Kristo.

*Kristo mufuule Mukama era Omulokozi.* Toyonoona maanyi go. Tewali muntu alina buyinza bufuula Yesu Mukama oba Kristo. Bayibuli egamba *Katonda Kitaffe* "afudde Yesu …… okuba Mukama era Kristo" (Ebikolwa 2:36). Ekyo kikakafu nti Yesu ye Mukama! Yesu ye Mukama oba nga tukikkiriza oba nedda.

*Kristo mufuule Mukama w'obulamu bwo.* Enjogera eno ewabya abatali bakkiriza bwe tugikozesa ng'akakwakkulizo k'obulokozi. Yesu okumutwala nga Mukama wo, kuno kubeera kusalawo okuva ku buwulize *bw'abakkiriza* nga beeyambisa ekisa ekikyusa (Tito 2:11-12), naye *tebakikola kuweebwa* kisa ekyo (Tito 3-7). Olw'olumu tuwulira abagamba nti, "Bw'atabeera Mukama wa bonna, olwo oyo si Mukama n'akamu." Waliwo omuntu ayinza okumbuulira enjogera eno kyetegeeza?

*Yesu mutuuze ku nnamulondo y'obulamu bwo.* Mu njogera endala kitegeeza okumukkiriza n'afuga ebitundu by'obulamu bwo byonna. Waliwo omuntu eyali atuukirizza kino? Kuno kukubirizibwa kulungi eri omukkiriza, naye era kibeera kibuzaabuza bw'okigamba omuntu atali mukkiriza nti ke kakwakkulizo k'obulokozi. Kirungi okubuulira omuntu ku nsonga eno ng'omuntu amaze okutegeera ensonga y'okussa okukkiriza kwe mu Kristo okufuna obulokozi. Nkimanyi nti waliwo abantu abamu nga bwe bamala okukkiriza Yesu okuba omulokozi waabwe era beewaayo gy'ali okuba Mukama waabwe mu kiseera kyekimu. Bano babeera bakitegeera bulungi nti Kristo bw'aba nga yatulokola era asaanira okubeera nga y'atufuga era byombi bisaanira okutambulira awamu. Naye jjukira nti ebintu ebyo byombi (Yesu okubeera Omulokozi n'okubeera Mukama wo) bintu bya njawulo.

*Yatula ebibi byo.* Eri Faaza? Ebibi bimeka? Ate ebyo by'otafuddeeko, bye weerabidde oba byotagenderera? Kino nakyo kibuzaabuza. Ffena tuteekwa okukkiriza nti mu butuufu tuli boonoonyi mu maaso ga Katonda, era kino ne tukyatula gy'ali nga tukkiriziganya naye nti mu butuufu tuli boonoonyi. Ekigambo ekivvuunulwa "okwatula" kitegeeza "okwogera ekintu kyekimu" oba "okukkiriziganya n'omuntu ku nsonga." Tulokolwa okuva *mu kintu ekimu,* era ekyo ky'ekibi kyaffe. Okwatula ebibi kwogera ku kizibu kya bibi omuntu byakola mu kifo ky'okwogera ku kifo kyaffe eky'ekikula eky'ekibi atali mukkiriza ky'abeeramu. Katonda ayagala okuwonya omuntu ng'akwatira ddala ku mulandira mu kifo ky'okuwonya obubonero bw'ekizibu.

*Weenenye ebibi byo.* Olw'olumu kiyitibwa "Kyuka oba si ekyo ogenda mu muliro!" Singa kino kiba kitegeeza nti tuteekwa okulekayo buli kibi ekiri mu bulamu bwaffe, olwo obulokozi n'obukakafu bw'okubusigaza byandibadde tebisoboka. Okwenenya mu Ndagaano Empya kwogera ku kukyusibwa okw'endowooza n'omutima, so si kukyusa mpisa ezokungulu. Kituufu okukyusibwa kw'enneeyisa eyokungulu kusuubirwa mu kwenenya okwa ddala, naye tetulina kutabutabula mulandira na kibala. Bwe tukkiriza tuyinza okukyusa endowooza yaffe ku bintu ebiwerako – omuli, endowooza yaffe embi ku Katonda, eky'okulabirako; okutegeera nti twetaaga obulokozi oba endowooza yaffe ku kiki Kristo ky'ali.

*Saba essaala eno.* Si kirungi ffe okulowoozesa omuntu nti asobola okulokoka ng'ayita mu kusaba essaala ng'akalombolombo. Ekisingako obulungi kwe kugamba abaagala okulokoka nti balina okukkiririza mu Kristo, era ekyo ne bakibuulira Kristo *nga bayit*a mu kusaba essaala nti beetaaga ekirabo ky'obulamu obutaggwaawo oba okumwebaza olw'ekyo ky'akoze.

Si kituufu okulowooza nti obukwakkulizo bwonna bwe twogeddeko tebuliimu mazima n'akamu. Ekikulu ekibulimu nti butera okubuzaabuza n'okutabulatabula abo ababeera baagala okulokoka. Lwaki tetukozesa ebyo Bayibuli byeyigiriza bwe tubeera nga tubuulira abantu enjiri ey'obulokozi? Mu njiri ya Yokaana ekigambo *kkiriza* kyeyambisibwa emirundi 98 nga kano ke kakwakkulizo k'obulokozi. Kino tukitegeera na ddala Omwoyo Omutukuvu bw'atutemyako nti enjiri ya Yokaana yawandiikibwa okuleeta abantu mu kukkiririza mu Kristo (Yokaana 20:31). Tetulina walala wetusanga njogera ezo mu byawandiikibwa nga zikozesebwa eri abantu abaali baagala okufuna obulokozi okujjako mu Yokaana 1 ne Bakkolosaayi 2.

## ENGERI ETEGEEREKEKA AMANGU GYE TWANIRIZAAMU ABAAGALA OKULOKOKA

Omuweereza omu bwe tumanyiganye yannyumiza engeri gye yalokokamu naye kyenkana byali *bisesa*. Bwe yali ng'akyali musamize, ng'alina enviiri empavu era ng'akola mu bbaala ate era nga bw'akola n'ogw'obwakanyama, yagenda mu lukuή'ήaana lw'ekkanisa era omubuulizi bwe yayita abaagala okulokoka n'asituka n'agenda mu maaso. Bwe yatuuka mu maaso, omusumba kwe kumubuuza nti, "Ozze okwatula okw'okukkiriza mu Kristo?" Bill yalabika nga bimutabudde. Omusumba y'addamu n'amubuuza emirundi egiwerako, era Bill kwe kumwanukula nti, "Ssebo by'oyogerako sibitegeera, nze njagala Yesu, njagala kulokoka." Yaήήamba nti singa omubuulizi w'enjiri eyali abuulidde obubaka mu *saavisi* teyategeerekeka bulungi, ye Bill teyalituuse na kuyimirira kugenda mu maaso ku kituuti gye yasisinkana omusumba omulala eyali amubuzaabuzizza. Omu ku basomesa bange mu *bayibo kolegi* (Bible College) gye nasomera yanyumirwanga nnyo okugamba nti, "Ssuulwe bw'abeera ku kituuti, mu kibiina afuuka kalenge."

Enjiri esobola okubuulirwa obulungi kyokka engeri gye twanirizaamu abaagala okulokoka ne kutategeerekeka bulungi. Ka kibe ng'oyagala kwatuza omu kw'omu oba ng'oyaniriza bangi mu lukuήήaana olunene, waliwo ebintu ebireetera enjiri okuteegerekeka obulungi. Wammanga katulabe ezimu ku ngeri ezisinga okukozesebwa era buli ngeri tugyogereko:

*Mujje wano mu maaso*. Okwaniriza abantu okw'engeri eno kukozesebwa ababuulizi bangi, newakubadde ng'abalala bakuvumirira – oluusi nga babeera batuufu. Engeri eno *ekozeseddwa* okuviira ddala mu myaka gya 1800. Abantu abamu

kibanguyira okuyimirira ne bagenda mu maaso, naye ate abalala bamala kwerowooza nnyo okusobola okuyimirira mu lujjudde lw'abantu. Okutambula n'ogenda mu maaso tekirina buzibu omuntu bw'aba ng'ategeeredde ddala ensonga. Ob'olyawo ffena tulina abantu betumanyi abaalokoka mu ngeri eno. Naye abantu tetulina kubalowoozesa nti *bateekwa* kusooka kujja mu maaso okusobola okulokoka. Tusobola okubakubiriza okujja mu maaso bwe babeera nga balina gwe baagala okwogerako naye ku nsonga z'okulokoka oba nga baagala okubuulira abantu bonna mu lukuŋŋaana nti bakkiriza Kristo okubeera omulokozi waabwe.

*Mukutamye ku mitwe gyammwe era muzibirize n'amaaso gyammwe*. (so *si kuzibiriza mitwe n'okukutamya amaaso,* ng'omubuulizi omu bwe yakyogeranga!) Lwaki abantu buli kiseera balina okulokoka ng'amaaso gaabwe gazibiridde? Mu nsi y'abasamize enzikiza ebakolera nnyo, naye mu bintu bino eby'enjiri okukkiriza era kukola amaaso ne bwe gabeera nga gatunula nnyo. Kino kisesa, naye Yesu buli kiseera *yazibulanga* abantu amaaso gaabwe! Naye mu mbeera eyokutegeeza kye tuliko, amaaso bwe gazibirira n'emitwe ne tugikutamya, kino kiyinza okutondawo embeera ennungi, ennekusifu erimu okusaba esobola okuyamba abo ababeera basazeewo okulokoka mu lujjudde obutakwatibwa nsonyi.

*Golola omukono gwo*. Nkakiddemu, tuteekwa okwewala eky'okulowoozesa abantu nti ekikolwa ekirabikako ky'ekisaanyizo ky'obulokozi ekisookerwako. Okuwanika omukono tekutiisa nnyo ng'omuntu okutambula okugenda mu maaso ku kituuti. Kino kiyinza okuwa omubuulizi omukisa okumanya abo abaagala okulokoka. Nange, mu butuufu, olw'olumu nsaba abantu abaagala okulokoka okuwanika emikono gyabwe kubanga mbeera njagala okumanya ebibafaako. Ntera okubagamba ebintu nga bino:

Naye jjukira nti okulokoka tekikwetaagisa kuwanika mukono gwo oba okukutamya ku mutwe gwo. Osobola okukkiririza mu Yesu ng'amaaso go gatunula era ng'ontunuulidde. Nze kye njagala okumanya kwe kuba ng'otadde okukkiriza kwo mu Kristo okubeera omulokozi oba ng'oyagala n'okwongera okumanya ebisingawo ku nsonga eyo. Kale bw'owanika omukono eyo y'engeri yokka gye nsobola okukumanyaamu ne nsobola okwogera naawe nga ssekinnoomu oluvannyuma nga tumalirizza. Njagala nnyo okwogerako n'omuntu eyaakalokoka ku nsonga z'obulokozi.

*Jjuza ka kaadi.* Abantu bangi abaagala okulokoka kino nakyo tekibatiisa. Okuwa abantu bukaadi obw'okujjuzaamu ebiseera ebisinga si kirungi nnyo okujjako ng'abantu *bonna* abali mu lukuŋŋaana baweereddwa bu kaadi obw'okujjuzaako,

kale bano abaagala okulokoka ne kitabalowoozesa nti waliwo ekyama ekyekusifu mu kujjuza bukkaadi obwo. Ka kaadi kasobola okubaako eby'okujjuzaamu eby'enjawulo nga bino:

- Nzikirizza Yesu okubeera Omulokozi wange olwaleero.
- Nneetaaga okweyongera okumanya ku bikwata ku Yesu Kristo ng'Omulokozi.
- Njagala okukikakasiza ddala nti nnina obulamu obutaggwaawo.
- Njagala okubaako omuntu gwe njogerako naye ku bulokozi bwange.

*Saba essaala.* Okwatuza abantu obulokozi nga tukozesa essaala *kuyinza* okukwatibwa obulungi. Omubuulizi w'enjiri alina okwegendereza n'anyweza ensonga y'okukkiriza okuba nga ky'ekikulu mu byonna. Nze bwe mbeera nyaniriza abantu okujja eri Kristo, mbannyonnyola engeri Kristo gy'alokolamu ng'ayita mu kukkiriza, ne nkakasa nti bategedde bulungi ensonga zino, olwo ne ndyoka mbabuuza nti, "Ekyo mukikkiririzaamu?" Bwe baddamu nti, "Weewaawo," olwo ne mbagamba nti, "Kale lwaki temumwebaza kaakano mu ssaala olw'okubafiirira n'olw'okubawa obulamu obutaggwaawo?"

Eky'okuyita abantu okujja okulokoka mu lujjudde tuyinza obutakikakasa na byawandiikibwa. Naye era n'ekyokugaba obupapula n'eky'okutendekebwa kw'ababuulizi tuyinza obutaba na byawandiikibwa bikyogerako. Okubuulira enjiri kulimu okwaniriza omuntu ayingire mu kukkiriza, era embuulira y'enjiri ennambulukufu esobola okuyamba abantu bangi nnyo okulokoka. Ekinyusi ekikulu nga tubuulira enjiri kye kino: tetwagala muntu kukkiriza njiri ng'etabuddwamu ebikolwa. Bwe tuba ng'omuntu twamugambye nti obulokozi kirabo kya bwereere, ekyo tulina okukiremerako ne tutateekawo kintu kirala kyonna okubeera akakwakkulizo k'obulokozi. Naye omuntu yenna ayagala okulokoka bw'asalawo okubaako ekikolwa kyakola, kisobola okulabika ng'ekirimu akakodyo, naye kiba kitegeeza nti yakkiriza dda Kristo wabula ng'alina engeri gy'ayagala okukiragamu abalala.

Okwogera eri abantu ne bakutegeera bulungi bubeera buyiiya. Bwe kituuka ku kubuulira enjiri, obuyiiya bwetaagisa nnyo okukozesebwa. Tulina okufuba nga bwe tusobola okulaba ng'enjiri yaffe etegeerekeka bulungi. Si buli kiseera nti tujja kuwangula. Naye si kya ttendo mu bulamu bwaffe nti Katonda akyasobola okutukozesa wadde ng'engeri gye tubuuliramu oluusi tekwatagana na byawandiikibwa? Naye era tukimanyi nti bwe tukozesa enkola za Bayibuli

ezitegeerekeka obulungi Katonda asobola okulokola abantu abangi ng'ayita mu ffe. Era ekyo kitegeeza nti enjiri yaffe ebeera etegeerekeka bulungi, nga n'akakwakkulizo k'obulokozi kategeerekeka bulungi era nga n'engeri gye twanirizaamu abantu okulokoka etegeerekeka bulungi. Naye ku nkomerero ya byonna, tubeera twagala okubuulira amawulire amalungi nga gategeerekeka bulungi nga bwe kisoboka mu ngeri esanyusa Katonda, so si mu ngeri abantu gye bawuliriramu emirembe.

Naye ekigambo ekisembayo kiri mu Bayibuli ekigamba nti; "Naye nga bwe twasaanyizibwa Katonda n'atwesiga n'enjiri, bwe tutyo bwe twogera, si ng'abaagala okusanyusa abantu, wabula tusiimibwe Katonda, oyo akebera ebirowoozo by'emitima gyaffe" (1 Abasessaloniika 2:4).

## EBIBUUZO EBY'OKWEJJUKANYA

1. Lwaki kikulu nnyo okubuulira enjiri y'ekisa mu ngeri etegeerekeka amangu?

2. Kinyusi ki ekikulu ekiri mu njiri omuntu ky'alina okukkiririzaamu okulokolebwa?

3. Lulimi ki lwe tulina okwewala bwe tuba nga tunnyonnyola akakwakkulizo k'obulokozi?

4. Ezimu ku ngeri gye twanirizaamu abaagala okulokoka zikontana zitya n'ekirabo ky'obulokozi eky'ekisa eky'obwereere?

# OBUBAKA OBUTONOTONO

ESSUULA 1: EKIRABO EKY'OBULOKOZI

1. Okubala kuno tukukoze okuva mu nzivuunula ya Bayibuli eyitibwa Ekitabo Ekitukuvu (LBR-2017). Bwe tubala ebigambo ebiva mu kigambo ekisa, ebigambo nga; waakisa, atukwatiddwa ekisa, era tuyinza n'okulaba ewalala we kirabikira. Ebiseera ebimu Endagaano Enkadde ekigambo 'ekisa' ekiyita "okuganja."
2. Charles Swindoll, yawandiika ekitabo ekiyitibwa, The Grace Awakening (Okuzuukusa Ekisa Nate)-kyafulimira Nashiville aba Thomasa Nelson mu 2003, yali ajuliza ekitabo kya Donald Grey Barnhouse ekiyitibwa *Romans, Man's Ruin*, vol 1 (*Abaruumi, Okwonooneka kw'Omuntu*) kyafulumira mu Grand Rapids: (Eerdmans, 1952), 72.
3. Eky'okulabirako, ekigambo *'ekisa'* kyakozesebwa mu kulamusa oba mu kugaba omukisa mu Baruumi 1:7; 1 Abakkolinso 1:3; 16:23; 2 Abakkolinso 1:2; 2 Abakkolinso 13:14.

ESSUULA 2: KATONDA OW'EKISA KYONNA

1. Olubereberye 2:15-17; 3:1-19.
2. Olubereberye 12:1-3; 13:14-16; 15:5; 17:5-8; 22:17-18; 26:3-4,24; 28:13-15; 35:11-12.
3. Olubereberye 26:6-10; 27:1-36.
4. 2 Samwiri 17:12-13; cf. Lukka 1:31-33.
5. Yokaana 1:10-12.

ESSUULA 3: EKISA EKYANNEEWUNYISA

1. Lukka 23:39-43

ESSUULA 4: TWALOKOLEBWA LWA KISA

1. Mu Luyonaani olwasooka ekigambo*, ekyo* bakiwandiika nga kiraga ekikula ky'omuntu, naye mu nzivuunula y'Olungereza *ekyo* baakiyita kintu buntu. Singa ekigambo *ekyo* kitegeeza

"kukkiriza," kyalitegeezezza ekitonde ekikazi. Ng'oggyeeko ekyo, okuweebwa obulokozi olw'ekisa gwe mulamwa ogwogerwako okuva mu ssuula 1 n'okusingira ddala 2:4-9.

2. *Kyrios*; mu bungi kiyitibwa *kyriori*.
3. Eky'okulabirako; Ebikolwa by'Abatume 2:22-36; 3:15; 4:1-2; 10:34-43; 13:27-39.

ESSUULA 5: EKISA EKIWUNIIKIRIZA

1. Abaruumi 6; Abaggalatiya 5:13.
2. Lukka 3:8. Tunulako ne Mu Bikolwa by'Abatume 26:20.
3. Matayo 28:19; Ebikolwa by'Abatume 8:36-38; 10:44-48.

ESSUULA 6: TUKUUMIBWA KISA

1. Era ne mu Baggalatiya 3:18.
2. Abaruumi 11:26.
3. Eky'okulabirako; okuyiga okutonotono okwetoloolera ku nnyiriri enzibu, okugeza, Abaggalatiya 5:4 oba Abebbulaniya 6:4-6 kutulaga nti omuwandiisi yali ayogera eri abakkiriza ng'abakubiriza okukula mu Bukristaayo.
4. Eky'okulabirako, okuyigiriza kw'okuweebwa obutuukirivu olw'okukkiriza so si olw'ebikolwa mu Baruumi essuula 3 ne 4 wategeerekeka bulungi nnyo era wano weewalina okufuga entaputa yaffe ey'ennyiriri enzibu ezoogera nti, "okukkiriza okutaliiko bikolwa kuba kufu" mu Yakobo 2:14-26.

ESSUULA 7: EKISA, KY'EKITUWA OBUKAKAFU

1. Tunuulira 2 Abakkolinso 13:4, 6, naye ensonga y'obutuufu bwa Pawulo aginyweeza nnyo mu ssuula eye 11 ne 12.
2. Abaruumi 8:34-37.
3. Omulamwa gw'ebbaluwa ya Yokaana guli mu kukkiririza mu Yesu, nga kino kitegeeza nti otegedde ky'ali – nga ye Mwana wa Katonda; era ng'otegedde ekyetaago kyo – kwe kukusasulira ebbanja ly'ebibi byo; era ng'otegedde Yesu kye yakola ku kyetaago kyo – bwe yafa era naazuukira nate.

ESSUULA 8: EKISA N'EBIKOLWA EBIRUNGI

1. Matayo 15:31; Makko 2:12; Lukka 7:16.
2. Matayo 5:16; Yokaana 15:8; Ebikolwa 4:21; 2 Abakkolinso 9:13; 2 Abassesolonika 1:12; 1 Peetero 2:12; 4:11.
3. Soma 1 Abakkolinso 4:3-5.
4. Eky'okulabirako, 1 Abakkoliso 11:30; 2 Timoseewo 2:17-18; 4:10; Yakobo 5:19-20.
5. Abaruumi 14:10-12; 1 Abakkoliso 3:13; 2 Abakkolinso 5:1. Tunuulira okukubaganya ebirowoozo okuli mu ssuula 9.
6. Ekigambo ky'Oluyonaani *sozo*, kiva mu linnya *soteria*. Eky'okulabirako, ekyo tekyogera ku bulokozi obutaggwaawo, soma Matayo 8:25; 14:30; 27:40; Yokaana 12:27; Ebikolwa 27:31; Abafiripi 1:19.

7. 1 Abakkolinso 3:12-15; 2 Yokaana 8.
8. Enzivuunula ezimu zikozesa ekigambo *tekugasa* mu Yakobo 1:26 ne 2:20.
9. Abaruumi 3:24; ne 4:5.
10. Soma essuula ey'omukaaga (6) "Tukuumibwa Kisa."

ESSUULA 9: OKUWAAYO OBUPYA EMBALIRIRA

1. Soma Matayo 16:27; Okubikkulirwa 22:12
2. Mu 1 Abakkolinso 11:30, okwebaka kikyiikirira okufa kw'omuntu.

ESSUULA 10: OBULAMU OBUPYA

1. Soma Yokaana 3:3-6; 5:24; 10:10; Abaruumi 8:15-16.
2. Geraageranya Abaruumi 6:16 ne 22. Omulamwa gw'essuula y'Abaruumi 6 gutulaga nti essuula eno baagiwandiikira Abakristaayo nga babalabula ku ngeri gye baalina okutambuzaamu obulamu bwabwe. Newakubadde ng'olunyiriri olwa 23 luyinza okukozesebwa ku mbeera y'omuntu atannalokoka, tetulina kuva ku mulamwa ogw'okulambika abakkiriza mu mazima, Pawulo yali abagamba nti, "Bye tusalawo okukola bisobola okujjawo ebizibu ebiva mu kibi ne bituyamba okutambulira mu bulamu bwa Katonda."

ESSUULA 11: OBUVUNAANYIZIBWA OBUPYA

1. Soma Matayo 4:19; Makko 1:16-20.
2. Soma Makko 1:38; Lukka 19:10.
3. Soma Matayo 4:18-20; Lukka 9:23; Yokaana 13:36; 18:15-16; 21:19, 22.
4. Yabijuliza okuva mu kitabo kya Charles c. bing ekiyitibwa 'okubeera mu famile ey'ekisa' (Living in The Family of Grace-Burleson, tx: gracelife ministries 2003). Ekitabo kino kisangibwa ku mukutu www.gracelife.org

ESSUULA 12: EDDEMBE EPPYA

1. Soma Abaggalatiya 4:9-10; 5:1-3; Abakkolosaayi 2:16-23.
2. Soma Abaruumi 6:14; 7:4-6; Abaggalatiya 3:13; 4:4-7.

ESSUULA 13: OKUGABANA EKIRABO

1. Essuula eno nagiggya mu katabo kange akayitibwa "engeri gy'obuuliramu enjiri mu ngeri etegeerekeka amangu (Burleson, TX: Gracelife Ministries, 2000). Akatabo kano kasangibwa ku mutimbagano gwaffe ku www.gracelife.org.
2. Soma Okuva 12; Abaleevi 16; Zabbuli 22; 110; Isaaya 52-55, okusingira ddala 53:4-6.

"Enjigiriza ekwata ku kisa kya Katonda y'eyetoloorerako amazima g'ebyawandiikibwa. Wabula eky'ennaku, emirundi mingi enjigiriza eno etegeerebwa bubi era n'ekyamizibwa mu ngeri eziwerako. Ekitabo ky'Omukenkufu (*Dokita*) Bing kyetaagibwa nnyo okugolola entegeera ey'obulimba ku kisa kya Katonda eyigirizibwa ennaku zino. Omuyivu ono annyonnyola bulungi mu ngeri etegeerekeka ebyo Ekigambo kya Katonda bye kiyigiriza ku kisa ekitulokola okuva mu kibi era n'ekisa ekitubezaawo mu bulamu Obw'ekikristaayo (Obw'ekirokole). Ekitabo kino kyandisomeddwa buli mukkiriza na buli mukulembeze Omukristaayo (Omulokole)."
Byayogerwa - Roy B. Zuck, Th.D.

Ono musomesa omukugu mu Bible College eyitibwa Emeritus of Bible Exposition Seminary esangibwa e Dallas era y'eyatereeza n'ekitabo ekiyitibwa *Bibliotheca Sacra*

"Abayivu abamu amazima bagakalubya; ate abalala baganguyiza abantu okugategeera. Omukenkufu Bing agwa mu ttuluba eryanguyiza abantu okutegeera amazima. Alina obusobozi obw'enjawulo okuddira ebintu ebizibu okubitematema n'abifuula ennono ezitegeerekeka amangu eri abantu. Mu kitabo kino *Lwa Kisa Busa* atwawulira enkolagana eri wakati w'okukkiriza n'ebikolwa ebirungi, wakati w'ekisa n'okusiimibwa, wakati w'okufuba n'okussa obwesige mu mulala. Weebale nnyo *Dokita* Bing olw'omulimu guno omulungi ennyo."

By'ayogerwa – Dave Anderson, Ph.D.

Ono ye Pulezidenti wa Grace School Of Theology

"Waliwo ebintu mu bulamu byotasobola kukoowa. Ekimu ku bintu ebyo y'engeri Bayibuli gy'eyigirizaamu ekisa. Gy'okoma okutegeera okuyigiriza kwa Katonda ku kisa kye, n'ekisa kye nakyo gye kikoma okukuwambaatira, era gy'okoma okutegeera ekisa, n'ekisa nakyo kyeyongera okuwa amaanyi buli kitundu eky'obulamu bwo. Eno y'ensonga lwaki ekitabo ky'Omuyivu Bing kisaanidde okusomebwa. Kubanga ekitabo kino kyesigamye ku Bayibuli, kyangu okutegeera, yakiteekateeka bulungi, mu butuufu kikuyamba okulaba ekisa nga Katonda bw'akiraba. Ekitabo kino tekikulagirira bulagirizi kya kukola wabula kikusikiriza okutambulira mu bulamu obujulira nti, 'Olw'ekisa kya Katonda, ndi ekyo kyendi' (1 Abakkolinso 15:10)."

By'ayogerwa - R. Larry Moyer, D.Min.

Ono ye Pulezidenti era Ssenkulu wa Evan Tell

"Ebyafaayo by'enkula y'ensi oluvannyuma lwa byonna byatuuka ne bikola amakulu bwe kyategeerekeka nti enjuba ye nnamuziga ensi kwe yeetoloolera, wabula ng'ensi si ye nnamuziga. Obukristaayo n'olugendo lwo olw'omwoyo, bigenda kuzzibwa buggya ekisa bwe kinaategeereka nti ye nnamuziga y'obulamu obw'Okukkiriza, so si mateeka oba ebikolwa. Omuyivu Bing addidde amazima gano amakulu n'agafuula amangu era agategeereka mu kitabo kino. Amazima gano agafudde mangu okutegeerekeka;

ekitabo kino ekyogera ku kisa kisaanira okubeera mu tterekero ly'ebitabo (layibulale) erya buli mukkiriza na buli tterekero ly'ebitabo erya buli kibiina (guluupu) n'erya buli maka!"

By'ayogerwa - Fred Lybrand, D. Min.
Ono muwandiisi, yali musumba era yaliko
Pulezidenti wa Free Grace Alliance.

"Dokita Bing ayolesa obulambulukufu bw'enjiri mu ngeri ennyangu n'ekisa. Abalala weebakyamiza n'okuvumirira ekirabo eky'obwereere eky'obulokozi obutuweebwa, Dokita Bing bano abaanukula ng'akozesa bulungi ebyawandiikibwa mu Bayibuli. Abalala nga tebategeera kubeera muyigirizwa kye kitegeeza era nga tebategeera muwendo gusasulwa okubeera omuyigirizwa, Dokita Bing akulaga obukulu bw'okutambulira mu bulamu obuweesa Katonda ekitiibwa naye nga tabitabulatabula n'amawulire amalungi og'obulokozi bwe tufuna olw'okukkiriza kwokka. Ekitabo kino kigenda kubeera enyongereza eyanirizibwa mu buli *layibulale* eri abo abasanyukira obulokozi obutuweebwa *olw'ekisa obusa*."

By'ayogerwa -Jack G. Lewis, Ph.D.
Ono ye mumyuka w'omukulembeze w'ebiyigirizibwa (Associate Dean of Faculty), Moody Bible
Institute – Spokane

Back cover information

Ekisa ky'ekyawula Obulokole ku nzikiriza endala zonna. Newakubadde nga kikozesebwa nnyo mu Balokole n'abatali, ekigambo ekyo emirundi mingi kitegeerwa bubi era ne kitasiimibwa nga bwe kisaanidde. Kyokka ng'ekisa kya Katonda si kisumuluzo busumulozo ekikuyamba okulokoka wabula era ky'ekisumuluzo ekikakasa obulokozi bwo okubeerawo olubereera era ne kituyamba okutambulira mu ddembe nga tuweereza Katonda n'abantu abalala.

*Kisoboka lwa Kisa Busa* kitabo kyangu okusoma era nga kikola ennyanjula ey'omusingi gw'obukristaayo omugumu. Ng'atunuulira ebibuuzo ebikulu n'ensonga endala ezetoloorera ku njigiriza ey'ekisa, Charles C. Bing ayamba abasomi be okutegeera n'okusiima ekirabo kino Katonda ky'agaba era n'okukimanya nga bwe kiri ekyangu ennyo okutegeera. Akugamba nti "Bw'otegeera ekisa kye nga bwe kiri ekyangu, otandika okutegeera obuggaga bwakyo obw'ebuziba."

DR.CHARLES C. BING muyivu era ng'alina ddiguli ssatu nga kw'agasse n'okunoonyereza okungi. Ono muwandiisi era nga mubuulizi, awandiise emiko egy'enjawulo n'ebitabo ebiwerako. Amaze emyaka mingi nga musumba, kaakati ye ssentebe wa Gracelife Ministries esangibwa e Burleson -Texas.

ISBN ENZIKIRIZA/Obulamu Obw'Ekikristaayo/Okukula Kwa Kinnoomu